Ellen G. White Estate



OMUSAALE WAFFE

ELLEN G. WHITE

OMUSAALE WAFFE

Ellen G. White

1957

Copyright © 2014
Ellen G. White Estate, Inc.

Information about this Book

Overview

This eBook is provided by the Ellen G. White Estate. It is included in the larger free Online Books collection on the Ellen G. White Estate Web site.

About the Author

Ellen G. White (1827-1915) is considered the most widely translated American author, her works having been published in more than 160 languages. She wrote more than 100,000 pages on a wide variety of spiritual and practical topics. Guided by the Holy Spirit, she exalted Jesus and pointed to the Scriptures as the basis of one's faith.

Further Links

A Brief Biography of Ellen G. White
About the Ellen G. White Estate

End User License Agreement

The viewing, printing or downloading of this book grants you only a limited, nonexclusive and nontransferable license for use solely by you for your own personal use. This license does not permit republication, distribution, assignment, sublicense, sale, preparation of derivative works, or other use. Any unauthorized use of this book terminates the license granted hereby.

Further Information

For more information about the author, publishers, or how you can support this service, please contact the Ellen G. White Estate at mail@whiteestate.org. We are thankful for your interest and feedback and wish you God's blessing as you read.

Contents

Information about this Book i
EBYANJULA iii
Esuula 1—Okwagala Kwa Katonda Eri Omuntu 5
Esuula 2—Omwonoonyi Nga Bwe Yetaaga Kristo 11
Esuula 3—Okwenenya 16
Esuula 4—Okwatula 27
Esuula 5—Okwewaayo 31
Esuula 6—Okukkiriza n'Okukkirizibwa 37
Esuula 7—Ekipimo ky'Obuyigirizwa 43
Esuula 8—Okukulira mu Kristo 51
Esuula 9—Obulamu n'Okukola 58
Esuula 10—Okutegeera Katonda 64
Esuula 11—Omukisa gw'Okusaba 70
Esuula 12—Okumalawo Okubuusabuusa 80
Esuula 13—Okusanyukira mu Mukama Waffe 88

EBYANJULA

Amatu mangi gawulira ebigambo eby'ekisa ebiyita nti, "Mujje gyendi,"—okuyita okwo okw'Omulokozi omusasizi era ow'omutima ogwagala bonna ababula okuva ku Katonda; mu mitima gy'abangi, abeetaagira ddala obuyambi obusangibwa mu Yesu, mubaamu okwanukula okwangu okudda mu nnyumba ya Kitaabwe. Era ekibuuzo kya Tomasi kiddibwamu emirundi mingi nti, "Tuyinza tutya okutegeera ekkubo?" Ennyumba ya Kitaffe erabika nga eri wala nnyo, era ekkubo lirabika nga zibu era libusibwabusibwa. Madaala ki agakulembera okuddayo eka?

Erinnya ly'ekitabo kino litegeeza obubaka bwakyo. Kiraga ku Yesu nga ye yekka ayinza okusisinkana okw'etaaga kw'omuntu, kikulembera ebigere by'oyo abuusabuusa era ayimiridde "ku kkubo ery'emirembe." Kikulembera anoonya obutukirivu n'empisa ezituukiridde, mu madaala, mu kkubo ery'obulamu Obukristayo, okutuuka ku mukisa ogutuukiridde ogufunibwa mu kujemulukukira ddala okw'omuntu okwesiga ekisa okutakyukakyuka n'okwesiga amaanyi agakuuma aga Mukwano gw'aboonoonyi. Okuyigiriza okusangibwa mu kitabo kino kugumizza bangi n'okubawa essuubi abeeralikiridde, era kuyinzisissa bangi abagoberera Mukama waffe okutambulira mu bigere by'Omukulembeze waabwe. Era kisuubirwa nga kijja kutwala obubaka bwe bumu eri abangi abalala abeetaga obuyambi bwe bumu.

"Kkiriza ekkubo lirabike eyo
Amadaala agatuuka mu ggulu."

Yakobo yali bw'atyo, bwe yali ng'alumwa olw'okutya nti ekibi kye kimwawudde okuva ku Katonda, yagalamira wansi awummule, "n'aloota ekirooto, era laba amadaala agaasimbibwa ku ttaka, n'entikko yaago ng'etuuse mu ggulu." Okugattibwa kw'ensi n'eggulu kwamubikkulirwa mu ngeri eyo, oyo eyali ku ntikko y'amadaala n'amutegeeza ebigambo eby'okugumya n'essuubi. Ka

okwolesebwa okw'omu ggulu kuddirwemu bangi nga basoma ebigambo bino eby'ekkubo ery'obulamu.

PUBLISHERS.

[7]

Esuula 1—Okwagala Kwa Katonda Eri Omuntu

EBITONDE era n'ebyawandiikibwa bitegeereza wamu okwagala kwa Katonda. Kitaffe ow'omu ggulu ye nsibuko y'obulamu, n'amagezi n'essanyu. Tunulira ku bintu ebirungi eby'ekitalo ebyatondebwa. Lowooza nga bwe byakolebwa mu ngeri ey'ekitalo olw'okuyamba omuntu mu kwetaaga kwe era n'okumusanyusa; so si muntu yekka, naye era n'ebitonde ebirala ebiramu. Omusana era n'enkuba ebisanyusa era ebizzaamu ettaka amaanyi, ensozi, n'ennyanja, n'ebisenyi, byonna bitutegeeza okwagala kw'Omutonzi. Katonda y'awa ebitonde bye byetaaga buli lunaku. Ebigambo ebirungi eby'omuwandiisi wa zabuli bitutegeeza nti:

"Amaaso g'ebintu byonna gakulindirira; naawe obiwa emmere yaabyo mu ntuuko zaabyo. Oya njuluza engalo zo, n'okkusa buli kintu kiramu bye kyagala." Zab. 145:15, 16.

Katonda yakola omuntu nga mutukuvu ddala era nga musanyufu; era ensi bwe yava mu mikono gye yali nnongofu ddala, nga terina kabonero konna ak'ekikolimo. Kwali kujeemera mateeka ga [8]
Katonda (amateeka ag'okwagala kwe kwaleeta ennaku n'okufa). Naye era ne mu kulumwa okwava mu kibi, okwagala kwa Katonda kulabikiramu. Kyawandiikibwa nti Katonda yakolimira ensi ku lw'omuntu (Lub. 3:17). Amaggwa n'amatovu. (obuzibu n'okukemebwa ebyafuula obulamu bwe okuba obw'okutegana n'okweralikirira) byalagirwa lwa kuyamba muntu, olw'okuteesa kwa Katonda nga kye kitundu ku kuyigirizibwa kw'omuntu olw'okumusutula okumugya mu kinnya ky'ekibi kye yali aguddemu. Newakubadde nga ensi yagwa mu kibi, naye era terimu nnaku na kubonabona byokka. Mu bintu eby'obuwangwa byennyini mulimu kibi, naye ebituleetera essuubi n'obugumu. Ku matovu kuliko ebimuli, era amaggwa gabikkiddwa ebimuli bya "loza".

Buli kaddo oluggyayo omutwe gwako okumera, na buli kimuli oluba okulingiza, olaba nga kuwandikiddwako ekigambo kino nti "Katonda kwagala." Ennyonyi zijjuza ebbanga amaloboozi g'ennyimba zaazo ennungi, ebimuli bijjuza ebbanga akawoowo

kaabyo akalungi, era n'emiti emiwanvu egy'omu kibira n'amalagala gaagyo amalungi, ebyo byonna bitegeeza okwagala era n'okukuuma kwa Katonda waffe okulungi eri abaana be, era nga bwe yeetaaga ennyo okubasanyusa.

Ekigambo kya Katonda kyolesa empisa ze. Ye yennyini yategeeza okwagala kwe era n'okusaasira kwe okutaggwawo. Musa bwe yasaba nti "Ndaga ekitibwa kyo" Mukama yaddamu nti "Nayisa obulungi bwange bwonna mu maaso go". Obulungi bwe kyekitibwa
[9] kye. Mukama yayita mu maaso ga Musa, n'ategeeza nti "Mukama, Mukama, Katonda ajjudde okusasira era ow'ekisa, olwawo okusunguwala, era alina okusaasira okungi n'amazima amangi; ajjukira okusaasira eri abantu enkumi n'enkumi, asonyiwa obutali butukirivu n'okwonona n'ekibi: Kuv. 33:18,19; 34:6,7. Ye "atayanguwa kusunguwala", "ajjudde ekisa" Yon. 4:2, "Kubanga asanyukira okusaasira." Mik. 7:18.

Katonda yatuwa obubonero bungi nnyo mu ggulu ne mu nsi alyoke anyweze emitima gyaffe gy'ali. Yayagala okweraga gye tuli ng'ayita mu bitonde, ne mu kwagala okunene ennyo abantu kwe bayinza okutegeera. Naye era n ', ebyo tebimala okwolesa okwagala kwe. Newakubadde nga yatuwa obubonero obwo bwonna okutulaga okwagala kwe, naye omulabe w'ebirungi yatuziba amaaso, mu kifo ky'okwagala Katonda, ne tumutyanga buti; ne tumulowooza nga omukambwe, atasonyiwa. Setani alowoozesa abantu nga Katonda ky'ayagalira ddala kwe kusalira abantu omusango n'obukambwe, omulamuzi omukakanyavu ddala atalina kusaasira n'akatono. Alaga Omutonzi waffe mu kifaananyi ky'ekintu ekikambwe ennyo, ekitunuulira omuntu n'eriiso ery'obugya nga kinoonya k'anaasobya konna kiryoke kimutekeko ekibonerezo. Ekyo kye kyaleeta Yesu mu nsi muno okubeera mu ffe, alyoke atuggyirewo ekisiikirize ekyo ekibi.

Omwana wa Katonda yava mu ggulu alyoke atwolese Kitaawe nga bw'ali. "Tewali eyali alabye ku Katonda wonna wonna;
[10] Omwana eyazali- bwa omu yekka, aba mu kifuba kya Kitaffe, oyo yamutegeeza." Yok. 1:18. "So tewali muntu amanyi Kitange wabula omwana, na buli muntu gw'avagala okumubikkulira." Mat. 11:27. Omu ku bayigirizwa be bwe yamusaba nti "Tulage Kitaffe," Yesu yaddamu nti "Kasokedde mbeera nammwe, ebiro ebingi bwebityo,

era tontegeeranga Firipo? Alabye ku nze, ng'alabye ku kitange; kiki ekigwogeza ggwe nti Tulage Kitaffe?" Yok. 14:8, 9.

Yesu bwe yali ng'annyonnyola ku mulimu gwe ogw'omu nsi muno yagamba nti "Omwoyo gwa Mukama guli ku nze, kubanga yanfukako amafuta okubuulira abaavu ebigambo ebirungi: antumye okutendera abanyage okuteebwa, n'okuzibula abazibe b'amaaso, okubata ababetentebwa." Luk. 4:18. Guno gwe gwali omulimu gwe. Yatambulanga ng'akola bulungi, ng'awonya bonna abaajogebwanga Setani. Mu byalo byonna temwaberangamu muntu akaaba olw'endwadde; kubanga yatambulanga mu bo, ng'awonya abalwadde baabwe. Omulimu gwe gwalagiranga ddala nti Katonda yamufukako amafuta. Mu bulamu bwe obwa bulijjo yalaganga okwagala, n'ekisa, n'okusaasira, mu buli kikolwa kye yakolanga; omutima gwe gwasaasiranga nnyo abaana b'abantu. Yayambala ekifaananyi ky'omuntu, alyoke atuukire ddala ku kwetaaga kw'omuntu. Omuntu yenna asingira ddala obwavu oba owa wansi ennyo teyatyaga kumusemberera. Newakubadde abaana abato, era na bo baamwagalanga nnyo. Baayagalanga nnyo okujja waali ng'atudde batuule ku mavivvi ge waggulu batunulire mu maaso ge agajjudde [11] amagezi n'ekisa ekingi.

Yesu teyakisa kigambo kyonna eky'amazima, yabanga ayogera n'abantu, yakozesanga amagezi naye yakyogeranga n'omwoyo ogw'okwagala. Bwe mangi n'obwegendereza era n'ekisa. Teyali mukambwe, teyayogeranga kigambo kya maanyi awatali nsonga, teyayanguyirizanga kunenya muntu yenna. Yasaasiranga obunafu bw'omuntu. Yayogeranga amazima, naye kyokka yayogeranga n'omwoyo ogw'okwagala. Yaboggorera obunanfuusi, n'obutakkiriza, n'obujeemu, naye mu kunenya okwo ng'ayogera ng'agenda okukaaba amaziga. Yakaaba amaziga ku lwa Yerusalemi ekibuga kye yayagala, naye ne kigaana okumukkiza oyo Ekkubo, n'Amazima, n'Obulamu. Baamugana oyo Omulokozi, naye yabalowoozangako n'okusaasira okusukkirivu. Obulamu bwe bwali bwa kweganyisa era n'okulowooza ku balala. Buli muntu yali wa muwendo mu maaso ge. Newakubadde nga yalina ekitibwa, ky'obwakatonda, naye yeetowaza olw'okwagala okunene kwe yayagala buli mwana wa Katonda yenna. Abantu bonna yabalabanga bwe yabatunuliranga nga be boonoonyi be yajja okulokola.

Ezo ze mpisa za Kristo, nga bwe zaalagibwa mu bulamu bwe. Era ze mpisa za Katonda. Ensu-lo z'okusaasira kwa Katonda ziva mu mutima gwa Kitaffe, ne zirabikira mu Kristo, nga zikulukuta okutuuka ku baana b'abantu. Yesu, omulokozi omusaasizi era ow'ekisa
[12] ye Katonda eyalabisibwa mu mubiri." 1 Tim. 3:16.

Obulamu bwa Yesu, n'okubonabona n'okufa kwe byonna byabaawo lwa kutulokola. Yafuuka "omuntu ow'ennaku" ffe tulyoke tufune essanyu eritaggwawo. Katonda yakkiriza Omwana we omwagalwa, ajjudde ekisa n'amazima, okuleka ensi ey'ekitibwa ekitayogerekeka, okujja mu nsi eno embi ejjudde ekibi n'ekikolimo n'okufa. Yamukkiriza okuva mu kifuba kye, n'okusinzibwa bamalayika, okujja muno okuswazibwa, n'okuvumibwa, n'okunyomebwa, n'okukyayibwa era n'okufa. "Okubonerezebwa okw'emirembe gyaffe kwali kuye; era emiggo gye gye gituwonya." Is. 53:5. Mulabe ng'ali mu ddungu, mu Gesusemane, ku musalaba! Omwana wa Katonda ataliko bbala lyonna yetikka omugugu gw'ekibi. Oyo eyali awamu ne Katonda, yawulira mu mutima gwe okwawukana okw'entisa ekibi kwe kireeta wakati wa Katonda n'omuntu. Kino kye kyamukaabya okukaaba okw'ennaku nti "Katonda wange, Katonda wange, kiki ekikundeseza?" Mat. 27:46. Omugugu gw'ekibi, n'okutegeera omusango gwakyo omunene ogw'entisa, era n'okulaba nga bwe kyawukanya omuntu ku Katonda, ekyo, kyennyini, kye kyamenye omutima gw'Omwana wa Katonda.

Naye saddaka eno ennene teyaweebwayo eryoke ereete mu mutima gwa Kitaffe okwagala eri omuntu wadde okumwagazisa okumulokola: Naye si bwekityo. "Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bwati n'okuwayo n'awaayo omwana we eyazaalibwa omu yekka," Yok. 3:16. Kitaffe atwagala, si lwa mutango omunene gwe yatuweer-
[13] ayo, naye ya- waayo omutango ogwo lwa kubanga atwagala. Kristo. gwe yayisamu okwagala kwe okutaggwawo okukufuka ku nsi eno eyagwa mu kibi. "Katonda yali mu Kristo ng'atabaganya ensi naye yekka." 2 Kol. 5:19. Katonda yalumirwa wamu n'omwana we. Mu kulumwa okw'omu Gesusemane, okufa okw'e Gologoosa, omwo omutima gw'oyo alina okwagala okutaggwawo mwe gwasasulira omuwendo ogwatununula.

Yesu yagamba nti "Kitange ky'ava anjagala, kubanga nze mpaayo obulamu bwange, ndyoke mbutwale ate." Yok. 10:17. Mu kino, alinga eyagamba nti "Kitange abaagala nnyo, n'olw'ekyo

yeyongera nnyo okunjagala nze olw'okuwaayo obulamu bwange okubanunula mmwe. Olw'okudda mu kifo kyammwe, ne mbeyimirira nga mpaayo obulamu bwange, olw'okwetikka ebbanja lyebibi byammwe, Kitange yeeyongera nnyo okunjagala: kubanga olw'okwewayo nga saddaka, Katonda ayinza "okuba omutukirivu, era ng'awa obutakirivu akkiriza Yesu." Bal. 3:26.

Tewali n'omu eyandisobodde okutununula; wabula Omwana wa Katonda yekka; kubanga oyo yekka eyali mu kifuba kya Kitaffe nga y'asobola okumututegeeza. Oyo yekka eyategeera obugulumivu n'okukka wansi okwagala kwa Katonda kw'alina eri omwonoonyi nga y'ayinza okukutubikkulira. Tewali kintu kirala kyonna ekyandiyinzizza okututegeeza okwagala kwa Kitaffe kw'alina eri omwonoonyi, okusinga saddaka Kristo gye yawaayo.

"Katonda bwe yayagala ensi bw'ati n'okuwayo n'awaayo [14]
omwana we eyazaalibwa omu yekka." Teyamuwaayo kubeera mu bantu n'okwetikka kyokka; ebibi byabwe, n'okufa okuba saddaka yaabwe kyokka; naye yamuweerayo ddala eri olulyo lw'omuntu omwonoonyi. Kristo yatwalira ddala embeera era n'okwetaaga kw'obuntu kwonna. Oyo eyali awamu ne Katonda yeegattira ddala n'abaana b'abantu n'ekisa ekitagenda kukutuka emirembe n'emirembe. Yesu "takwatibwa nsonyi okubayitanga aboluganda." Beb. 2:12. Ye saddaka yaffe, Omuwolereza waffe, Muganda waffe, ng'alina ddala ekifaananyi ky'omubiri gw'omuntu mu maaso g'entebe ya Kitaffe. Era emirembe gyonna wa kufaananira ddala olulyo luno olw'omuntu gwe yanunula, nga ye Mwana w'omuntu. Mu kukola bino byonna, kye yagenderera omuntu alyoke asitulibwe okuva mu kuzikirira, ne mu bwonoonefu bw'ekibi, alage okwagala kwa Katonda, era naye afune essanyu ery'obutukuvu.

Omuwendo guno ogwasasulibwa okutununula, okwegaanyisa kuno okw'ekitalo Kitaffe kwe yeegaanyisa ng'awaayo Omwana we okufa ku lwaffe, ddala kutekwa kutulowoozesa nnyo ku ngeri Katonda gye yagenderera okututusako nga tuyita mu Kristo. Omutume Yokana ng'ali mu Mwoyo omutukuvu, bwe yalaba obugulumivu, n'okukka wansi, n'obugazi obw'okwagala kwa Kitaffe eri olulyo lw'omuntu luno oluzikirira yajjuzibwa okutendereza n'okugulumiza Katonda; era yalemwa okuzuula ekigambo kyonna ekirungi mw'ayinza okutegeereza obunene n'obulungi bw'okwagala kuno; awo n'alyoka atukowoola fenna twelorere! Yaga- mba nti [15]

"Mulabe okwagala bwe kuli okunene Kitaffe kwe yatuwa, ffe okuyitibwanga abana ba Katonda." 1 Yok. 3:1. O! erinnya lino nga lya muwendo eri omuntu! Olw'okwonoona, abaana b'abantu bafuuka baddu ba Setani. Olw'okukkiriza Saddaka ya Kristo, abaana ba Adamu bayinza okufuuka abaana ba Katonda. Kristo olw'okutwala obuzaaliranwa bw'omuntu, yasitula omuntu. Abantu aboonoonyi olw'okwegatta ne Kristo, bayinza okuteekebwa mu ddaala eriyinziza ddala okubasaanyiza okuyitibwa erinya eryo "abaana ba Katonda."

Okwagala okwo tekwenkanika. Abaana ba Kabaka ow'omu ggulu! Nga kusuubiza kwa muwendo ! Ekigambo kino kisaanidde okulowoozebwako ennyo ddala! Okwagala kwa Katonda okw'ekitalo eri ensi etaamwagala! Ekirowoozo kino kirina obuyinza bungi ku mwoyo gw'omuntu, era kiretera omutima gw'omuntu okugondera Katonda by'ayakala. Gye tukoma okwetegereza empisa za Katonda mu musana ogw'omusalaba, gye tukoma okulaba ekisa, n'okwagala, n'okusonyiwa awamu n'amazima, era gye tukoma okutegeera eby'okulabirako ebitabalika ebitutegeeza okwagala okw'ekita-lo n'okusaasira okungi, okusinga n'okw'omukazi
[16] kw'asaasira omwana we.

Esuula 2—Omwonoonyi Nga Bwe Yetaaga Kristo

OLUBERYEBERYE omuntu yali ng'aweereddwa amaanyi mangi era n'ebirowoozo ebitereevu. Ng'atuukiridde era ng'atabagana ne Katonda. Ebirowoozo bye nga birongofu, n'okuteesa kwe nga kutukuvu. Naye olw'emputtu ze, amaanyi ge gaayonoonebwa, okwerowoozako ne kutwala ekifo ky'ekisa. Olw'okwonoona, obuzaaliranwa bwe ne bufuuka bunafu ddala n'okuyinza n'aba nga mu maanyi ge ye tayinza kuziyiza maanyi ga mubi. Yafuuka muddu wa Setani, era yandibadde muddu we emirembe gyonna singa Katonda teyayamba mu ngeri ey'enjawulo. Ye omukemi kye yali agenderedde kwe kumalirawo ddala Katonda kye yagenderera mu kutonda omuntu, alyoke ajjuze ensi okubonabona, agizikirize. Alyoke agambe nti "Obubi buno bwonna Katonda ye yabuleeta, olw'okutonda omuntu."

Omuntu bwe yali nga tannaba kwonoona, yasanyukanga okunyumya n'oyo "omuli obugagga bwonna obw'amagezi n'obwokutegeera nga bukwekeddwa." Bak. 2:3. Naye bwe yamala okwonoona, nga takyalaba ssanyu eri obutukuvu, yanoonya [17] kwekweka ave mu maaso ga Katonda. Era na buli kati eyo ye ngeri y'omutima gw'omuntu yenna atanaba kufuulibwa mugya. Olw'obutatabagana na Katonda, tayinza kusanyuka kunyumya naye. Omwonoonyi tayinza kusanyukira mu maaso ga Katonda; ayagala kwekweka bwekwesi ave mu maaso g'oyo Omutukuvu. Singa wakukkirizibwa okugenda mu ggulu, teryandibadde lya ssanyu gy'ali n'akatono. Omwoyo ogw'obuteerowoozaako ogufuga eyo, (Kubanga buli mutima gw'abo abaliyo gutabagana n'omutima gw'oyo ow'okwagala okutaggwawo), tegwanditabaganye na bulamu bwe. Ebirowoozo bye, n'okwagala kwe, n'okuteesa kwe kwonna byandibadde bya njawulo n'ebyo ebikolera mu bitonde biri ebitalina kibi. Teyanditabaganye n'ab'omu ggulu. Eggulu lyandibadde kifo kya kubonabona; yandyegombye okwekweka mu maaso g'Oyo awa omusana, era n'essanyu. Ababi, Katonda tabagaana buganyi okugenda mu ggulu: naye beggalirawo bokka olw'okuba nga tebay-

inza kutabagana na mpisa zaayo. Eri bo, ekitibwa kya Katonda kyandibadde muliro ogwokya. Bandyegombye okuzikirira balyoke bakwekebwe okuva mu maaso g'oyo eyafa okubanunula.

Tekiyinzika ku lwaffe okuva mu kinnya ky'ekibi kye twagwamu. Emitima gyaffe mibi, so tetuyinza kugikyusa. "Ani ayinza okuggya ekintu ekirongoofu mu kitali kirongoofu? Tewali n'omu." Yob. 14:4. "Okulowooza kw'omubiri bwe bulabe eri Katonda; kubanga tekufugibwa mateeka ga Ka-tonda, kubanga n'okuyinza tegakuy-
[18] inza." Bal. 8:7. Obuyigirize, empisa ennungi, okwagala kw'omuntu, okufuba kwe, ebyo byonna birina ekifo kyabyo ekituufu, naye wano tebirina maanyi. Biyinza okulongosa empisa ezookungulu, naye tebiyinza kukyusa mutima, tebiyinza kulongosa nsulo za bulamu. Kyetaagibwa nnyo okubaawo obuyinza obukola nga businziira mu mutima munda, obulamu obuggya obuva mu ggulu, awo nno omuntu alyoke okyusibwe okuva mu kibi okudda mu butukuvu. Obuyinza obwo ye Kristo. Ekisa kye kyokka kye kiyinza okuzza obuggya obulamu bw'omuntu, ne kibwagaza Katonda, n'obutukuvu. Omulokozi yagamba nti "Omuntu bwatazalibwa mulundi gwakubiri tayinza kulaba bwakabaka bwa Katonda." Yok. 3:3. Bwe kityo, omuntu bwataweebwa mutima muggya, okwetaaga kuggya, okuteesa kuggya okufuula obulamu bwe okuba obuggya "tayinza kulaba bwakabaka bwa Katonda." Ekirowoozo ekigamba nti "Ekyetaagibwa kyokka kwe kulongosa ebirungi ebiri mu muntu eby'obuzaaliranwa, ekyo bwe bulimba obukulu ddala. "Omuntu ow'omukka obukka takkiriza bya Mwoyo gwa Katonda: kubanga bya busirusiru gy'ali; era tayinza kubitegeera, kubanga bikeberwa na mwoyo." 1 Kol. 2:14. Tewewunya kubanga nkugambye nti Kibagwanira okuzalibwa omulundi ogwokubiri." Yok. 3:7. Kyawandiikibwa ku Kristo nti "Obulamu bwali muye; obulamu nebuba omusana gw'abantu," Yok 1:4 erinya lya Yesu lye lyokka "wansi w'eggulu eryawebwa abantu
[19] eritugwanira okutulokola." Bik. 4:12.

Tekimala okutegeera obutegeezi okwagala kwa Katonda okunene, n'okumanya obulungi bwe, n'ekisa kye eky'ekitalo eri abaana be. So tekimala okwetegereza obwetegereza amateeka ge nga bwe gaakolebwa mu mazima n'obutukirivu, okutegeera nga bwe gaanywezebwa ku musingi ogw'okwagala okutaggwawo. Omutume Paulo bino byonna yabyetegereza, n'okugamba nti "Nzikiriza am-

ateeka nga malungi." "Amateeka matukuvu, n'ekiragiro kitukuvu, kitukirivu, kirungi."

Naye ate yayogera nga alina ennaku n'okweralikirira mu mutima nti " Nze ndi wa mubiri, natundibwa okufugibwanga ekibi." Bal. 7:16,12,14, Yegomba obulongofu, obutukuvu, bw'ataalinako buyinza kwetuusako ku bubwe yekka, n'akaaba nti "Nze nga ndi muntu munaku! ani alindokola mu mubiri ogw'okufa kuno?" Okukaaba okuli nga okwo kwe kuwuliddwa mu biro byonna, nga kuva mu mitima gy'abantu abazitoowereddwa, abali mu nsi zonna. Eri abantu bonna, okuddamu kuli kumu, kwe kuno nti "Laba, Omwana gw'endiga gwa Katonda, aggyawo ebibi by'ensi!"

Waliwo eby'okulabirako bingi Omwoyo wa Katonda bye yakozesa ng'ategeeza amazima gano, era n'okugannyonnyolera ddala omuntu yenna aba ayaayaanira okuggyibwako omugugu gw'ebibi. Yakobo bwe yamala okukola ekibi eky'okulimba muganda we, yadduka okuva mu maka ga kitaawe, yali nga azitoowereddwa era nga yeerarikirira nnyo olw'ekibi ekyo. Ng'ali awo bw'omu; naye ekigambo ekyasinga okuluma ennyo mu mutima gwe, kwe kutya nti ekibi kye kimwawukanyiza ne Katonda, nti Ka- [20]
tonda amwabulidde, n'agalamira awo ku ttaka ejjereere ng'alina ennaku, mu ddungu omutali bantu, nga nsozi zokka ze zimwetoolodde, ne mu ggulu ng'alaba mmunyenye. Bwe ya-li ali awo nga yeebase, omusana ogw'ekitalo ne gumujjira mu kwolesebwa; n'alaba amadaala amawanvu nga gasimbiddwa okuva ku ttaka awo weyali, n'entikko nga etuuse ku miryango gy'eggulu kwennyini, nga bamalayika ba Katonda bayita ku madaala ago nga bwe bakka ate nga bwe baambuka; ate eri waggulu awaali okumasamasa okutenkanika, n'eva eddoboozi lya Katonda mu bigambo eby'essanyu ebireeta essuubi. Omwoyo gwa Yakobo kye gwali gwetaaga, (ye Mulokozi) bwekityo bwe kyamutegeezebwa, bw'atyo n'asanyuka era ne yebaza, olw'okulaba nga ekkubo limubikkuliddwa, ye omwonoonyi mw'ayinza okuyita okudda eri Katonda. Amadaala ag'ekitalo ge yaloota gaali gategeeza Yesu, omutabaganya yekka wakati wa Katonda n'omuntu.

Ekifaananyi kino era Yesu kye yakozesa bwe ya-li ng'anyumya ne Nasanaeri, bwe yagamba nti "Muliraba eggulu nga libikkuse, ne bamalayika ba Katonda nga balinya era nga bakkira ku Mwana w'omuntu." Yok. 1:51. Olw'okugwa kwa Ada-mu, omuntu

yayawukana ne Katonda; Wakati wa Katonda n'omuntu ne wabaawo olukonko olunene olutayinza kubuukika. Naye mu Kristo, ensi yagattibwa n'eggulu. Kristo olw'obulungi bwe, yatinda olukonko olwo ekibi lwe kyasima, bwe kityo, kakano mu ye bamalayika ba Katonda
[21] bayinza okutumibwa okuyamba abantu. Kakati omuntu eyagwa mu kibi, omunafu era atayinza kweyamba, Kristo amugatta ne Katonda omuli amaanyi agataggwawo.

Naye omuntu bw'anyoma Yesu omuva essuubi ly'omwonoonyi, era omuyambi w'abalina ebibi yekka, alowooleza bwerere okweyimusa yekka, era n'okufuba kwe kwonna okw'obuntu kuba kwa bwerere; talina ky'ayinza kweyongerako n'akatono kokka. Kubanga "buli kirabo kirungi na buli kitone kitukirivu" kiva eri Katonda. Yok. 1:17. Bwe kityo awatali Kristo tewali mpisa nnungi za mazima. Kristo lye kkubo lyokka erituuka eri Katonda. Agamba nti "Nze kkubo, n'amazima, n'obulamu: tewali ajja eri Kitange, wabula ngayita mu nze." Yok. 14:6.

Omutima gwa Katonda guyaayaanira abaana be ab'omu nsi nga gujjudde okwagala okusinga okufa amaanyi. Mu kirabo ekimu ekyo kyokka, (ye Mwana we Yesu gwe yatuwa), mwe yatuweera eggulu lyonna. Obulamu bw'Omulokozi, n'okufa kwe, n'okuwolereza kwe; okukola kwa bamalayika n'okw'Omwoyo Omutukuvu, mw'ebyo byonna Kitaffe mw'akolera n'okwagala okutakoma, byonna byateekebwawo olw'okununulibwa kw'omuntu.

O! Ka tulowoozenga ku saddaka ey'ekitalo eyaweebwayo ku lwaffe! Leka tugezeko okwebazanga ennyo Katonda olw'okukola kwe n'okufuba kwe yafuba alyoke atukomyewo gy'ali ffe abaali babulidde mu bibi. Tewali kintu kyonna Katonda kye yandikoze okutuwalulira gy'ali okusinga saddaka gye yawayo ku lwaffe ye Mwana
[22] we Yesu Kristo; lowooza empeera ennene Katonda gye yasubiza abamwagala, essanyu ery'omu ggulu, okutuulanga awamu ne bamalayika, okutabagana ne Katonda era n'Omwana we, okuweebwa amaanyi agataggwawo; ebyo byonna tebiyinza kuwalula mitima gyaffe okwagala era n'okuweereza Omununuzi waffe?

Ate ku luyi olulala, Katonda atulaga mu Kigambo kye, omusango bwe guli omunene ogugenda okusalirwa ababi, n'ekibonerezo eky'ekitalo, kwe kuzikirizibwa ku lunaku olw'enkomerero. Bino byonna abitulaga atulabule tulemenga okuweereza Setani.

Tunanyoma ekisa kya Katonda ekyo? Yandiyinzizza kukola ki ky'ataakola? Ka tufube nnyo okumwagala n'okumusanyusa Oyo eyatwagala okwagala okw'ekitalo. Leka tukkirize n'okwebaza ekirabo kye yatuwa (ye Mwana we) alyoke aggyewo obuzaliranwa bwaffe atufuule okufaanana nga ye, atutabaganye ne bamalayika, tubeere bumu ne Kitaffe n'Omwana we. [23]

Esuula 3—Okwenenya

OMUNTU ayinza atya okubeera n'obutukirivu eri Katonda? Omwonoonyi ayinza atya kuweebwa obutukirivu? Mu Kristo mwokka mwe tufunira obutukirivu ne tutabagana ne Katonda; naye tuyinza tutya okugenda eri Kristo? Abantu bangi ababuuza ekibuuzo kino era ebibiina ebyali ku lunaku lwa Pentekote kye byabuuza bwe baamala okulumwa olw'ekibi kyabwe, baayogerera waggulu nti "Tunakola tutya?" Ekigambo Petero kye yasooka okuddamu kye kino nti "Mwenenye." Bik. 2:38. Ate omulundi omulala nga wayiseewo ennaku ntonotono yagamba nti "Mwenenye, mukyuke, ebibi byamwe bisangulibwe." Bik. 3:19.

Okwenenya kugattamu okunakuwala olw'ekibi, n'okukireka. Tetuyinza kuleka kibi wabula nga tutegedde obubi bwakyo; Tewayinza kubaawo bukyufu bwenyini mu bulamu bwaffe, okutuusa emitima gyaffe lwe giviira ddala mu kibi.

Waliwo abantu bangi abatamanyi engeri y'okwenenya okw'amazima nga bw'eri. Bangi banakuwala olw'ekyonoono
[24] kye bakoze, era oluusi ba- gezaako n'okulongosa empisa zaabwe ez'okungulu ezirabika, olw'okutya nti ekisobyo ekyo kiyinza okubaleetako akabi. Naye okwenenya okw'engeri nga eno, si kwe kwenenya Baibuli kw'eyigiriza. Bakaaba lwa kutya kibonerezo oba okulumwa okunaava mu kibi, so si lwa kutya kibi kyenyini (Mu njogera endala, ekibi kyo, baba bakyakyagala, singa si kacwano akanabaviiramu). Okunakuwala okw'engeri eyo, Esau kwe yanakuwala, bwe yalaba nga obukulu bumuviriddeko ddala. Balamu yatya malayika eyali ayimiridde mu kkubo lye nga alina ekitala ekisowole, yakkiriza ekibi kye aleme okufiirwa obulamu bwe; naye teyalina kwenenya kwa mazima, teyalina kirowoozo kukyuka wadde okukyawa ekibi kye. Yuda Isukalioti, bwe yamala okulyamu Mukama we olukwe, yayatula nti "Nayonona okulyama olukwe omusayi ogutalina kabi." Mat. 27:4.

Okwatula kuno kwawalirizibwa buwalirizibwa olw'okutegeera mu mutima gwe nga bw'asingiddwa omusango ogw'entisa, era

nga bw'alindiridde n'obuti okusalirwa omusango. Ebyali bigenda okumujjira ebyo bye byamujjuza entisa, naye mu mwoyo gwe teyalina kwenenya okuva mu mutima ogumenyese, olw'okulowooza nga bwe yalyamu olukwe Omwana wa Katonda atalina kabi, ne yegaana Omutukuvu wa Isiraeri. Falao, bwe yali ng'alumwa olw'ebibonyobonyo Katonda bye yamutekako, yakkiriza ekibi kye aleme okutekebwako ebibonyobonyo ebirala, naye akabi bwe kaamalanga okumuggyibwako, ate amangu ago yakyukanga ne yeeyongera okujeemera Katonda. Abo bonna baalumwanga lw'ebyo [25]
ebinaava mu kibi so si kunakuwala lwa kibi kyenyini.

Naye omutima bwe gujeemulukukira Omwoyo wa Katonda, ebirowoozo bizuukusibwa, omwonoonyi n'alabira ddala obutukuvu bw'amateeka ga Katonda, omusingi gw'enfuga ye mu ggulu ne ku nsi. Omusana ogwo "ogw'amazima ogwakira buli muntu, nga gujja munsi," ne gumulisa ebyama byonna ebiri mu mutima gwe munda, byonna ebibadde bikwekeddwa mu kizikiza ne birabisibwa. Omutima gwe ne gweralikirira olw'ebibi bye. N'ategeerera ddala obutukuvu bwa Katonda, n'akwatibwa nnyo entisa okulabika mu maaso g'Oyoakebera emitima ng'akyalina omusango gw'ekibi. Awo n'alaba okwagala kwa Katonda, n'obulungi bw'obutukuvu, n'essanyu eriri mu bulongofu; ne yetaaga ennyo okulongosebwa, n'okutabagana ne Katonda.

Okusaba Daudi kwe yasaba ng'amaze okwonona kulaga engeri y'okunakuwalira ekibi okw'amazima nga bw'eri. Okwenenya kwe kwaviira ddala mu mutima gwe munda, era nga kwa mazima ddala. Teyagezako n'akatono kuwolereza kibi kye; so tekwali kwa kwewonya bwewonya kibonerezo ekinaamujjira. Naye Daudi yalaba obubi bw'ekikolwa kye ky'akoze; n'ategeerera ddala obulamu bwe nga bwe bwononekedde ddala; n'atamwa ekibikye. Teyasaba kusonyiyibwa busonyiyibwa kwokka, naye era yasaba n'okulongosebwa omutima gwe. Yeegomba nnyo essanyu ery'obutukuvu, kwe gutabagana ne Katonda. Kuno kwe kusaba kwe yasaba: [26]

Okwenenya okuli nga okwo, tekutuukikako lwa buyinza bwaffe; wabula kuva eri Kristo, Oyo eyalinya waggulu, n'awa abantu ebirabo.

Wano bangi ke balemerwa, era kye bava basubwa obuyambi Kristo bwe yetaaga okubawa. Balowooza nti tebayinza kugenda eri

Kristo wabula nga bamaze okwenenya, era nti okwenenya kwe kubatekateka balyoke basonyiyibwe ebibi byabwe. Wewaawo kya mazima, okwenenya kwe kukulembera okusonyiyibwa ebibi; kubanga ow'omutima ogumenyese era ogubooneredde yekka ye yetaaga Omulokozi. Naye omwonoonyi kimugwanira alindirire amale okwenenya alyoke agende eri Yesu? Okwenenya kirungi kufuulibwe ng'e nkonge eyimiridde wakati w'omwonoonyi n'Omulokozi?

Baibuli teyigiriza nti omwonoonyi ateekwa amale kwenenya alyoke agondere eddoboozi lya Kristo erimuyita nti "Mujje gyendi, mwe mmwena abakoye era abazitowereddwa, nange nabawummuza." Mat. 11:28. Amaanyi agava mu Kristo ge gatuusa omuntu ku kwenenya kw'amazima. Ekigambo kino Petero yakilaga bulungi, bwe yagamba Abayisiraeri nti "Oyo Katonda yamulinyisa ku mukono gwe ogwaddyo okubeera omukulu era omulokozi, okuwayo eri Isiraeri okwenenya n'okuggyibwako ebibi." Bik. 5:31. Nga bwe tutayinza kusonyiyibwa awatali Kristo, era bwe kitvo tetuyinza kwenenya awatali Mwoyo wa Kristo kuzukusa mitima gyaffe.

Kristo ye nsibuko ya buli kirowoozo ekirungi. Ye yekka
[27] y'ayinza okusiga mu mitima gyaffe obu- labe obw'okukyawa ekibi. Buli kirowoozo ekyetaaga obulongofu era n'amazima, buli lwe twetegeera obubi bwaffe obwo bwe bubeera obukakafu obutegeza nga Omwoyo wa Kristo akola mu mitima gyaffe.

Yesu yagamba nti "Nange bwendiwanikibwa ku nsi, ndiwalulira gyendi bona." Yok. 12:32. Omulokozi kimusanira alagibwe eri omwonoonyi ng'afa olw'ebibi by'ensi zonna; kale bwe tulaba Omwana gw'endiga wa Katonda ng'ali ku musaalaba e Gologosa, ekyama ky'obununuzi ne kitandika okubikkuka mu mitima gyaffe, awo obulungi bwa Katonda ne bututuusa ku kwenenya. Kristo bwe yafa ku lw'aboonoonyi, yalaga okwagala okutategeerekeka; kale omwonoonyi bw'alaba okwagala kuno okw'ekitalo, kugonza omutima gwe, ne kukola nnyo mu mutima gwe, ne kuguleetera okumenyeka.

Wewaawo kya mazima, oluusi n'oluusi abantu bakwatibwa ensonyi olw'ebibi bye bakola, n'okuleka ne baleka ezimu ku mpisa zaabwe embi, nga tebannaba na kulowooza nti Kristo ye abawalula, okugenda gy'ali. Naye buli lwe bagezako okulongoosa empisa zaabwe, nga balina omutima ogw'amazima ogwagala okukola ekituufu, maanyi ga Yesu ge gaba gabawalula. Amaanyi gebatalowoozako na kulowooza, ago ge gaba gakola mu bulamu bwabwe,

ebirowoozo byabwe ne bizukusibwa, ebikolwa eby'okungulu ne birongosebwa. Kale Yesu bw'abawalula okumutunulira ng'ali ku musalaba, bwe bamulaba oyo ebibi byabwe gwe byafumita, amateeka ga Katonda ne gagulumizibwa mu biro- woozo byabwe. Ob- [28]
wononefu bw'obulamu bwabwe n'ekibi ekyekweka obw'edda mu mutima, ne bibikkulibwa. Ne batandika okwetegereza obutuukirivu bwa Kristo, ne beewuunya nti "Ekibi kye ki ekyawesaayo saddaka eyenkana awo okutununula? Okwagala kuno kwonna, n'okulumwa okw'ekitalo kuti, n'okwetoowaza okwenkana wano; byonna bye byali byetaagibwa nneme okubula, naye mbeere n'obulamu obutaggwawo?"

Wewaawo, oluusi omwonoonyi ayinza okuziyiza okwagala kuno, ne kutakola mu mutima gwe n'atatuusibwa eri Kristo; naye bw'aba nga takuziyizza buziyiza, wakutuusibwa eri Yesu; bwe yetegereza ekyo Katonda kye yatekateka olw'okulokola omuntu, talema kutusibwa wansi w'omusalaba ne yeenenya ebibi bye, ebyabonyabonya Omwana wa Katonda omwagalwa.

Ekirowoozo ekyo kyennyini era ekikolera mu bintu eby'obuwangwa, era kye kyogerera mu mitima gy'abantu, ne kibaleetera ekintu ekyo bo kye batalina. Omwoyo wa Katonda abakubiriza okunoonya ebintu ebyo eby'enjawulo, ebiyinza okuleetera omuntu emirembe n'okuwummula, ebintu ebyo kye kisa kya Kristo n'essanyu ery'obutukuvu. Bulijjo Omulokozi waffe akola ng'ayita mu maanyi ago agalabika n'agatalabika ng'awalula emyoyo gy'abantu okuva mu ssanyu ly'ensi eritaliiko kye ligasa bafune emikisa egitaggwawo gy'ayagala okubawa. Eri abo abateganira obwereere nga banywa mu bidiba eby'ensi ebirimu ebitosi, Katonda abayita nti "Alina ennyota ajje: ayagala atwale amazzi ag'obulamu buwa." Kub. 22:17. [29]

Kalenno ggwe eyetaaga mu mutima gwo ekintu ekirungi ensi eno ky'etayinza kukuwa; okwetaaga okwo kw'owulira mu mutima gwo kutegeere nga lye ddobozi lya Katonda erikuyita. Musabe okukuwa okwenenya, akubikkulire Yesu mu kwagala kwe okutaggwawo, mu bulungi bwe obutukiridde. Omulokozi yalagira ddala mu bulamu bwe emisingi gy'amateeka ga Katonda, kwe kwagala Katonda n'abantu. Mu bulamu bwe yalina omutima omulungi ogujjudde okwagala okuteerowozako. Bwe tumutunulira, omusana

oguva gy'ali ne gutwakira, awo ne tulaba obwononefu bw'emitima gyaffe.

Tuyinza okwenyumiriza nga Nikodemo, nti obulamu bwaffe bulungi, nti empisa zaffe ntuufu, nti tetwetaaga kwewombeka mu maaso ga Katonda nga aboonoonyi: naye omusana oguva eri Kristo bwe gwaka mu mitima gyaffe, tetulema kweraba nga bwe tuli aboonoonefu: tutegeera mu mitima gyaffe nga bwe twerowoozako fekka, nga bwe tuli abalabe ba Katonda: era obulamu bwaffe bwonna nga bwe bwonoonese olw'ebyo. Awo nno tetulema kutegeera nga obutukirivu bwaffe ddala buli nga enziina ezikongedde, era nga omusayi gwa Kristo gwokka gwe guyinza okutunaazaako empitambi y'ekibi, n'okulongosa emitima gyaffe ne gifanana nga ogugwe.

Okumasamasa kw'ekitibwa kya Katonda n'okwaka kw'obulungi bwa Kristo, bwe biyingira mu bulamu bw'omuntu, buli bbala lyonna ery'ekibi liruma nnyo, na buli bwonoonefu bw'empisa ze
[30] bwonna ne bweraga gy'ali. Byolesa okwegomba okubi okuli mu mutima gw'omuntu, obutakkiriza bw'omutima gwe n'obutali bulongofu bw'emimwa gye. Obujeemu bw'omwonoonyi olw'okunyoma amateeka ga Katonda ne bumulagibwa, awo omwoyo gwe ne gweralikirira nnyo ne gutya Katonda akebera ebyama eby'omu mutima. Bwalaba obulongofu bwa Kristo obutuukiridde ne yetamwa.

Nabbi Danieri bwe yalaba ekitibwa ekyali kyetoolodde omubaka ow'omu ggulu eyatumibwa gy'ali yerabira ddala nga bw'ali omunafu era omubi kayingo. Mu kunnyonyola eby'ekitalo ebyaliwo ku kiseera kino, agamba nti "Nemutasigala mu nze maanyi gonna: kubanga obulungi bwange nebufuuka obuvundu mu nze, ne siba na maanyi nate." Dan. 10:8. Bw'atyo omuntu yenna bw'ayakirwa omutima gwe gukyawa okweyagala, byonna byeyayagalanga n'abitamwa, n'asaba mu linnya lya Yesu aweebwe omutima omulongofu ogugondera amateeka ga Katonda nga ogwa Yesu bwe guli.

Paulo agamba nti "Mu butukirivu obuli mu mateeka," kwe kugamba nti mu bikolwa byonna ebyokungulu, yalabikanga nga taliko "kya kunenyezebwa." Naye bwe yategeera amakulu g'amateeka genyini ag'omwoyo, ne yeraba nga mwonoonyi. Mu nnukuta ezamateeka, ng'abantu bwe bagalowooza ku bikolwa ebyokungulu ebirabika, Paulo teyaliko kibi; naye bwe yalowooza ku makulu g'ebiragiro gennyini agomunda, ne yeeraba nga Katonda

bwamulaba, n'avunama n'obuwombefu, n'ayatula ebibi. Agamba nti "Nabanga mulamu awatali mateeka: naye ekiragiro bwe kyajja, ekibi nekizukira, nange ne nfa." Bal. 7:9. Bwe yeetegereza engeri [31] y'amateeka yennyini ey'omwoyo. ekibi ne kyeragira ddala gyali nga bwe kiri ekibi ennyo, n'okwegulumiza kwe kwonna ne kuggwawo.

Wewaawo nga bwe kiri mu kulowooza kw'abantu, ne Katonda bw'atyo talowooza bibi byonna okwenkanankana, birina amadaala; naye ekibi ne bwe kiba kitono kitya mu maaso g'abantu, naye eri Katonda ekibi tekiba kitono. Okulaba kw'omuntu si kutuufu, naye Katonda alabira ddala ebintu byonna. Okugeza, abantu balaba mangu ekibi nga eky'obutamiivu, n'okugamba ne bagamba omuntu nti "Ekibi ekyo kigenda kukuzikiriza," songa emirundi mingi ow'amalala, omukodo, n'omwegombi tebatera kunenyezebwa. Naye ebibi eby'engeri nga eyo bye bisingira ddala obubi mu maaso ga Katonda; kubanga tebitabagana na mpisa ze ennungi ez'ekisa, newakubadde omwoyo ogw'okwagala oguterowoozako oguli mu bamalayika, ab'omu ggulu. Omuntu bw'agwa mu bibi ebinene nga ebyo ayinza okukwatibwa ensonyi, ne yeetaaga okuweebwa ekisa kya Yesu; ow'amalala tawulira kwetaaga okwo, bwe gatyo amalala bwe gaggalira Kristo ebweru w'omutima gw'omuntu, ne gamusubya n'emikisa gyonna egy'omwoyo Kristo gy'agaba.

Omuwooza yasaba nti "Ai Katonda, onsaasire nze alina ebibi." Luk. 18:13, sempala yerowooza nga mwonoonyi nnyo, era n'abalala nga bwe bamubala; naye yawulira okwetaaga kwe, bw'atyo n'ajja n'omugugu gwe ogwo mu maaso ga Katonda ng'akwatiddwa n'ensonyi, n'asaba okusaasirwa. Mu ngeri eno, yaggulirawo Omwoyo wa Ka- tonda omutima gwe akolemu omulimu gwe, ogwek- [32] isa, amusumulule mu buyinza bw'ekibi. Omufalisayo olw'okusaba n'amalala, era nga yeesiga obutukirivu bwe yaggalirawo Omwoyo Omutukuvu omutima gwe. Olw'obutasemberera Katonda, teyasobola kwegerageranya na butukuvu bwe, alyoke yerabe ye nga bw'ali omubi ennyo, Teyalina kye yeetaaga, era taliko kye yaweebwa.

Obanga owulira mu mwoyo gwo nga oli mwonoonyi, tolindirira nti kamale okwerongosa. Bameka abalowooza nti tebasaana kugenda eri Kristo kubanga si balungi? Olowooza nga oyinza okufuuka omulungi mu maanyi go ggwe? "Omuwesiyopya ayinza okuwanyisa omubiri gwe, oba ngo amabala gaayo? Kale

nammwe muyinza okukola obulungi abamanyira okukola obubi." Yer. 13:23. Okubeerwa kwaffe kuli mu Katonda mwokka. Tekitusaanira kulindirira okukubirizibwa okw'amaanyi, oba okufuna ekiseera eky'eddembe, wadde ebirowoozo ebitukuvu. Nedda, naye tuteekwa tugende eri Kristo nga bwe tuli.

Naye waleme okubaawo omuntu yenna eyeerimba, ng'alowooza nti Katonda olw'ekisa kye n'okusaasira kwe okungi, abantu abagaana ekisa kye nabo alibalokola. Ekibi kibi nnyo ddala, obubi bwakyo bwonna bulabikira ku musalaba. Omuntu yenna agamba nti Katonda wa kisa nnyo tagenda kuzikiriza mwonoonyi, atunulire ku musalaba e Gologosa. Kristo yeetikka omusango gw'obujeemu, n'afa mu kifo ky'omwonoonyi, lwa kubanga tewaaliwo kkubo ddala lyonna omuntu mw'ayinza okulokokera, kubanga awatali saddaka
[33] eno, kyali nga tekiyinzika olulyo lw'omuntu okuva mu maanyi g'ekibi n'okuddayo okuba omutukuvu nga bamalayika, mu bulamu obw'omwoyo. Okwagala kw'omwana wa Katonda, n'okubonabona kwe, n'okufa kwe, byonna bitegeeza obubi bw'ekibi nga bwa ntisa; era biraga nga tewali buwonero bulala bwonna, tewali ssubi lyonna lya kulongoka kwa bulamu bwaffe, wabula kyokka nga tubuwaddeyo eri Kristo.

Oluusi omuntu atayagala kwenenya yeewolereza, ng'ayogera ku bantu abalala abayitibwa Abakristayo nti "Nange ndi mulungi nga gundi. Naye mu mpisa ze teyeegendereza nnyo, so tansinga kweganyisa. Naye ayagala okwesanyusa n'ensi nga nze." Bw'atyo afuula ensobi z'omuntu omulala okuba eky'okwewolereza kye olw'obutakola ky'alagirwa. Naye ensobi n'ebibi by'abantu abalala, tebigenda kuwonya muntu yenna: Kubanga Katonda tatulagiranga kulabira ku muntu yenna (abantu boonoonyi) Omwana wa Katonda ataliko bbala yatuweebwa nga kye ky'okulabirako kyaffe, kale abo abeemulugunya olw'ebikolwa ebibi eby'Abakristayo abalala, abo be basaanidde okulaga eky'okulabirako ekirungi mu bulamu bwabwe, okusinga bali be boogerako. Bwe baba nga bategedde eddaala ly'empisa z ', Omukristayo nga bwe lisanidde okuba erya waggulu, kale ekibi kyabwe si kye kisinga obunene? Kubanga bamanya ekituufu, naye ne bagaana okukikola.

Weekume oleme okulagalaganya, tolwawo okuleka ebibi byo n'okunoonya Yesu okulongosa omutima gwo. Wano abantu
[34] enkumi n'enkumi we basobeza, ne kibaviiramu kwe kuzikirira

okw'emirembe n'emirembe. Wano siweeyo kiseera okunnyonnyola obulamu bwaffe nga bwe butategeerekeka, era nga bwe buli obw'akaseera obuseera; naye waliwo akabi ak'entisa (akabi akatategerwa bulungi) akava mu kugayalirira eddoboozi ly'okwegayirira kw'Omwoyo Omutukuvu olw'omuntu okwagala okubeera mu kibi kye; kubanga ddala okugayaala okw'engeri eyo bwe kuli. Ekibi ne bwe kiriwoozebwa nga ekitono ennyo, tekirema kuvaamu kabi kanene ddala ak'entisa. Ekibi kye tutawangula, kyo kirituwangula, era kirituviiramu okuzikirira.

Adamu ne Kawa baalowoza nti akantu akatono katyo, ak'okulya ku kibala okyabagaanibwa, tekayinza kuvaamu kintu kya ntisa kityo nga Katonda bwe yayogera. Naye akantu akatono ako, kwe kwali okumenya amateeka ga Katonda amatukuvu agataggwawo, era kaayawukanya omuntu ne Katonda, ne kaleeta ennaku n'okufa ebibunye ensi eno yonna. Okuva mu mirembe gyonna. egyakayise okutuusa kakati, ensi yonna bw'efa yenkana ejjudde kukaaba na kukungubaga okutamala, era ebitonde byonna bisinda era birumirwa wamu nga bye byava mu butawulira bw'omuntu. Newakubadde mu ggulu mwenyini, era ebyava mu bujeemu buno omuntu bwe yajeemera Katonda byatuukayo, Gologosa kiyimiridde nga kye kijjukizo kya saddaka ey'ekitalo eyateekwa okuweebwayo olw'okusobya amateeka ga Katonda. Leka tulemenga okulowooza ekibi ng'akantu akatono.

Buli lw'okola ekikolwa oky'obujemu, na buli lw'ogaana ekisa [35]
kya Kristo, tekirema kukukyukirako; kyonoona ebirowoozo byo, kifafaganya amagezi go, tekikoma ku kugaana kuwulira ddoboozi lya Mwoyo wa Katonda kyokka, naye era kikuziyiza n'okuligondera.

Bangi abasirisa ekirowoozo kyabwe ekiba kyeralikirira; nga balowooza nti balyenenya we balyagalira wonna; balawooza nti bayinza okunyomerera okuyita kwa Katonda okw'ekisa, naye ne baba nga bakyawulira okulumirizibwa okwo mu mitima gyabwe. Balowooza nti bayinza okunyoma omwoyo ow'ekisa, ne bawaayo emitima gyabwe eri Setani, ate mu kiseera eky'entisa ne bakyusa empisa zaabwe. Naye ekyo si kyangu. Ebintu omuntu by'aba ayiseemu, oba ebiva mu kuyiga kwe, ebintu bye yemanyiza mu bulamu bwe bigenda ne binywera nnyo mu mpisa ze, era mu ngeri eno ababa bakyetaaga okufaanana Yesu batono.

Wadde empisa ennyonoonefu emu bw'eti, oba okwegomba okubi, by'okyenywerezaako, bigenda bimalawo mpola mpola amaanyi g'enjiri. Buli lw'ojeemulukukira ekibi. Omwoyo gwo gweyongera okujeemera Katonda. Omuntu yenna ajeemera Katonda, oba agaanira ddala amazima ge, omuntu oyo aba ng'akungula bukunguzi bye yamala okusiga mu mutima gwe. Mu kulabula kwonna okuli mu Baibuli ku nsonga y'okuzannya n'ekibi, tewali kusinga okwo okwawandiikibwa Sulemani okugamba nti "Omubi. . . . alisibibwa n'emigwa egy'okwonona kwe." Ng. 5:22.

Kristo yetesetese okutusumulula mu buddu bw'ekibi, naye
[36] tayinza kutuwaliriza buwaliriza; kale olw'okwonona obutamala emitima gyaffe bwe ginywerera ddala mu kibi, ne tuba nga *tetukyetaaga* kusumululwa, bwe tuba nga *tetukyayagala* kisa kye, kale olwo ng'akyayinza kukola ki nate? Olwo tuba nga twezikiriza fekka olw'okumalirira okugaana okwagala kwe. "Laba, kakano bye biro eby'okukkirizibwamu; laba, kakano lwe lunaku olw'obulokozi." 2 Kol. 6:2. Leero bwemunawulira eddoboozi rye, temukakanyaza mitima gyammwe." Beb. 3:7, 8.

"Abantu batunulira okufaanana okwokungulu, naye Mukama atunulira mutima." I Sam. 16:7. Omutima gw'omuntu, omuli okulwanagana kw'essanyu n'ennaku, omutima ogutaataagana nga gugenda wano ne wali, omuli obulimba n'obubi obungi. Katonda yekka y'amanyi okuteesa kwagwo n'okufumitiriza kwagwo. Genda gy'ali n'obulamu bwo obwonoonefu, ggwa awo mu maaso ge, omubikulire omutima gwo Oyo alaba byonna, omugambe ng'omuwandiisi wa Zabuli nti "Onkebere, ayi Katonda, omanye omutima gwange: onkeme, omanye ebirowoozo byange: olabe ng'ekkubo lyonna ery'obubi liri mu nze, era onnung'amyanga mu kkubo eritakoma." Zab. 139:23, 24.

Bangi bakkiriza eddiini ey'omu mutima, ekifaananyi obufaananyi eky'okutya Katonda, songa omutima tegunnalongosebwa. Leka kuno kubeerenga okusaba kwo nti "Ontondemu omutima omulongoofu, ayi Katonda; onzizemu omwoyo omulungi munda yange." Zab. 51:10. Beera wa mazima mu bulamu bwo. Nyikira nnyo nga
[37] bwe wandinyikidde ng'obulamu bwo buno obw'omukiseera kino buli mu kabi. Ekigambo kino kikulu nnyo, era tewali muntu yenna ayinza kukikuyambako; wabula kiri wakati wa Katonda n'obulamu

bwo ggwe, kale engeri yonna gye kimalirwamu tewali - ba kujjulula! Essuubi obusuubi lyokka ly'olina mu mutima eryo lya kukuzikiriza.

Soma Ekigambo kya Katonda nga bw'osaba. Ekigambo ekyo kikulaga emisingi emikulu egy'obutukuvu, nga bwe girabikira mu mateeka ga Katonda ne mu bulamu bwa Kristo; kubanga "awatali obwo siwali aliraba Mukama." Era Ekigambo ekyo kikulumiriza ekibi; era kikubikkulirira ddala ekkubo ery'obulokozi. Kiseengako nnyo omwoyo, ng'otegeera nawe mu mutima gwo.

Bwe kikubikkulira obubi bw'ekibi, bwe kikulaga nga bw'oli ddala omwonoonyi, toke'ngentererwa. Aboonoonyi Kristo be yajja okulokola. Tetuli bakuwalula Katonda okumutabaganya naffe, wabula Katonda "atabaganya Ensi naye yekka." 2 Kol. 5:19, mu Kristo. O, okwagala okw'ekitalo! Emitima gy'abaana be abasobya, agiwalula n'okwagala kwe. Tewali muzadde ku nsi ayinza okugumikiriza ensobi z'abaana be, nga Kitaffe ow'omu ggulu bw'akola eri ffe olw'okwagala okutulokola. Tewali n'omu eyandiyinzizza okwegayirira omwonoonyi n'ekisa ekingi bwe kityo. Tewali kamwa ka muntu akaali kegayiridde omuntu omukyamu nga Katonda waffe bw'akola. Okusuubiza kwe kwonna, n'okulabula kwe byonna biraga okwagala okutayogerekeka.

Setani bw'ajja okukugamba nti oli mwonoonyi nnyo, yimusa amaaso go alabe Omununzi wo, oyogere ku bulungi bwe. Ek- [38]
inakuyamba kwe kutunuulira omusana gwe. Kkiriza ebibi byo, naye omulabe mugambe nti "Kristo Yesu yajja mu nsi okulokola abalina ebibi," 1 Tim. 1:15, era nti olw'okwagala kwe okutagerwa oyinza okulokoka. Yesu yabuuza Simoni ekibuuzo ku nsonga y'ababanjibwa ababiri. Omu mukama we yali amubanja omuwendo mutono, omulala ng'amubanja omuwendo munene nnyo; naye bombi n'abasonyiwa, kale Kristo yabuuza Simoni kw'abo bombi alisinga okwagala mukama we, Simoni yaddamu nti "Oyo gweyasinga okusonyiwra." Luk. 7:43. Bwe kityo naffe tuli boonoonyi nnyo, naye Kristo yafa ffe tulyoke tusonyibwe. Saddaka ye emalira ddala okutusasulira ebbanja lyaffe eri Kitaffe. Abo be yasinga okusonyiwa era be balisinga okumwagala, era banayimiriranga kumpi ddala n'entebe ye, nga bamutendereza olw'okwagala kwe okunene era n'olwa saddaka ye ey'ekitalo gye yabaweerayo. Bwe twetegerereza ddala okwagala kwa Katonda lwe tusinga okutegeera obubi bw'ekibi. Bwetulaba obuwanvu bw'olujegere olwassibwa okuva mu ggulu ku

lwaffe, bwe tutegeera saddaka ey'ekitalo Kristo bye yawaayo ku
[39] lwaffe, emitima gyaffe tegirema kusaanuuka ne gimugondera.

Esuula 4—Okwatula

ABIKKA ku kusoobya kwe taliraba mukisa: naye buli akwatula n'akuleka alifuna okusaasirwa."

Engeri ez'okufuniramu ekisa kya Katonda nnyangu, za mazima era ntuufu. Katonda tatulagira kukola kintu ekizibu nti alyoke atusonyiwe ebibi byaffe. Tetuli ba kutambula 'ngendo ez'ebiramago ebikooyesa, wadde okukola ebibonerezo ebizibu, olw'okukkirizisa Katonda obulamu bwaffe, n'okuliwa oba nga engassi olw'okwonoona kwaffe: naye buli ayatula ebibi bye n'abireka alifuna okusaasirwa.

Omutume agamba nti "Mwatuliraganenga ebibi byamwe mwekka na mwekka, musabiraganenga, mulyoke muwone." Yak. 5:16 (Baibuli ey'olungereza Authorized V. egamba nti "Mwatuliraganenga *ensobi*.") Ebibi byo byatulire Katonda, kubanga ye yekka y'ayinza okubisonyiwa, ate ebisobyo, ebyo by'oyinza okwatulira muntu munno. Bw'oba ng'oliko ky'osobezza ku munno yenna, oteekwa okumwatulira okusobya kwo okwo, era naye gwe mulimu gwe okukusonyiwa. Ate era kikugwanira okusaba Katonda okukusonyiwa, ku- Katonda, kale bw'omunakuwaza oba ng'onakuwaza [40]
Omutonzi era Omununuzi we. Omusango ogwo guletebwa mu maaso g'Omuwolereza oyo ow'amazima, Kabona waffe Asinga obukulu, oyo "eyakemebwa mu byonna bumu nga ffe, "awatali kibi," era ayinza "okulumirwa awamu (naffe) mu bunafu bwaffe," Beb. 4:15, oyo ayinza okulongoosa buli bbala lyonna ery'obutali butuukirivu.

Abo abatewombeka mu maaso ga Katonda mu kwatula ebibi byabwe, tebannatuukiriza ddaala erisookerwako omuntu okukkirizibwa mu maaso ga Katonda. Obanga tetunnafuna kwenenya okwo okutejjusibwa, nga tetunnaba kwatula bibi byaffe n'omutima ogw'amazima omuwombefu ogubonereddde, nga tukyayidde ddala ebibi byaffe, tetunnaba kunoonya kusonyiyibwa bibi byaffe; kale obanga tetunnanoonya, era tetunnafuna ddembe eri Katonda. Ensonga eri emu yokka etugaanyi okusonyiyibwa ebibi byaffe

eby'edda, ye eno: tetwagala kutoowaza mitima gyaffe mu mpenda zonna ezitulagibwa mu kigambo kya Katonda eky'amazima. Ku kigambo kino tuyigirizibwa ddala bulungi nti ekibi obanga kikwata ku muntu omu, oba kibiina, oba kiri mu kyama, era okwatula kusaana kuviira ddala mu mitima, era ekibi kyatulirwe ddala bulungi kyonna. Omwonoonyi si wa kuwalirizibwa buwalirizibwa okwatula ekibi kye. Okwatula tekusaana kuba mu ngeri ya kusaagasaaga, wabula omuntu ategedde obubi bw'ekibi kye era ng'akikyayidde ddala, era nga kimulumya n'omutima gwe. Okwatula kwe kufukira ddala
[41] byonna ebiri mu mutima gwo mu maaso ga Kato- nda. Owa Zabuli agamba nti "Mukama ali kumpi n'abo abalina omutima ogumenyese. Era awonya abalina omwoyo ogubonerede." Zab. 34:18.

Okwatula okw'amazima, kwo kuba kwa njawulo, kulaga ekibi kyennyini. Kiyinza okuba eky'engeri ey'okutegeeza Katonda yekka; kiyinza okuba nga kya ngeri ey'ensobi esaana okwatulira omuntu gundi eyasunguwazibwa oba eyalumizibwa olw'ensobi eyo; oba kiyinza okuba nga kyakola ku bantu bangi, era bwekityo kiteekwa okwatulirwa mu maaso g'abo bonna abaakolebwako. Naye okwatula kwonna kuteekwa kubeera okutuukira ddala ku nsonga yennyini, ng'otuukira ku kibi kyennyini kye wakola, so si kukyeyisaako wadde okukyogera mu lugero.

Mu biro bya Samuwiri, Abaisiraeri baava ku Katonda. Ne babonyabonyezebwa olw'ekibi kyabwe ekyo; kubanga baali baweddemu okukkiriza, n'olw'ekyo ne beerabira Katonda bw'alina obuyinza n'amagezi okufuga amawanga, nga tebakyesiga buyinza bwa Katonda obukuuma era obulwanirira abantu be. Baava ku Mufuzi omukulu ow'eggulu n'ensi, ne beegomba okufugibwa ng'amawanga amalala agabeetoolodde. Okwatula kwe baayatula bafune emirembe kwe kuno nti: "Twongedde ku bibi byaffe byonna n'ekibi (kino), okwesabira kabaka." 1 Sam. 12:19. Baateekwa okwatula ekibi kyennyini kye baali bakoze. Obuteebaza bwabwe bwabaleetako okubonabona, era ne kubaggya ku Katonda.

[42] Katonda tasiima kwatula awatali kwenenya kwa mazima n'okudda obuggya. Obulamu buteekwa okulaga oba okubamu obukyufu obw'amazima; buli kintu kyonna Katonda ky'atasiima kigyibwewo. Kino nno kiva mu kunakuwalira ekibi okw'amazima. Ku luggyi lwaffe, omulimu gwe tuteekwa okukola gutulagibwa lwatu, Mukama atugamba nti "Munaabe, mwerongose; muggyewo obubi

bwebikolwa byamwe bive mu maaso gange; mulekenga okukola obubi: muyige okukolanga obulungi, mugobererenga eby'ensonga; muddukirirenga ajoogebwa, musalenga omusango gwatalina kitaawe, muwolererezenga namwandu." Is. 1:16,17. "Omubi bwanazzangayo omusingo, n'akomyawo ekyo kye yanyaga, natambulira mu mateeka ag'obulamu, nga taliko butali butukirivu bw'akola; talirema kuba mulamu, talifa" Ez. 33:15. Paulo ng'ayogera ku mulimu gw'okwenenya, agamba nti "Okunakuwala okwo eri Katonda nga kwabaletera okufuba okungi, era n'okuwoza ensonga (yamwe), era n'okusunguwala, era n'okutya, era n'okwegomba, era n'okunyikira, era n'okuwalana eggwanga! Mu byonna mweteegeza nga muli balongoofu mu kigambo ekyo." 2 Kol. 7:11.

Ekibi bwe kimala okutta okutegeera kw'omuntu, awonno ne bw'akola ekibi takimanya bubi bwakyo, era bw'atagondera maanyi ga mwoyo Omutukuvu agamulumiriza mu mutima gwe ekibi ky'aba akoze, kale abeera awo mu buzibe bw'amaaso obw'omwoyo eri ekibi kye. Okwatula kwe tekuba kwa mazima. Buli lwakkiriza ekibi kye, era ayongera ebigambo eby'okwewolereza, ng'agamba nti singa tewaabaddewo kintu kino oba kiri, teyandikoze kibi kino [43] ekimunenyezebwa.

Adamu ne Kawa bwe baalya ku kibala ky'omuti ogw'agaanibwa, bajjula ensonyi n'entisa. Kye baasooka okukola kwe kulowooza nga bwe baneewolereza, balyoke bawone omusango ogw'entisa ogw'okufa. Kale Mukama bwe yabuuza, Adamu yaddamu ng'ateeka omusango ogwo ekitundu ku Katonda n'ekitundu ku munne: "Omukazi, gwe wampa okubeeranga nange, ye yampadde ku muti, nendya." Ate omukazi omusango yagussa ku musota, ng'agamba nti "Omusota gunsenzesenze, ne ndya." Lub. 3:12,13. Mu njogera endala omukazi yagamba Katonda nti "Lwaki wakola omusota? Lwaki wagukkiriza okujja mu Adeni? Ebyo bye byali mu bigambo omukazi bye yayogera nga yeewolereza olw'ekibi kye, bw'atyo ng'ateeka omusango gw'okwonoona kwabwe ku Katonda. Omwoyo ogwo ogw'okwewa obutuukirivu gwatandikira mu kitaawe w'obulimba (Setani), era okuva olwo gulabikira mu baana b'Adamu. Okwatula okuli nga okwo tekuleetebwa Mwoyo wa Katonda, era n'olw'ensonga eyo tekusiimibwa mu maaso ge. Okwenenya okw'amazima kuletera omuntu okwetikka omusango gwe ye, n'okukkiriza awatali bulimba newakubadde bunnanfuusi. Abeera

nga omuwooza oli gwe tusomako mu Luka essuula ey'ekkumi n'omunaana, ssempala ataayagala na kuyimusa maaso ge mu ggulu; bw'atyo naye talema kukaaba nti "Ai Katonda, onsaasire nze alina ebibi." Kale abo abakkiriza ebyonoono byabwe baliwebwa obutukirivu; kubanga Kristo wakuwolereza olw'omusayi gwe buli
[44] muntu yenna eyenenya.

Ku nsonga y'obuwombefu n'okwenenya okw'amazima, eby'okulabirako ebiri mu kigambo kya Katonda bitubikkulira omwoyo ogw'okwatula okutalimu kuwolereza kibi, wadde okugezaako okwewa obutukirivu. Paulo teyagezaako okwebikkako; naye ekibi kye akiragira ddala mu ngeri yakyo esingira ddala obubi, nga tagezaako kukendeeza musango gwe. Agamba nti "Nze ne nsibanga mu makomera abatukuvu abamu bangi, bwe nawebwa obuyinza eri bakabona abakulu, era bwe battibwa ne nzikiriza okubatta. Era bwe battibwa era bwe nababonerezanga emirundi emingi mu maku'nganiro gonna ne mbawalirizanga okuvvoola; ne mbasunguwaliranga nnyo ne mbayigganyanga okutuuka mu bibuga eby'ebweru." Bik. 26:10,11. Ayogera kaati nti "Kristo Yesu yajja mu nsi okulokola abalina ebibi; mu bo nze w'oluberyeberye." 1 Tim. 1:15.

Omutima omugonvu ogumenyese, mu kwenenya okw'amazima, gusiima okwagala kwa Katonda n'omuwendo ogwasasulirwa e Gologosa; era ng'omwana bw'ayatula mu maaso ga Kitaawe amwagala, n'omuntu eyeenenya mu mazima bw'atyo bw'oleeta ebibi bye byonna mu maaso ga Katonda. Era kyawandiikibwa nti "Bwetwatula ebibi byaffe, ye wa mazima era omutuukirivu okutusonyiwa ebibi
[45] byaffe, n'okutunaazako byonna ebitali bya butuukirivu." 1 Yok. 1:9.

Esuula 5—Okwewaayo

OKUSUUBIZA kwa Katonda kugamba nti "Era mulinnonya ne mundaba, bwemulinkeneenya n'omutima gwamwe gwonna." Yer. 29:13.

Omutima gwonna guteekwa guweebweyo eri Katonda, awo nno obukyufu bulyoke bukolebwe mu ffe obw'okutuddiza ddala mu kifaananyi kye. Mu buzaaliranwa tuli balabe ba Katonda. Omwoyo Omutukuvu ategeeza engeri yaffe mu bigambo bino: "Mufiiridde mu byonono n'ebibi byamwe." Bef. 2:1 "omutwe gwonna gulwade, n'omutima gw onna guzirise. Okuva munda w'ekigere okutuuka ku mutwe tewali bulamu." Is. 1:5,6. Setani yatusiba dda mu kyambika kye; Naye Katonda yeetaaga okutuwonya, atufuule ba ddembe. Naye olw'okubanga kino kyetaaga kukyusiza ddala buzaaliranwa bwaffe bwonna, bufuuke buggya era obw'engeri endala, tuteekwa kwewerayo ddala gy 'ali fenna abalamba obuteesigaliza kantu.

Olutalo olw'okulwana n'obuntu oba obuzaaliranwa bwaffe luzibu nnyo okusinga entalo zonna ezaali zirwaniddwa. Omuntu okwewangula ye yennyini. n'ajeemulula obuzaaliranwa bwe okugondera buli Katonda ky'ayagala, kyetaaga okulwa- na kunene; naye obulamu bwonna buteekwa bujeemulukukire Katonda, bwewereyo ddala gy'ali; bulyoke butukuzibwe buzzibwe buggya. [46]

Obufuzi bwa Katonda, tebuli nga Setani bw'abulaga eri abantu, nti bwakuwuliza muntu ng'omuzibe w'amaaso, awatali ye yennyini kuteegeera nsonga n'okusiima yekka okugondera Katonda. Naye bwe bufuzi obusingirira ddala mu kusiima era n'okulonda kw'omutima gw'omuntu yekka ku bubwe. Okuyita kwa Katonda eri abantu be yabubwe'. Okuyita kwa Katonda eri abantu be yatonda kugamba nti "Mujje nno, tuteese ffembi." Katonda tawaliriza kwagala kwa bantu be. Tayinza kukkiriza kusinza okutavudde mu mutima ogw'okweyagalira. Obuwulize obuwalirizibwa obuwaliriza buziyiza okweyongera n'okukula kw'empisa z'omuntu, yandibadde nga ekyuma ekyogera; kubanga tekitegeera wadde okulowooza ebigambo bye kyogera; so tebikikolako, wabula

okubyogeranga obwogezi olw'okukola kwa nannyini kyo. Okusinza okw'engeri eyo Omutonzi si kwe yayagala mu bantu be. Yayagala omuntu nga bw'ali ekintu ekisingira ddala obukulu mu mulimu gwe ogw'obutonzi, agende nga yeeyongerayongera okukula, atuuke ku ddaala erisingira ddala okuba erya waggulu. Yatuteekerawo emikisa egya waggulu, gy'ayagala okututuusaako olw'ekisa kye. Atuyita tweweeyo gy'ali, alyoke akole mu ffe ekyo ky'atwagaliza. Kiri gye tuli okulonda, obanga twagala okusumululwa mu buddu bw'ekibi, tugabane ku ddembe ery'ekitibwa ky'Omwana wa Katonda.

[47] Mu kwewaayo eri Katonda, tuteekwa buteekwa okusuulira ddala buli kantu konna akatwawula naye. Olw'ensonga eyo Omulokozi ky'ava atugamba nti "Buli muntu yenna kummwe ataagaanenga byonna byali na byo, tayinzenga kuba muyigirizwa wange." Luk. 14:33. Buli kantu konna akayinza okugya omutima gwaffe ku Katonda kateekwa kasuulirwe ddala wala. Mamona kye kifaananyi bangi kye basinga okusinza. Okwagala ensimbi, okwagala abugagga, lwe lujegere olwa zaabu olubasibye ku Setani. Okwatikirira n'ekitibwa ky'ensi na byo kifaananyi abalala kye basinba. Ate ekifaananyi abalala kye basinza, kwe kwagala obulamu obw'eddembe n'okwagala obutabaako kye bavunanyizibwa kukola. Naye enjegere zino ezitusiba mu budu ziteekwa zikutulwe. Tetuyinza kuba baKatonda ekitundu ate ekitundu nga tuli ba nsi. Waliwo abantu abeegamba nti baweereza Katonda songa bakyagezako okufuba mu maanyi gaabwe bo, okukwata amateeka ga Katonda, mbu bakole ebikolwa ebirungi, balyoke abafune obulokozi. Nga tebannategeera ddala kwagala kwa Kristo, na bo bennyini okuyiga okumwagala, naye banoonya okukola ebikolwa ebirungi eby'Obukristayo ebisimibwa Katonda mbu balyoke batuuke mu ggulu. Eddiini ey'engeri eyo teriiko ky'egasa. Kristo bw'atuula mu mutima gw'omuntu, obulamu bw'omuntu oyo bujjula okwagala kwe, olw'essanyu ery'okunyumyanga naye, bwegattira ddala naye; kale olw'okukowoozanga ku ye yekka, omuntu oyo yeerabira ye yennyini okwessaako omwoyo. Okwagala Kristo yeebera ensulo

[48] omuva buli kiko-

lwa kyonna ky'akola. Abo abakozesebwa okwagala kwa Katonda, ebyo bye baleka nga bagoberera Katonda tebabissaako mwoyo; tebaagala ddaala lya wansi, naye beeweerayo ddala okutuusa lwe balaba nga batuuse awo Omununuzi waabwe w'abaagaliza. Beeweer-

ayo ddala n'essanvu, omutima gwabwe gwonna nga guli kw'ekyo kye banoonya. Okwogera obwogezi ku Kristo, awatali kwagala kuno, olwo luba lugambo, bugambo oba ng'ombo bugombo, na mugugu muzito.

Ggwe okiraba kigambo kinene okuleka byonna kulwa Kristo? Kale sooka weebuuze ekibuuzo kino nti "Kristo yawaayo ki kulwange?" Omwana wa Katonda yawaayo byonna (obulamu, n'okwagala, n'okubonabona) olw'obulamu bwo alyoke akununule. Kale ffe abatasaanidde kwagala okunene okwenkanide awo, kiyinzika okumumma envitima gyaffe? Buli kaseera konna ak'obulamu bwaffe tugabana ku mikisa egy'ekisa kye, olw'ensonga eyo yennyini tetuyinza kutegeerera ddala obuziba bw'obutamanya n'ennaku bye yatuggyamu. Tuyinza okumutunuulira oyo ebibi byaffe gwe byafumisa era ne tuba nga tukyayagala okunyoma okwagala kwe ne saddaka ye eyo ey'ekitalo? Bwe tulowooza Mukama ow'ekitibwa nga bwe yeetowaza mu ngeri eyo ey'ekitalo, tuyinza okuba nga mu bulamu lwa kwetoowaza n'okulwana n'obuzaaliranwa bwaffe?

Bangi abalina emitima egy'amalala, babuuza nti "Naye lwaki neefuubaana mu kwenenya n'okwetowaza songa sinnaba kutegeera ddala nga Katonda ansiima? Abo abalina omutima ogw'engeri eyo [49]
mbasaba mutunulire Kristo. Teyalina kabi konna, ate okusinga byonna ye Mulangira ow'omu ggulu; naye yafuuka ekibi ku lw'olulyo lw'omuntu. "Nabalirwa wamu n'abasobya: naye yetika ekibi ky'abangi, era yawolereza abasobya." Is. 53:12. Kale lowooza eky'ekitalo ekyo, ate naawe weetunulire nga weegerageranya naye!

Naye bwe tuwaayo byonna eri Yesu, kiki kye tuba tuwaddeyo? Tuwa Yesu omutima oguvulubanye n'ebibi ye agulongoose, agunaaze n'omusayi gwe ye, era olw'okwagala kwe okutagerwa agulokole. Okwo kwe kufiirwa oba okutegana kwe tutegana? N'okuswala nswala okuwulira nga bakyogera, era kinkwasa n'esonyi okukiwandiika. Katonda tatulagira kusuula kintu kyonna ky'alaba nga bwe tuba nakyo kitukola bulungi. Buli kintu kyonna ky'akola, akikola ng'alowooza ku baana be babeere bulungi. Singa nno abo bonna abagaanyi Kristo beetegerezza bw'alina ekintu ekirungi ky'ayagala okubawa, ekisingira ddala ennyo ebyo bo bye beenoonyeza bokka. Omuntu bw'alowooza era bw'akola ebyo ebiwakanagana n'okwagala kwa Katonda aba ng'akola ku bulamu bwe ye ebitasaana, era ebiyinza okumuletako akabi. Kale Kitaffe

ow'omu ggulu bw'amaanyi ekisingira ddala obulungi eri abaana be, bw'abateeseza ebirungi; bwe kityo tewali ssanyu lya mazima erisangibwa mu kkubo ye lye yagaana abana be. Ekkubo ery'obulye yagaana abana be. Ekkubo ery'obujeemu lye kkubo ery'ennaku n'okuzikirira.

Bw'okkiriza mu mutima gwo okubaamu ekirowoozo nti Ka-
[50] tonda bw'alaba abaana be nga balu- mwa asanyuka, oba toli mutuufu n'akatono. Omuntu bw'aba ng'ali bulungi eggulu lyonna lisanyuka. Kitaffe ow'omu ggulu tazibira muntu we yenna makubo ga ssanyu. Ye Katonda ky'atulagira kwe kugobera ddala mu ffe buli kwegomba kwonna okuyinza okutuleteera obulumi obw'engeri yonna, n'okutuggalira amakubo omwandiyise essanyu eriva mu ggulu. Omununuzi w'ensi zonna akkiriza buli muntu yenna okugenda gy'ali nga bw'ali, n'okwetaaga kwabwe, n'obutali butuukirivu, n'obunafu bwabwe bwonna; era tamunaazeeko bibi bye na kumununula olw'omusayi gwe kyokka, naye era anaamalawo okwetaaga kwonna okw'omu mutima eri buli muntu yenna akkiriza okwetikka ekikoligo kye n'omugugu gwe. Kye yettanira ennyo, kwe kuwa eddembe n'okuwummula eri buli muntu yenna agenda gy'ali ng'ayagala emmere ey'obulamu. Kyokka eri ffe ayagala ekintu kimu kyokka, kwe kukkiriza okutambulira mu makubo g'atuwa aganatutuusa ku mikisa egyo waggulu abajeemu gye batayinza kutuukako. Essanyu ery'amazima mu bulamu bwaffe, kwe kubeera ne Kristo essuubi ery'okutibwa ng'abumbiddwa ddala mu mitima gyaffe mwennyini.

Bangi abeebuuza nti "Nnyinza ntya okweweerayo ddala eri Katonda?" Weetaaga okwewaayo gy'ali, naye mu mpisa z'obuzaaliranwa bwo oli munafu, obulamu obw'ekibi bukyakufuga, era n'olw'ekyo olina okubusabuusa. Okumalirira kwo n'okusuubiza kw'osuubiza biri nga omugwa ogw'ebyayi omuvundu. Toyinza
[51] kufuga birowoozo byo, wadde okuziyiza okwagala kwo. Bw'ojjukira bwe wakamenye okusuubiza emirundi n'emirundi n'obweyamo bw'otaatukiriza, ne binafuya omutima gwo, n'okuyinza n'otayinza kwerowooza nga oli mwesigwa; ekyo ne kikuleetera okulowooza nti Katonda takyayinza kukukkiriza; naye leka kuggwamu maanyi. Kye weetaaga okutegeera ge maanyi g'okwagala gennyini. Amaanyi ago bwe buyinza obufugira ddala mu buzaliranwa bw'omuntu, obuyinza obw'okumalirira, oba obw'okulonda. Kale okwagala okwo

bw'okukozesa obutuufu, buli kintu kyonna kigenda bulungi. Obuyinza obwo obw'okulonda, Katonda yabuwa omuntu; gwe mulimu gwe okubukozesa. Toyinza kukyusa mutima gwo, toyinza kuwaayo kwagala kwo gwe eri Katonda ku bubwo wekka; naye oyinza *Okulonda* okumuweereza. Oyinza okumuwa okwagala kwo; awo nno n'alyoka akola mu ggwe okwagala n'okukola nga okusiima kwe okulungi bwe kuli. Bwe butyo obuzaaliranwa bwo bwonna buleetebwa wansi w'okufuga kw'Omwoyo wa Kristo; okwagala kwo na kubeera mu ye, ebirowoozo byo ne bitabagana naye.

Okwetaaga obutukuvu n'obulungi kirungi ddala mu ngeri eyo; naye bw'okoma awo wokka, na kvo tekiriiko kye kikuyamba. Bangi abalizikirira songa beegomba era basuubira okuba Abakristayo. Nga tebatuuse ku kuweerayo ddala kwagala kwabwe eri Katonda. Nga *TEBALONZE* mu kiseera ekyo okuba Abakristayo.

Olw'okumanyiza okwagala kwo mu ngeri entuufu, obulamu bwo bwonna buyinza okukyusibwa. Olw'okuwaayo okwagala kwo eri Kristo, wegetta ku buyinza obusinga amasaza n'obwami bwonna. [52]
Ojja kufuna amaanyi agava mu ggulu gakuwanirire era gakunyweze, era olw'okujeemulukukira Katonda buli kaseera, ojja kuweebwa amaanyi aganakuyinzisa okuba n'obulamu obuggya, bwe bulamu obujjudde okukkiriza.

Tulina Mukwano gwaffe Tulina Mukwano gwaffe
  Yasooka okutwagala Yaf(a) okutulokola
Yatuwalula n'ekisa Olw'okufa kwe ku lwaffe
  Er(a) okwagala kwe okwo Ye yenna waffe ddala
N'olw'ekyo tumwagala Naffe tetuli ku bwaffe
  Tekugenda kuggwawo Ffe tuli babe yekka
Ffe babe era naye waffe Tuwaddeyo emyoyo gyaffe
  Mirembe n'emirembe Ffe babe ennaku zonna

  Tulina Mukwano gwaffe
Yaweebwa amaanyi gonna
  Ganatukulemberanga
Gatutuuse mu ggulu
  By'alituwa eby'omu ggulu
Bituzzaamu amaanyi
  Katulwane nnyo masajja

Tuliwummula gy'ali

[53]

Esuula 6—Okukkiriza n'Okukkirizibwa

OMWOYO Omutukuvu bw'amala okuzuukusa omutima gwo, oba ng'otegedde obubi bw'ekibi, n'amaanyi gaakyo, n'omusango gwakyo; era oba ng'otegedde nga bwe kireeta ennaku n'obuyinike; era oba ng'okikyaye era okitamiddwa nnyo. Omanya nga ekibi kye kikwawukanya okukuggya ku Katonda, era nga kikufudde omusibe waakyo. Gy'okoma okulwana nakyo, gy'okoma okuwulira nga tolina maanyi era toyinza kweyamba. Ebirowoozo byo byonna byononefu; omutima gwo si mulongofu. Olaba ng'omutima gwo gujjudde ekibi n'okweyagala. Kye wettanira kwe kusonyiyibwa, n'okulongosebwa, n'okuweebwa eddembe. Otabagane ne Katonda, azzibwe mu kifaananyi kye. Kale oyinza kukola ki okukifuna? Ekikulu kye wetaaga mu bulamu bwo ly'e ddembe: okusonyiyibwa, n'emirembe, n'okwagala ebiva eri Katonda. Toyinza kubigula na nsimbi newakubadde nga olina nnyingi zitya, amagezi tegayinza kubikutuusaako, tebifunibwa lwa bukalabakalaba; tosubira nti ogenda okubitukako olw'okufuba kwo ggwe; n'akatono. Naye Katonda abikuwa nga kirabo bulabo, awatali muwendo. Is. 55:1. Bibyo abikuwadde, bw'onoogolola kyokka obugolozi omukono [54] gwo n'obikwata. Mukama agamba nti "Ebibi byamwe newebiba ng'olugoye olumyufu, binaaba byeru ng'omuzira; newabitwakaala ng'ebendera, binaaba ng'ebyoya by'endiga." Is. 1:18. "Era ndibawa omutima omugya, nenteeka omwoyo omugya munda yamwe." Ez. 36:26.

Omaze okwatula ebibi byo, n'okubisiibula mu mutima gwo. Omaliridde okwewaayo eri Katonda? Kaleno genda gy'ali omusabe okukunaazako ebibi byo n'okukuwa omutima omuggya. Kale kkiririza ddala nti ebyo by'omusabye abikoze Kubanga Yasuubiza. Kino kye kintu Yesu kye yayigiriza bwe yali ng'akyali ku nsi kuno, nti ekirabo Katonda kyatusuubiza, tuteekwa okukkiriza nti tukifunye, era olukkiriza nga tukifuna. Yesu yawonyanga abantu endwadde zaabwe kasita bakkirizanga obuvinza bwe; yabayambiranga mu bintu bye bayinza okulaba, alyoke ayimuse emitima gyabwe

okumwesiga mu bintu byebatalaba, ng'abayamba bakkirize obuyinza bwe bw'alina okusonyiwa ebibi. Kino yakyogerera ddala lwatu bwe yawonya omusajja akozimbye: *"Naye mutegeere nga Omwana w'omuntu alina obuyinza ku nsi okuggyako ebibi"* (n'agamba oyo akozimbye nti) Imirira ositule ekitanda kyo, oddeyo mu nyumba yo." Mat. 9:6. Bw'atyo Yokana omuwandiisi w'enjiri ng'ayogera ku bubonero Yesu bwe yakola agamba nti "Buno bwawandiikibwa, mulyoke mukkirize nti Yesu ye Kristo, Omwana wa Katonda; era bwemukkiriza mube n'obulamu mu linya lye." Yok. 20:31.

Okuva mu ngeri eyo ennyangu etulagibwa mu Baibuli nga
[55] Yesu Yawonyanga abantu endwadde zaabwe, tuyinza okuyiga okumukkiriza olw'okusonyiyibwa ebibi. Nate katubikkule mu Yokana essuula ey'okutano, ku bigambo by'omulwadde eyali yakamaze emyaka amakumi asatu mu omunana ng'agongobadde; oli eyali ku kidiba ekiyitibwa Besesuda. Sempala yali awo ng'alumwa takyayinza kweyamba; emyaka egyo gyonna asatu mu omunana nga takozesa bitundu bya mubiri gwe. Naye laba Yesu bw'amugamba nti "Golokoka, wettikke ekitanda kyo otambule." Yok. 9:8. Omulwadde oyo yandiyinzizza okugamba nti "Mukama wange, bw'onomponya, naagondera ekigakyombo kyo." Naye si bwe yakola, yakkiriza ekigambo kya Yesu, yakkiriza nti awonyezebbwa, amangu ago n'agezako; Yayagala okutambula, era yatambula. Yakolera ku kigambo kya Kristo, awo nno Katonda n'alyoka aleeta amaanyi. Bw'atyo n'awonyezebwa.

Era mu ngeri y'emu, ggwe oli mwonoonyi. Toyinza kutangirira bibi byo eby'edda, toyinza kukyusa mutima gwo, okwefuula omutukuvu. Naye mu Yesu Katonda asuubiza okukukolera bino byonna. Ggwe Kkiriza okusuubiza okwo. Yatula ebibi bvo, weweeyo eri Katonda. Ggwe Yagala okumusinza. Ddala olukola bw'otyo, amangu ago ye ajja kutuukiriza ekigambo kye eri ggwe. Kasita okkiriza okusuubiza kwe, n'okkiriza nti osonyiyiddwa, era olongosebbwa, ye Katonda ng'atuukiriza; owonyezebwa, mu ngeri y'emu nga Kristo bwe yawa omulwadde omugongobavu amaanyi okutambula kasita omusajja yakkiriza nti awonye. Era bwe *Kiri* bwe kityo kasita okki-
[56] riza.

Tolindirira kumala *Kuwulira* ng'owonyezebbwa, naye gamba nti "Nzikirizza, bwe Kiri ddala, si lwa kubanga nkuwulira, naye kubanga Katonda (atayinza kulimba) yakusuubiza." Yesu yagamba

nti "Ebigambo byonna byonna bye munasabanga n'okwegayirira, mukkirize nga mubiwereddwa, era mulibifuna." Ate okusuubiza kuno kuliko engeri mwe kutuweerwa, y'eno nti tusaba ekintu nga Katonda bw'ayagala. Naye Katonda ayagala nnyo okutulongosa okutuggya mu kibi, n'okutufula abaana be, n'okutuyinzisa okuba n'obulamu obutukuvu. Bwe tutyo tuyinza okusaba Katonda emikisa egyo, n'okukkiriza nti tugifunye, era n'okwebaza Katonda *Olw'okugituwa.* Tulina eddembe okugenda eri Yesu okunaazibwa, n'okuyimirira nga tetulina nsonyi newakubadde okutya eri amateeka. "Kale kakano tebaliko musango abali mu Kristo Yesu, abatatambula kugoberera mubiri, wabula Omwoyo." Bal. 8:1.

Kale okuva olwo nga tokyali ku bubwo ggwe; oguliddwa na muwendo. "Temwanunulibwa na bintu ebiggwawo, feza oba zabu, ... wabula n'omusayi ogw'omuwendo omungi, ng'ogw'omwana gw'endiga ogutaliiko bulema newakubadde ebbala, ye Kristo." 1 Pet. 1:8. Omwoyo Omutukuvu azaala mu mutima gwo obulamu obuggya, ng'ayita mu kikolwa ekyo ekyangu eky'okukkiriza Katonda. Kakano ng'oli mwana azaaliddwa mu lulyo lwa Katonda, era ng'akwaagala nga bw'ayagala omwana we.

Kale nno bw'omala okwewaayo bw'otyo eri Kristo, todda [57]
nnyuma, teweggya mu mikono gye, naye buli kaseera gambanga nti "Ndi wa Kristo; namala okwewayo gy'ali;" era musabe okukuwa Omwoyo we, n'okukuuma n'ekisa kye. Nga bw'ofuka omwana wa Katonda olw'okwewaayo gy'ali era n'okumukkiriza, era bw'otyo oteekwa okubeera mu ye buli kaseera mu ngeri eyo ey'okukkiriza n'okwewayo. Omutume atugamba nti "Kale nga bwemwawebwa Kristo Yesu Mukama (wafe), mutambulirenga bwemutyo muye." Bak. 2:6.

Abamu balowooza nti bwe bamala okukkiriza Kristo, Katonda yeetaaga okugira ng'akyabakebera okulaba obanga batandise okutambulira mu bulamu obulungi, awo nno balyoke bayinze okusaba emikisa Katonda gye yasuubiza abaana be. Naye si bwe kiri; emikisa gya Katonda bayinza okugisabira ne mu kiseera eky'okukkiriza kwabwe nga bakasooka. Kibasaanira okufuna ekisa, era n'Omwoyo wa Kristo okubabeera mu bunafu bwabwe; kuba bwe kitaba bwe kityo tebayinza kuziyiza Setani. Yesu ayagala tugende gy'ali nga bwe tuli, n'ebibi byaffe, n'obunafu bwaffe, nga twesiga ye yekka. Tuyinza okugenda n'obunafu bwaffe, n'ebibi byaffe, ne tuvuunama

awali ebigere bye nga tuboneredde nnyo. Kye kitibwa kye okutuwambatira mu kifuba kye n'okwagala, n'atusiba ebiwundu byaffe, n'atunaazaako ebibi byonna.

Wano abantu enkumi n'enkumi we balemerwa: ye muntu obutakkiriza Katonda amusonyiyidde ddala. Tebakkiriza Katonda ng'ekigambo kye bwe kiri. Gwe mukisa gwa buli muntu yenna
[58] atukiriza amadaala ago agoogeddwako, okwetegerera ddala nti asonyiyiddwa buli kibi kyonna kye yakola. Gya mu mutima gwo ekirowoozo ekyo ekigamba nti Katonda bye yasuubiza tebikwata ku ggwe. Bya buli mwonoonyi yenna eyeenenya. Amaanyi era n'ekisa byatekebwatekebwa olwa buli muntu yenna akkiriza, bya kumuleeterwa malayika omuwereza nga biyita mu Kristo. Tewali mwonoonyi kayingo n'omu, atayinza kufuna maanyi, na bulongofu, na butukuvu mu Yesu eyamufiira. Alindiridde buli mwonoonyi yenna okumuggyako ekyambalo kye ekivulubanye era ekyonoonese n'ekibi, n'okumwambaza ekyambalo ekyeru eky'obutuukirivu; amulagira abeere omulamu, aleme okufa.

Katonda tatukola ng'abantu obuntu bwe bakola bantu bannaabwe. Ebirowoozo bye bye birowoozo eby'ekisa, n'okwagala, n'okusaasira okusukkirivu.

N'olw'ekyo kyava atugamba nti "Omubi aleke ekkubo lye, n'omuntu atali mutuukirivu aleke ebirowoozo bye: era akomewo eri Mukama, naye anamusaasira; adde eri Katonda waffe, kubanga anasonyiyira ddala nnyo." Is. 55:7. "Nsangudde ebyonono byo ng'ekire ekiziivu, nebibibyo ng'ekire." Is. 44:22. "Sirina ssanyu lye nsanyukira okufa kw'oyo afa, bwayogera Mukama Katonda: kale mwekyuse mube abalamu" Ez. 18:32. Setani yetesetese okutubbako okusuubiza kwa Katonda kuno okulungi. Kye yetaaga kwe kuggyawo buli ssuubi n'omusana oguli mu myoyo gyaffe; naye ggwe tomukkiriza. Tomutegera matu, sso tossayo mwoyo eri ebikemo byo: naye gamba nti "Yesu yafa nze ndyoke mbeere
[59] omulamu. Anjagala, era tayagala nzikirire ow'omu ggulu ow'ekisa; newakubadde nga nanyoma okwagala kwe, ne nnyonoona n'emikisa gye yampa, nagolokoka ne ng'enda eri kitange, ne mugamba nti "Kitange, nyonoonye eri eggulu ne mu maaso go; sikyasaana kuyitibwa mwanawo; nfuula ng'omu ku baweereza bo ab'empeera." Olugero olwo lwe tusoma mu Luka essuula ey'ekkumi n'etano lukutegeeza omwonoonyi nga bw'anasembezebwa; "Yali ngakyali wala, kitaawe

n'amulengera, n'amusaasira n'adduka mbiro, namugwa mu kifuba, n'amunywegera nnyo." Luka 15:18-20.

Naye newakubadde ng'ebigambo by'olugero luno birungi era bisanyusa omutima, naye tebimala okunnyonnyolera ddala okusaasira kwa Kitaffe ow'omu ggulu okw'ekitalo. Mukama ayogera mu nabbi we nti "Nkwagadde n'okwagala okutaliggawo: kyenvudde nkuwalula n'ekisa." Yer. 33:3. Omubi bw'aba ng'akyali wala n'ennyumba ya Kitaawe, ng'ayonoonera eyo ebintu bye mu nsi endala, era omutima gwa Kitaawe guba gukyamuyaayanira; era buli lw'owulira omutima gwo nga gulina ekirowoozo ekyagala okudda eri Katonda, Omwoyo we y'aba akwegayirira ng'akusendasenda, era ng'akuwalula okudda eri Kitaawo ow'okwagala.

Abaffe, nga bw'olina okusuubiza kwa Kitaawo owo mu ggulu kwe yakuwa okuli mu Kigambo kye Ekitukuvu, era okubusabuusa kukyayinza okufuna ekifo mu mutima gwo? Okyayinza okukkiriza nti omwonoonyi bw'aba ng'ayagala okuleka ebibi bye n'okudda eri Katonda, Mukama ayinza oku- mugoba oyo azze gy'ali mu [60]
kwenenya? Kikafuuwe! Tewali kireeta kabi ku bulamu bwo ng'okukkiriza ekirowoozo ekyo ku kitaffe ow'omu ggulu. Wewaawo Katonda akyawa ekibi, naye ayagala omwonoonyi, era yeewerayo mu Kristo, buli mwonoonyi yenna ayagala, alokolebwe, era afune emikisa egitaggwawo mu bwakabaka obw'ekitibwa. Kale bigambo ki ebirungi era eby'ekisa bye yandiyinzizza okukozesa okutulaga okwagala kwe kw'alina gye tuli, okusinga ebyo bye yalonda? Kubanga agamba nti "Omukazi ayinza okwerabira omwana we ayonka, obutasaasira mwana wa nda ye? wewawo, abo bayinza okwerabira, era sikwerabirenga ggwe." Is. 49:15.

Kale ggwe abusabuusa, akankana, tunula waggulu; kubanga Yesu gyali mulamu, era atuwolereza. Webaze Katonda olw'ekirabo ekyo eky'Omwana we omwagalwa, era saba okufa kwe kuleme okuba okw'obwerere eri ggwe. Omwoyo Omutukuvu akuyita kakati. Jjira ddala n'omutima gwo gwonna eri Yesu, era saba emikisa gye yakusuubiza.

Buli lw'osoma okusuubiza kwa Kitaawo kwe yakuweera mu Baibuli, jjukira nti kuviira ddala ku mutima ogujudde okwagala n'okusaasira okutayogerekeka Omutima gw'oyo ajjudde okwagala ffe." Bef. 1:7. Wewaawo, ggwe kkiriza bukkiriza nti Katonda ye mubeezi wo. Ye ky'ayagala kwe kuzza ekifaananyi ky'empisa ze

mu muntu. Kasita onomusemberera nga wenenya ng'oyatula ebibi
[61] byo, naye ajja kukusemberera n'ekisa n'okusonyiwa.

Esuula 7—Ekipimo ky'Obuyigirizwa

OMUNTU yenna bw'aba mu Kristo ky'ava abeera ekitonde ekiggya: eby'edda nga biweddewo; laba, nga bifuuse biggya." 2 Kol. 5:17.

Omuntu ayinza okuba nga tasobola kutegeeza kiseera kyennyini we yakyukirira Katonda okuva mu bibi bye, ayinza okuba nga tayinza kulaga kifo ki ddala mwe yakyukira; ayinza okulemwa okwogera oba okunnyonnyola ebyamubaako byonna mu kukyuka kwe; naye ekyo si kye kiraga nti simukyufu. Kristo yagamba Nikodemo nti "Empewo ekuntira gy'eyagala, n'owulira okuwuuma kwayo naye tomanyi gy'eva, newakubadde gy'egenda: bwatyo bw'abeera buli muntu yenna azaalibwa Omwoyo." Yok. 3:8.

Bino bitulaga nti omulimu ogukolebwa Omwoyo wa Katonda mu mutima gw'omuntu, gufaanana nga ogw'empewo; yo yennyini terabika, naye okukola kwayo kuwulirwa era kulabika. Amaanyi ago agatonda abuggya, agatalabika na maaso gaffe ag'obuntu, gazaala obulamu obuggya mu muntu, gatonda mu muntu ekitonde ekiggya ekitondebwa mu kifaananyi kya Katonda. Newakubadde [62] ng'omulimu gw'Omwoyo Omutukuvu agukola kasirise, era nga tegulabika na maaso gaffe, naye ebibala byagwo byeraga. Omutima gw'omuntu bwe gumala okufuulibwa omuggya olw'omwoyo wa Katonda, obulamu bwe bulaga ekintu ekyo. Newakubadde nga tetuliiko kye tuyinza kukola emitima gyaffe, oba okwetabaganya ne Katonda; newankubadde nga tekitusaanira n'akatono okwesiga obulungi bwaffe, oba wadde ebikolwa byaffe ebirungi, naye obulamu bwaffe buyinza okwoleka mu ffe nga mulimu ekisa kya Katonda. Obukyufu buyinza okulabikira mu bikolwa, mu mpisa, ne mu birowoozo. Enjawulo erabika mangu mu kugerageranya obulamu bw'omuntu oyo obw'edda nrobwo bw'alimu. Kino kyeragira mangu mu mpisa ze, si mu bintu by'akola olusi n'oluusi ebibi oba ebirungi, wabula mu mwoyo gw'alaga mu njogera ne mu bikolwa bye ebya bulijjo.

Kya mazima wayinza okubawo omuntu agezako okulongosa empisa ze awatali kukola kwa maanyi ga Kristo. Olusi okwagala okusiimibwa n'okuyitibwa omuntu mulamu kukubiriza omuntu okulongosa obulamu bwe. Obutayagala kwenyomesa kuyinza okutwewazisa ebintu ebibi. Omuntu eyeeyagala yekka ayinza okukola ebikolwa ebirungi. Kale tutegeerera ku ki oluuyi lwe tuliko?

Omutima guli ku ani? Ebirowoozo byaffe biri ku ani? Tusinga kwagala kunyumya ku ani, Okwegomba kwaffe kwonna n'amaanyi gaffe biri ku ani; Obanga tuli ba Kristo, ebirowoozo byaffe bibeera
[63] ku ye, omutima gwaffe gwonna guba kw'o- yo. Tweweerayo ddala gy'ali ne byonna bye tulina. Twettanira nnyo okutwala ekifaananyi kye, okufuna Omwoyo gwe, okukola by'ayagala, n'okumusanyusa mu byonna.

Abo abafuuka ekitonde ekiggya mu Kristo babala ebibala by'Omwoyo: "Okwagala, okusanyuka, emirembe, okugumikiriza, ekisa, obulungi okukkiriza, obuwombefu, okwegendereza." Bag. 5:22, 23.

Baba nga tebakyefaananya nga okwegomba okw'oluberyeberye, naye olw'okukkiriza Omwana wa Katonda, bagoberera ebigere bye, balaga empisa ze, era beetukuza era nga ye bw'ali omutukuvu. Ebintu edda bye baakyawanga, nga bye baagala; ate bye baayagalanga, nga bye bakyawa. Omuntu eyalina amalala n'okwenyumiriza, ng'afuuse omuwombefu era omutefu. Abadde omwewulize, ng'afuuse omwetoowaze. Eyali lujuuju, leero nga takyayagala gumuwunyire; aw'empisa embi, ng'alongose. Kristo tanoonya buyonjo "bwa kungulu " wabula "omuntu ow'omwoyo atalabika, mu (kyambalo) ekitayononeka, gwe mwoyo omuwembefu omuteefu." 1 Pet. 3:3,4.

Okwenenya okw'amazima tekulema kuleeta bulamu buggya. Omwonoonyi bw'azza omusingo n'akomyawo ekyo kye yanyaga, n'ayatula ebibi bye, n'ayagala Katonda ne bantu banne, awo nno ategeerere ddala ng'avudde mu kufa okutuuka

Ffe abonoonyi era abagwa bulijjo, kasita tugemu bulamu.

nda eri Kristo, ne tuweebwa ekisa kye ekisonyiwa; awo okwa-
[64] gala ne kusituka mu mitima gyaffe. Buli mugugu ne gwanguwa; kubanga ekikoligo Kristo ky'atussako si kizito. Omulimu gufuuka ssanyu, okweganyisa ne kufuuka okwesiima. Ekkubo eryalabikanga

ng'eryetoloddwa ekizikiza, ne limasamasa olw'omusana oguva ku Njuba ey'Obutuukirivu.

Obulungi bw'empisa za Kristo bwa kulabika mu bagoberezi be. Essanyu lye lyali okukola Katonda by'ayagala. Okwagala Katonda n'okunyikirira buli ekigulumiza erinnya lye, obwo bwe bwali obuyinza obwafuganga obulamu bw'Omulokozi waffe. Okwagala kwalongosa ebikolwa bye byonna era ne kubiwoomya. Okwagala kuva eri Katonda. Tekuyinza kusinziira oba okusibuka mu mutima ogutaweereddwayo eri ye omutima ogufugibwa Kristo gwokka mwe kubeera. "Fe twagala, kubanga ye yasooka okutwagala ffe." I Yok. 4:19. Mu mutima ogumaze okufuulibwa omuggya olw'ekisa kya Katonda, okwagala y'ebeera ensibuko y'ebikolwa. Kukyusa empisa, kufuga okufumitiriza, kulung'amya ebirowoozo, kuggyawo obulabe, era kulongosa omutima. Okwagala kuno bwe kubeera mu mutima gw'omuntu, kulongosa obulamu bwe era kuwa eky'okulabirako ekirungi eri abamwetoolodde bonna.

Waliwo ensobi bbiri abaana ba Katonda ze bagwanira okwekuuma ennyo; n'okusingira ddala abo abakajja batandike okwesiga ekisa kya Katonda. Eky'oluberyeberye, ky'ekyo kye tumaze okwogerako, eky'okwesiga ebikolwa byabwe, nga batunuulira ekyo kye bayinza okukola nti kiyinza okubatabaganya ne Katonda. Oyo agezaako okufu- uka omutukuvu olw'ebikolwa bye eby'okukuuma [65] amateeka, oyo aba ng'agezaako ekitayinzika. Ekintu kyonna omuntu ky'akola, awatali Kristo, kifafaagana olw'okwerowozako era n'ekibi. Olw'okukkiriza, ekisa kya Kristo kyokka kye kiyinza okutufuula abatukuvu.

Ate eky'okubiri ekyolekana na kiri, so era nakyo nga kya kabi nnyo, kye kino: omuntu okulowooza nti okukkiriza Kristo kuggyako omuntu okukuuma amateeka ga Katonda; (ekitayinzika). Bagamba nti olw'okubanga tuweebwa ekisa kya Kristo lwa kukkiriza kwokka, ebikolwa byaffe tebirina kafo konna ku bulokozi bwaffe.

Naye weetegereze kino nti obuwulize si bye bikolwa obukolwa eby'okungulu eby'okukwata amateeka, wabula kwe kuweereza okw'okwagala. Amateeka ga Katonda ge gattegeeza obuzaliranwa bwe bwennyini; mwe muli emisingi emikulu egy'okwagala, era kyegabeeredde emisingi gy'obufuzi bwe mu ggulu ne mu nsi. Emitima gyaffe bwe gizzibwa mu kifaananyi kya Katonda, okwagala kwa Katonda bwe kusigibwa mu mitima gyaffe, amateeka ga

Katonda tegalema kweragira mu bulamu bwaffe. Emisingi egyo egy'okwagala bwe gisigibwa mu mutima, omuntu ng'azzibwa mu kifaananyi ky'oyo eyamutonda, okusuubiza kw'endagaano empya kutuukirizibwa, Katonda kwe yasuubiza nti "Nditeeka amateeka gange ku mutima gwabwe, era ne ku magezi gaabwe ndigawandiika." Beb. 10:16. Kale amateeka bwe gamala okuwandiikibwa ku mutima tegakola mu bulamu bwonna? Obuwulize (kwe kuw-
[66] ereza okw'okwagala) ke kabonero k'obuyigirizwa ak'amazima. Era n'Ekyawandiikibwa bwe kityo bwe kigamba nti "Kuno kwe kwagala kwa Katonda ffe okukwatanga ebiragiro bye." "Ayogera nti Mutegedde, natakwata biragiro bye, ye mulimba, n'amazima tegali mwoyo." I Yok. 5:3;2:4. Okukkiriza okwo okutuweesa ekisa kya Kristo, mu kifo ky'okutuggya mu kugondera Katonda, kututuusa butuusa ku kumugondera; era kwe kwokka okutuyinzisa okugondera Katonda. Atakkiriza tayinza kumugondera.

Naye obuwulize bwaffe obwo, si gwe mulimu gwe tukola ng'okupakasa tulyoke tuweebwe obulokozi, nedda, ekirowoozo ekyo kiddire eri; obulokozi kirabo bulabo Katonda olw'ekisa kye kyatuwa obuwa era ekirabo ekyo kifunibwa lwa kukkiriza. Naye obuwulize kye kibala ky'okukkiriza "Mumanyi ng'oyo yalabisibwa era aggyewo ebibi; ne muye temuli kibi. Buli muntu yenna abeera muye takola kibi: buli muntu yenna akola ekibi nga tamulabangako, so tamutegeera." I Yok. 3:5, 6. Wano we wali ekipimo eky'amazima. Obanga tuli mu Kristo, obanga okwagala kwa Katonda kutuula mu ffe, kale okutegeera kwaffe, n'okulowooza, n'okukola, tebirema kutabagana na kwagala kwa Katonda nga bwe kulagibwa mu biragiro bye ebitukuvu. "Abaana abato, omuntu yenna tabakyamyanga; akola obutukirivu ye mutukirivu nga ye bwali omutuukirivu." I Yok. 3:7. Obutuukirivu bulagibwa mu mateeka ga Katonda amatukuvu ekkumi agaaweerwa ku Sinai.

[67] Ekyo ekiyitibwa okukkiriza Kristo, naye nga kiggyako abantu okugondera Katonda; ekyo si kwe kukkiriza, wabula kwe kwegamba obwegambi. "Mwalokoka lwa kisa lwa kukkiriza." Naye "okukkiriza bwekutabako bikolwa, kwokka nga kufudde." Bef. 2:8; Yak. 2:17. Yesu bwe yali tanaba kujja ku nsi kuno yeeyogerako nti "Nsanyuka okukola by'oyagala, ayi Katonda wange; wewaawo, amateeka go gali mu mutima gwange munda." Zab. 40:8. Era ng'ali kumpi ddala n'okuddayo mu ggulu, yagamba nti "Nakwata ebiragiro bya

kitange, nembera mu kwagala kwe." Yok. 15:10. Era Ekyawandiikibwa kigamba nti "Ku kino kwetutegeerera nga tumutegedde, kubanga tukwata ebiragiro bye. Ayogera nti 'Mutegedde, natakwata biragiro bye, ye mulimba, n'amazima tegali mwoyo; naye buli akwata ekigambo kye, mazima okwagala kwa Katonda nga kumaze okutukirira mwoyo. . . . Ayogera ng'abera mu ye kimugwanira naye yennyini okutambulanga era ng'oyo bwe yatambula." Yok. 2:3-6. "Kubanga era Kristo yabonyabonyezebwa kulwammwe, ng'abalekera ekyokulabirako, mulyoke mugobererenga ebigere bye." I Pet. 2:21.

Engeri ey'okufuna obulamu obutaggwawo, ne kakano eri nga bwe yali okuva oluberyeberye (nga bwe yali mu Addeni bajajja baffe nga tebannayonoona), kwe kugondera ekiragiro kya Katonda mu butuufu, obutuukirivu obujjulidde ddala. Singa obulamu obutagwawo nga bwa kutuweebwa mu ngeri ndala, awatali kufaayo ku kino eky'okugondera amateeka ga Katonda, kwe kugamba nti obwakabaka bwa Katonda bwandibadde bwa ka- bi. Ekkubo [68]
lyandibadde ligguddwawo ekibi okuyingiramu, awamu n'ennaku n'okulumwa kwayingiramu, awamu n'ennaku n'okulumwa kwakyo okutagambika, bibeere omwo emirembe n'emirembe. Adamu bwe yali tanaba kwonoona, kyali kiyinzika gy'ali okwemanyiza empisa ez'obutuukirivu olw'okugondera amateeka ga Katonda. Naye yalemwa, kale olw'ekibi kye ekyo, kakano obuzaaliranwa bwaffe bwafuuka obunafu, tetusobola kwefuula batuukirivu ku bwaffe ffeka. Olw'okuba nga tuli bonoonyi era ababi ddala, tetuyinza kukuuma mateeka matukuvu nga bwe kyetaagibwa. Ffe ku bwaffe tetulina butukurivu ng'amateeka ga Katonda bwe geetaaga. Naye Kristo yatukubira ekkubo ery'okuwoneramu. Yabeera mu nsi eno ejjudde ebikemo n'obuzibu nga ffe bennyini bwe tuli. Naye mu bulamu bwe teyakola kabi konna. Yafa ku lwaffe, kakano ye saddaka olw'ebibi byaffe, era atuwa obutuukirivu bwe. Bwe weewaayo gy'ali, n'omukkiriza nga ye Mulokozi wo, kale newakubadde nga oli mwonoonyi kayingo, naye olw'erinnya lye ojja kukkirizibwa ng'oli mutuukirivu. Empisa za Kristo zinaabeera mu kifo ky'empisa zo, olyoke okirizibwe mu maaso ga Katonda ng'atayonoonangako n'akatono!

Kristo taggyawo bibi byaffe kyokka, era naye akyusa n'emitima gyaffe. Atuula mu mutima gwo olw'okukkiriza. Okwegatta ne

Kristo kuno oli wa kukufuna lwa kukkiriza n'okumujemululira okwagala kwo buli kaseera; gwe bw'oba ng'okola bw'otyo, ye ajja kukolera mu ggwe okwagala n'okukola ng'okusiima kwe okulungi
[69] bwe kuli. Awo w'o- yinziza okwogera nti "Obulamu bwe nina kakano mu mubiri, mbulina lwa kukkiriza Omwana wa Katonda eyanjagala ne yewaayo ku lwange." Bag. 2:20. Bw'atyo Kristo bwe yagamba abayigirizwa be nti "Si mmwe mwogera, wabula Omvvoyo gwa Kitammwe y'ayogerera mu mmwe." Mat. 10:20. Kale Kristo ng'ali mu ggwe, oli wakulaga Omwoyo gwe gumu nga ogugwe n'ebikolwa byo birifaanana nga ebibye, eby'obutukirivu, obuwulize.

Bwe kityo mu ffe temuli kitwenyumilizisa. Tetulina kintu kye tuyimako kwegulumiza. Ekintu omuli essuubi lyaffe kiri kimu kyokka, kwe kubalirwa obutukirivu bwa Kristo, era n'ebyo Omwoyo we by'akolera mu ffe.

Nga twogera okukkiriza, waliwo ekintu ekisaanidde okulowoozebwako. Waliwo engeri ey'enzikiriza (oba ekintu ekiyitibwa enzikiriza) eyo ya njawulo ddala n'okukkiriza okwogerwako mu Kigambo kya Katonda. Okubeerawo kwa Katonda era n'obuyinza bwe, amazima g'ekigambo kye, ebyo bye bintu newakubadde Setani n'eggye lye bye batayinza kwegaana mu mitima n'akatono. Baibuli egamba nti "Basetani bakkiriza ne bakankana." Yak. 2:19, naye kuno si kwe kukiriza. Okukkiriza, si kwe kukkiriza obukkiriza Ekigambo kya Katonda, naye kwe kumujeemululira ddala omutima gwonna; era omutima bwe gumala okuweebwayo gy'ali gwonna, n'okwagala kwo kwonna kubeera ku ye; okwo kwe kukkiriza, okukkiriza okukola olw'okwagala, (Laba Bag. 5:6; I Kol. 7:19) era okutukuza obulamu bw'omuntu. Okukiriza okw'engeri nga
[70] eno, omutima mwe guyita okuzzibwa obuggya mu kifaananyi kya Katonda. Era omutima mu ngeri yaagwo nga tegunnaba kuzzibwa bugya, ogwali tegufugibwa mateeka ga Katonda, era nga n'okuyinza tegugayinza, kakano nga gugasanyukira, nga guyinza okwogerera wamu n'Omuwandiisi wa Zabuli nti "Amateeka go nga ngaagala! Ago ge nfumitiriza okuzibya obudde." Zab. 119:97. Kale obutukirivu bw'amateeka ne butuukirizibwa mu ffe, abatatambula kugoberera mubiri, wabula Omwoyo." Bal. 8:4'.

Waliwo abo abaamala okutegeera ekisa kya Kristo ekisonyiwa, nga betaagira ddala okufuuka abaana ba Katonda naye nga bwe batunuulira empisa zaabwe balaba nga si nongoofu, ng'obulamu

bwabwe bujjudde ensobi, abo baba bangu okubusabuusa emitima gyabwe, obanga Omwoyo Omutukuvu yagirongoosa nantiki. Abali ng'abo mbagamba nti temudda nnyuma essuubi likyaliwo. Bulijjo tuli bakufukamiranga ku bigere bya Yesu olw'okulemwa kwaffe n'olw'ensobi zaffe; naye tetuli bakuggwamu maanyi. Gamba oluusi ne bwe tunaawangulwanga omulabe, tetuli bakugoberwa ddala mu maaso ga Katonda, si wa kutuleka wadde okutugoba. N'akatono. Kristo akyali ku mukono ogwaddyo ogwa Katonda, ng'akyali Muwolereza waffe. Omwagalwa Yokana yagamba nti "Mbawandiikidde ebyo mulemenga okukola ekibi. Era omuntu yenna bw'akola ekibi, tulina Omuwolereza eri Kitaffe, Yesu Kristo omutukirivu." I Yok. 2:1. Temwerabira bigambo bva Yesu bye yatugamba nti "Kitange yenyini abaagala." Yok. 16:27. Yegomba okubazza gy'ali, okulaba obulu- ngi bwe n'obutukuvu bwe ye nga bulabikira mu mmwe. Ka- [71]
sita onoomujeemulukukira obujeemulukusi kyokka, oyo eyatandika omulimu omulungi mu ggwe ajja kugenda ng'agwongerayongera okutuusa ku lunaku lwa Yesu Kristo. Sabanga obutakowa; weeyongere okumwesigiranga ddala. Bwe tulaba nga tetulina maanyi mu ffe ge twesiga, ka twesige amaanyi g'Omununuzi waffe, era tulimutendereza oyo obulamu bw'amaaso gaffe.

Gy'okoma okusemberera Yesu, era gy'okoma okweraba mu maaso go ggwe nga oli mwonoonyi nnyo; kubanga olwo omutima gwo gweyongera okulaba obulungi, era olw'okulaba obulungi bwe, obutali butukirivu bwo ggwe ne bweyongera okulabika ennyo. Buno bwe bukakafu obulaga nti ekizikiza kya Setani kikubikkuseko; era nti omusana gw'omwoyo wa Katonda gwaka mu mutima gwo okukuzukusa.

Omutima gw'omuntu yenna bwe gujjula okwagala Yesu, omuntu oyo talema kweraba nga mwonoonefu nnyo. Obulamu bw'omuntu bwe bumala okukyusibwa olw'ekisa kya Kristo, omuntu oyo talema kwetegereza mpisa za Kristo, entukuvu; naye bwe tulema okwetegeera obwonoonefu bw'empisa zaffe, ekyo kye kiragira ddala nti tetunaba kulaba n'akatono obutukuvu n'obulungi bw'empisa za Kristo obw'ekitalo.

Gye tukoma okweraba nga tetulimu ka buntu, era gye tukoma okwenyumiriza mu bulungi obw'ekitalo n'okwagala kw'Omulokozi waffe. Okutegeera obubi bwaffe kwe kutusindika eri Oyo ayinza okusonyiwa; kale omuntu bw'agenda eri Kristo, ng'alumwa era [72]

nga yeetaaga okuyambibwa, ne Yesu bw'atyo amwebikkulira mu buyinza bwe obulokola. Okwetaaga kwaffe gye kukoma okututwala gy'ali n'eri Ekigambo kye, era gye tukoma okwetegerereza ddala empisa ze, gye tukoma n'okulagira ddala ekifaananyi kye mu bulamu bwaffe.

Ayi Mukam(a) asanyusa ememe yange
Ambeera mu kabi konna
Ansanyusa emisana n'ekiro
Ggwe Yesu obulamu bwange

Ayi Yesu(e) ddoboozi lyo nga ndyagala nnyo
Ne bwe mba mu buyinike
Emiti gikussaamu ekitibwa
Ggwe osanyusa ebbanga lyonna

Emimwa gyo ze nsulo ez'obutuukirivu
Emikisa gyo mwe giva
Bwe bulokozi eri ensi zonna
Essanyu mu mawanga gonna

Bamalayika basanyukira amaaso go
Bonna bakulindirira
Ebigambo byo bya mirembe gyonna
Bonna balikutendereza

[73]

Esuula 8—Okukulira mu Kristo

OKUKYUKA kw'omutima okutufuula abaana ba Katonda, mu Baibuli kuyitibwa okuzaalibwa. Era nate kugerageranyizibwa n'ensigo ennungi omulimi z'asiga. Kale bwekityo abo abaakajja bakyukire Kristo bayitibwa "abaana abawere." I Pet. 2:2, era nti bagenda kukula (Bef. 4:15) okutuuka mu kigera ky'abasajja n'abakazi abakulu mu Kristo Yesu. Oba ng'ensigo ennungi, bagenda kukula babale ebibala. Isaya agamba nti "Balyoke bayitibwe miti gya butuukirivu, Mukama gy'asimba, alyoke awebwe ekitibwa ye." Is. 61:3. Bwe kityo tufuna ekifaananyi okuva ku bintu eby'obuwangwa, ekituyamba okutegeera obulungi amazima ag'ekyama eky'obulamu obw'omwoyo.

Tewali magezi ga muntu newakubadde obukalabakalaba obuyinza okuteeka obulamu mu bintu ebyo eby'obuwangwa, newankubadde akatono kokka. Obulamu obwo Katonda bw'ateeka mu kimera oba mu nsolo bwe bwokka obuyinza okukibeesawo nga kiramu. Bwe kityo, n'obulamu obw'omwoyo obuzaalibwa mu mutima gw'omuntu buva eri Katonda yekka. Omuntu bw'atazalibwa [74]
mu kuzaalibwa okwo okuva mu ggulu kwe tusoma mu Yok. 3:3, 5 tayinza kufuna bulamu obwo Kristo bwe yajja okutuwa.

Obulamu nga bwe buli, n'okukula bwe kutyo bwe kuli. Katonda yekka y'awa ekimera okutojjera n'okumulisa n'okubala ekibala. Ensigo yonna ekula lwa buyinza bwe, "Okusooka kalagala, ate 'ngano enkulu mu kirimba." Mak. 4:28. Ate nabbi Kosea ng'ayogera ku Isiraeri agamba nti "Alimulisa ng'eddanga, era alisimba emizi nga Lebanoni." "Balirama ng'e'ngano, ne bamulisa ng'omuzabibu." Kos. 14:5,7. Ebimuli n'ebimera byonna tebikula lwa magezi gaabyo, wadde okweralikirira oba okwefubako, wabula lwa kutoola ebyo Katonda bye yabiteekerawo okuyamba obulamu bwabyo. Omwana tayinza kweyongera ku bukulu bwe newankubadde akenkana akasigirirwa ka taba olw'okufuba kwe wadde amaanyi ge. Bwe kityo naawe toyinza kufuna kukula kwa bulamu bwa mwoyo olw'okufuba kwo wadde amaanyi go. Ekimera oba omwana bikula lwa kutoola

ebyo ebikiweebwa okuyamba obulamu bwakyo, nga empewo, omusana, n'emmere. Ebirabo ebyo eby'obuwangwa nga bwebiri eri ensolo n'ebimera, bw'atyo ne Kristo bw'ali eri abo abamwesiga, Oyo gye bali gwe "Musana obutaliggwawo," era ye njuba, ye ngabo." Is. 60:19; Zab. 84:11. Era aliba "eri Isiraeri ng'omusulo," Kos. 14:5. Alikka ng'enkuba bw'etonya ku subi erisaliddwa." Zab. 72:6. Ye ge mazzi amalamu, "emmere ya Katonda. . . . eva mu ggulu eretera
[75] ensi obulamu." Yok. 6:33.

Katonda yajjuza ensi yonna ensulo ey'ekisa kye, kye yatuweera mu kirabo ekitenkanika ye Mwana we, mwe yabunyisiza ddala ensi zonna ekisa kye ng'empewo bwe yeetolola mu nsi zonna. Abo bonna abaagala okwefunira mu bulamu bwabwe ekintu kino ekireeta obulamu bakubufuna, era balikula okutuuka mu kigero ky'abasajja n'abakazi abakulu mu Kristo.

Nga ekimuli bwe kikyukira eri enjuba, akasana kalyoke kakilongose era kakinyirize, na ffe bwe tutyo tuteekwa okukyukira eri Enjuba Ey'obutuukirivu, omusana oguva eri Katonda gulyoke gutwakeko, empisa zaffe zikulire mu kifaananyi kya Kristo.

Ekyo Yesu ky'atuyigiriza bw'atugamba nti "Mubere mu nze, nange mu mmwe. Ng'ettabi bweritayinza kubala bibala lyokka, bweritabeera mu muzabibu, bwe kityo nammwe temuyinza bwe mutabeera munze. . . . Awatali nze temuliiko kye muyinza kukola." Yok. 15:4, 5. Ng'ettabi bwe liggya okukula n'okubala kwalyo mu kikolo ekirizaala, era, na ffe bwe tutyo, obulamu obutukuvu tubuggya mu Kristo. Awatali ye tetulina bulamu. Tetulina buyinza kuziyiza bikemo oba okukulira mu kisa ne mu butukuvu. Bwe tubeera mu ye, tuyinza okukula. Bwe tufuna obulamu obuva mu ye tetugenda kuwotoka era tulibala ebibala bingi. Tuliba ng'emiti egyasimbibwa okumpi n'ensulo ez'amazzi.

Waliwo bangi abalowooza nti bateekwa okubaako ekintu kye bakola bokka. Beesiga Kristo olw'okusonyiyibwa ebibi, naye
[76] kakano banoonya okubeera n'obulamu obulungi olw'okufuba kwabwe. Naye ddala buli kufuba okufaanana bwe kutyo kwa bwerere. Yesu agamba nti "Awatali nze temuliiko kye muyinza kukola." Okukulira mu kisa, n'essanyu, na buli kantu konna akalungi ketukola byonna tubifuna lwa kwegatta ne Yesu. Lwa kubeera naye buli kaseera konna, nga tuli mu ye lwe tukulira mu kisa. Yesu si mutandisi wa kukkiriza kwaffe era omutuukiriza waakwo kyokka, naye ye

w'oluberyeberye era ow'enkomerero, era owa bulijjo. Si wa kubeera naffe ku ntandikwa ya lugendo lwaffe na ku nkomerero yaalwo kwokka, naye era buli kigere kye tusimbula tumwetaaga. Daudi agamba nti "Mukama mutadde mu maaso gange bulijjo. Kubanga yali ku mukono gwange ogwaddyo, sirisagasagana." Zab. 16:8.

Oyinza okwebuuza nti "Nnyinza ntya okubeera mu Kristo?" Okuddamu kwa Katonda mu kibuuzo ekyo kuli mu Bakolosayi essuula ey'okubiri: "Kale nga bwemwawebwa Kristo Yesu Mukama (waffe), mutambulirenga bwemutyo mu ye." Bik. 2:6. Omutukirivu wange aliba mulamu lwa kukkiriza." Beb. 10:38. Kwe kugamba nti oli wakubeera mu ye mu ngeri emu nga bwe wasooka okumukkiriza oluberyeberye. Mu kiseera ekyo weewaayo eri Katonda okuba owuwe ddala wenna, okumugondera n'okumuweereza; era wakkiriza Yesu Kristo okuba Omulokozi wo.

Wamanya nga toyinza kwetangirira olw'ebibi byo ne wakubadde okukyusa omutima gwo; naye bwe wamala okwewaayo eri Katonda, wakkiriza nti akukoledde ebyo byonna kulwa Kristo Yesu Omwana [77]
we. Wafuuka owa Kristo lwa Kukkiriza, era oli wakukulira mu ye lwa *kukkiriza* (mu kuwaayo ne mu kutoola ye by'akuwa.) Oteekwa *Okuwaayo* byonna, (omutima gwo, okwagala kwo, n'okuweereza kwo), weeweeyo gy'ali okugondera buli ky'akugamba; era oteekwa *Okutwala* byonna, (Kristo, emikisa gye gyonna, okubeera mu mutima gwo, okuba amaanyi go, obutukirivu bwo, era omubeezi ataggwawo), okukuwanga amaanyi ag'okugondera Katonda.

Buli nkya weeweeyo eri Katonda; kino ky'oba ofuula omulimu gwo ogusookera ddala buli lunaku. Saba nti "Ayi Mukama, ntwala nze nzena okuza owuwo ow'envuma. Enteekateeka zange zonna ne byonna bye'ngenda okukola mbiteeka ku bigere byo. Onkozese mu mulimu gwo olwa leero. Obeere nange, ne byonna bye nakola bikolerwe mu ggwe." Kino okikolenga buli lunaku. Buli lunaku nga weewaayo eri Katonda olw'olunaku olwo. Buli kuteesa kwo kwonna kuteeke mu mikono gye, kukolebwe oba kulekebwe, nga ye bw'anakulaga. Buli lunaku obeere ng'oteeka obulamu bwo mu mikono gya Katonda, era bwe butyo obulamu bwo bunaagendanga bweyongerayongera okufananyizibwa obulamu bwa Kristo. Obulamu obuli mu mikono gya Kristo, bwe bulamu obw'eddembe. Togenda kuba na kirowoozo kya kwemanya, naye onoobeeranga n'obwesige obw'eddembe. Essuubi lyo teriri mu

ggwe, wabula liri mu Kristo. Obunafu bwo bugattibwa n'amaanyi ge, obutamanya bwo n'amagezi ge, okulemwa kwo n'obuyinza bwe
[78] obw'ekitalo obutaggwawo. Bw'otyo toli wa kwetunuu- lirako wadde okwessaako omwoyo, naye omutima gwo gwonna gunabeeranga ku Yesu. Lowoozanga ku kwagala kwe, ku bulungi bwe, ku bulongofu bw'empisa ze. Kristo mu kwegaanyisa kwe, Kristo mu kwetoowaza kwe, Kristo mu bulungi n'obutukuvu bwe, Kristo mu kwagala kwe okutagerwa; (ebyo bye bintu by'osaanidde okufumitirizangako mu bulamu bwo). Kubanga mu kumwagalanga, n'okugendereranga okumufaanana, n'okumwesigiranga ddala, mw'ofuukira okuzzibwa mu kifaananyi kye.

Yesu agamba nti "Mubere mu Nze." Ebigambo bino bitegeeza okuwummula n'obugumu era bituwa okwesiga. Nate atuyita nti " Mujje gyendi,. . . . . nange nabawmmuza" Mat. 11:28,29. Ebigambo by'omuwandiisi wa Zabuli nabyo bitegeeza ekintu kye kimu: agamba nti "Sirika eri Mukama, omulindirirenga n'okugumikiriza." Zab. 37:7. Era ne Isaya n'atuwa obukakafu, nti "Mukutereera ne mu kwesiga mwe muliba amaanyi gamwe." Is. 30:15. Ekiwummulo kino tekiri mu kutuula butuuzi; kubanga okuyita Omulokozi waffe kw'atuyita mu kusuubiza ekiwumulo mugattiddwamu okukola nti " Mwetike ekikoligo kyange,. . . namwe muliraba ekiwummulo." Mat. 11:29. Omutima ogusinga okuwummulira mu Kristo era gwe gusingira ddala okumukolera n'obunyikivu.

Omuntu bwe yeerowoozako yekka, omutima gwe gugyibwa ku Kristo omuli ensibuko y'obulamu n'amaanyi. Setani ky'ava afuba ennyo bulijjo okuwalula emitima gyaffe okuva ku Mulokozi, mu ngeri eno, n'aziyiza obulamu bwaffe buleme okwe-
[79] gatta ne Kristo. Essanyu ly'ensi eno, ennaku n'okweralikirira eby'obulamu buno, okutunulira ensobi z'abalala, oba okulowooza ku nsobi zaffe n'obutali butukirivu bwaffe; bino byonna oba ekimu ku byo, kiwalula omutima okuguggya ku Yesu. Tomukkiriza okukutwala n'amagezi ge ago agatali gamu. Waliwo abaana ba Katonda ab'amazima bangi, abagala ennyo okukola by'ayagala, era nabo emirundi mingi Setani abasendasenda ne bateeka emitima gyabwe ku nsobi zaabwe ne ku bunafu bwabwe, bw'atyo mu ngeri eno ey'okubaawula ku Kristo, mw'asuubira okubawangulira. Tekitusaanira kumalira birowoozo byaffe ku ffe bennyini,

n'okweralikirira nti "Simanyi ndirokolebwa, nantiki? Ebyo byonna biggya emyoyo gyaffe ku Yesu omuli ensibuko y'amaanyi gaffe. Obulamu bwo buteeke mu mikono gya Katonda, era omwesige. Ebirowoozo byo era n'embozi yo bibeere ku Yesu. Omutima gwo guggyemu okubusabuusa n'okutya kwonna. Yogerera wamu ne Paulo nti "Ndi mulamu; si ku bwange nate, naye Kristo ye mulamu mu nze: era obulamu bwe nina kakano mu mubiri, mbulina lwa kukkiriza Omwana wa Katonda eyanjagala ne yewayo kulwange." Bag. 2:20. Nywerera mu Katonda. Oyo mwesigwa,era ayinza okukuuma kye wamuteresa. Bwe weeteeka, mu mikono gye, ajja kukutuusa ng'owangudde n'okukirawo ku bw'oyo eyakwagala.

Kristo bwe yatwala obuzaaliranwa bw'omuntu, yeegatta n'olulyo lw'omuntu n'ekisiba eky'okwagala ekitayinza kukutuka, wabula ng'omuntu yekka y'ayagadde okukikutula. Bulijjo Setani waku- leetanga ebintu ebisendasenda ng'ayagala tukutule ekisiba [80] ekyo, tulonde okweggya fekka mu mikono gya Yesu. Kino kye kintu kye tuteekwa okwekuuma ennyo, n'okusaba, waleme okubaawo ekintu kyonna ekitusendasenda Okulonda omwami omulala; kubanga kino kiri mu mikono gyaffe okukola oba obutakikola. Naye amaaso gaffe leka tugasse ku Yesu yekka, taalemenga kutukuuma. Tewali kintu kyonna kiyinza kutusikula mu mikono gye. Bwe tunywereza amaaso gaffe ku ye tukyusibwa ne "tufananyizibwa engeri eri okuva mu kitibwa okutuuka mu kitibwa, nga kubwa Mukama (waffe) Omwoyo." 2 Kol. 3:18.

Eno y'engeri eyayinzisa abayigirizwa abasooka okufaanana Omulokozi omwagalwa. Abayigirizwa abo bwe baawulira ebigambo bya Yesu, ne bawulira nga bamwetaaga nnyo. Baanoonya, baalaba, baamugoberera. Baaberanga naye mu nnyumba, baalyanga naye; baaberanga naye mu kisenge n'ebweru. Baaberanga naye ng'abayizi mu maaso g'omuyigiriza, ng'abawa bulijjo eby'okuyiga ebiramu ebiva mu kamwa ke eby'amazima gano amatukuvu. Baamutuliranga ng'abaddu bwe batunulira mukama waabwe, okutegeera kye banaakola. Abayigirizwa abo baali bantu "abakwatibwa byonna nga ffe." Yak. 5:17. (Era laba Bik. 14:14, 15). Baalina oiutalo okulwana n'ekibi nga ffe. Nabo beetaaganga kisa kya Katonda kyokka, okubayamba okuba n'obulamu obutukuvu.

Newakubadde Yokana, omuyigirizwa omwagalwa teyayayaaniranga bukulu kyokka, naye era yali mwanguyiriza era [81]

ng'asunguwala mangu nga wabaddewo okumwogerako obubi. Naye bwe yeetegereza empisa z'Omwana wa Katonda, ne yeraba obubi bwe, olw'ekyo ne yeetoowaza. Amaanyi n'okugumikiriza, obuyinza n'ekisa; ekitibwa n'obuwombefu, bye yalaganga buli lunaku mu bulamu bw'Omwana wa Katonda, byamwewunyisa era ne bimuleetera mu mutima gwe okwagala okutayogerekeka. Buli lunaku omutima gwe gwawalulirwa eri Kristo, okutuusa ye yenyini bwe yali takyessaako mwoyo olw'okwagala Mukama we. Okwekulumbaza kwe era n'obusungu n'abiwaayo eri okukola kw'obuyinza bwa Kristo. N'ekyavamu, amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu ne galongosa omutima gwe. Okwagala kwe yayagala Kristo ne kuleeta obukyufu mu mpisa ze. Kino kye kiva mu kwegattira ddala ne Kristo.

Kristo bw'abeera mu mutima gw'omuntu, obuzaaliranwa bw'omuntu oyo bwonna bukyusibwa. Omwoyo gwa Kristo, n'okwagala kwe, bigonza obulamu bw'omuntu oyo bwonna, ne biyimusa mu ye ebirowoozo ebiyayaanira ennyo Katonda era ebyegomba ebintu eby'omu ggulu.

Yesu bwe yalinnya mu ggulu abagoberezi be teyabawa ku mwoyo, yali nabo yennyini, nga bwe yandibadde nga balaba omusana n'okwagala kwe. Yesu Omulokozi, eyatambulanga nabo, n'anyumyanga nabo, n'asabanga nabo. Eyayogeranga ebigambo eby'okusanyusa era ebireeta essubi mu mitima gyabwe, bwe yali ng'akyayogera nabo ebigambo bino ebirungi, n'asitulibwa mu
[82] ggulu, ekire ekya bamalayika bwe kyali nga kimutwala eddo- boozi ly'ebigambo bye ne likomawo gye bali nti "Laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwawo." Mat. 28:20. Yagenda mu ggulu ng'ali mu kifaananyi ky'omuntu kyennyini. Baategeera nti ali mu maaso g'entebe ya Katonda, ng'akyali Mukwano gwabwe era Omulokozi waabwe; era nti akyategeerera ddala okulumwa kw'omuntu, ng'awaayo omusayi gwe ogw'omuwendo omungi mu maaso ga Katonda, ng'ayolesa mu maaso ga Kitaffe enkovu z'ebibatu bye n'ezebigere bye, okujjukiza omuwendo gwe yasasula ku lw'abanunule be. Baategera nti agenze mu ggulu okubateekerateekera ebifo, era nti wakukomawo abatwale gy'ali.

Bwe baaku'ngana awamu nga Mukama waffe amaze okugenda mu ggulu, bayagalanga nnyo okuwaayo okusaba kwabwe mu linya

lya Yesu. Baafukamiranga n'obuwombefu obungi ennyo, ne baddamu okusuubiza kwe yasuubiza nti "Buli kye mulisaba Kitange, alikibawa mu linya nyange. . . Musabe, muliweebwa, essanyu lyammwe litukirire." Yok. 16:23,24. Bayimusanga waggulu emikono egy'okukkiriza, nga boogera ebigambo bino eby'amaanyi nti "Kristo eyafa, oba eyazukira, ali ku mukono ogwaddyo ogwa Katonda, era atuwolereza." Bal. 8:34. Olunaku lwa Pentekote terwalwa ne lutuuka, n'omubeezi n'atuuka Kristo gwe yabagambako nti "Anabanga mu mmwe." Era nti "Kibasaanira mmwe nze okugenda; kubanga nze bwe sirigenda, omubeezi talibajjira; naye bwendigenda ndimutuma gyemuli." Yok. 14:17; 16:7. Okuva olwo, Kristo n'abeeranga bulijjo mu miti- ma gy'abaana be. Ne beegattira [83] ddala naye okusinga bwe yali ng'akyali nabo yennyini. Omusana gwe, n'okwagala kwe, n'amaanyi ge byeragiranga mu bo, abantu bwe baabalabanga, ne "bewunya, nebabetegereza nga baali wamu ne Yesu." Bik. 4: 13. Nga Kristo bwe yali eri abayigirizwa be abaasooka, era bw'atyo bw'ayagala ddala okuba eri abaana be ab'omu biro bino; kubanga mu kusaba kwe kuli okwakomererayo, akabina kali akatono ak'abayigirizwa nga Kamwetoolodde. Yagamba nti, "Sibasabira bano bokka, naye n'abo abanzikiriza olw'ekigambo kyabwe." Yok. 17:20.

Yesu yatusabira, yasaba tubeere bumu naye, era nga ye bw'ali obumu ne Kitaawe. O! nga kutabagana kwa kitalo kuno! Omulokozi yeeyogerako nti "Omwana tainza kukola kintu, bwatalabira ku kitaawe, " Yok. 5:19. "Kitange bw'abeera mu nze akola emirimu gye." Yok. 14:10. Kale obanga Kristo ali mu mitima gyaffe,talemenga kukolera muffe "okwagala n'okukola, olw'okusima kwe okulungi." Baf. 2:13. Tuli bakukola nga ye bwe yakola; era tuli bakulaga omwoyo gwe gumu nga ogugwe. Era olw'okumwagala n'okubeera mu ye, "Tulyoke tukule okutuuka mu ye mu byonna, gwe mutwe, Kristo." Bef. 4:15. [84]

Esuula 9—Obulamu n'Okukola

KATONDA ye nsibuko y'obulamu, n'omusana, n'essanyu, mu ggulu ne mu nsi. Emikisa gye gikulukuta okubuna ebitonde bye byonna, ng'omusana oguva ku njuba, oba ng'emigga gy'amazzi egikulukuta okuva mu nsulo ennungi. Era omuntu yenna bw'aba n'obulamu bwa Katonda mu mutima gwe, bukulukusa emikisa n'okwagala eri abantu abalala.

Essanyu ly'Omulokozi waffe lyali mu kuyimusa omvvonoonyi n'okumununula. Olw'ensonga eno obulamu bwe teyabulowooza nga bwa muwendo gy'ali, naye yagumikiriza omusalaba ng'anyoma ensonyi. Bwe batyo bamalayika bulijjo banyikira nga bakola ku lw'essanyu ly'abalala. Era ekyo lye ssanyu lyabwe. Abalala kye bandirabye ng'omulimu ogwa wansi, okuweereza ku lw ', abo abanaku ennyo era aba wansi ddala mu mpisa zaabwe ne mu lulyo lwabwe; ogwo gwe mulimu gwa bamalayika abatukuvu! Omwoyo gwa Yesu ogw'okwegaanyisa, ogwo gwe guli mu b'omu ggulu
[85] bonna, era lye ssanyu lyabwe eringi. Era omwoyo guno, abagoberezi ba Kristo gwe bateekwa okuba nagwo, era gwe mulimu gwe bateekwa okukola.

Okwagala kwa Kristo bwe kujjuza omutima gw'omuntu, kuba ng'akawoowo akalungi tekuyinza kukisibwa. Obulungi bwakwo butegeerwa bonna abatwetoolodde. Omwoyo gwa Yesu bwe guba mu mutima gw'omuntu, gufaanana ng'ensulo z'amazzi amalungi eziri mu ddungu, nga zikulukuta okuweezaweeza bonna abagenda okuzikirira, abeetaaga amazzi ag'obulamu.

Omuntu bw'ayagala Yesu, okwagala kwe okwo kweragira mu kwagala okukola nga ye bwe yakola, olw'okuyimusa abantu abalala n'okubayamba. Kino kituusa omuntu ku kwagala n'okusaasira ebitonde bya Kitaffe ow'omu ggulu.

Omulokozi waffe bwe yali ku nsi kuno, obulamu bwe tebwali bwa ddembe wadde obw'okwesanyusa, naye yatega nanga bulijjo, ng'afuba awatali kukowa, alyoke ayimuse era alokole olulyo lw'omuntu olwabula. Okuva mu kiraalo e Besirekemu oku-

tuuka e Gologoosa, ekkubo lye lyali lya kweganyisa, teyayagala kukola mirimu myangu gya kwesanyusa, newankubadde okutambula e'ngendo entonotono ezitamukooyese. Yagamba nti "Omwana w'omuntu teyajja kuweerezebwa, wabula okuweereza, n'okuwaayo obulamu bwe ekinunulo ky'abangi." Mat. 20:28. Kino kyokka kye kyali ekintu ekikulu mu bulamu bwe. Ebirala byonna byajjanga luvannyuma era nga tabissaako nnyo mwoyo. Okukola Katonda by'ayagala n'okumaliriza omulimu gwe ebyo bye byali eky'okulya era n'eky'okunywa kye. Mu mulimu gwe gwonna temwalimu kweyagala newakubadde okwekolako yekka. [86]

Bwe kityo abo bonna abassa ekimu ekisa kya Yesu, beeteefutefu okwegaanyisa buli kintu kyonna, olw'okuyamba abalala Yesu be yafiirira nabo bagabane ku kirabo eky'omu ggulu. Bakukola kyonna kye bayinza olw'okulongosa ensi gye balimu. Omwoyo ogw'engeri eno kwe kukula kwennyini okw'omuntu akyukidde Yesu.. Omuntu yenna olujja eri Kristo amangu ago nga mu ye musituka omutima ogwettanira okumanyisa abalala nga bw'azudde omukwano ogw'ekitalo mu Yesu; tayinza kukweka mu mutima gwe amazima ago agalokola era agatukuza g'aba amaze okufuna. Bwe twambazibwa obutuukirivu bwa Kristo, era nga tujjudde essanyu ery'omwoyo ye atuula mu ffe, tetuyinza kusirika. Bwe tuba nga tuleze ku Mukama ne tulaba nga mulungi, tetulema kuba na kyetutegeeza balala ku ye. Tetulema kuleeta balala gy'ali, nga Firipo bwe yakola ng'alabye Masiya. Tuli bakubategeeza obulungi bwa Yesu n'obw'ensi eyo eyekitalo egenda okujja bo gye batamanyi. Tetulema kwetaaga nnyo okutambulira mu kkubo lye yatambuliramu. Twetaaga nnyo abo abatwetolodde balabe "Omwana gw'endiga gwa Katonda, aggyawo ebibi by'ensi."

Bwe tunyikira okuyamba abalala, naffe kituletera emikisa. Era kino Katonda kye yagenderera mu kutuwa naffe okukola akatundu ku mulimu guno omulungi gwe yatekateka okununula omuntu. Yawa abantu omukisa ogw'okufuuka abassa ekimu obuzaaliranwa bwe, kale nabo bateekwa okubunyisa emikisa gino mu bantu bannaabwe. Abo abee- gatta ku mulimu guno ogw'okwagala, basembezebwa kumpi ddala n'Omutonzi waabwe. [87]

Omulimu guno ogw'enjiri, n'emirimu gy'onna egy'okuweereza okw'okwagala, Katonda yandiyinzizza okuguwa bamalayika ab'omu ggulu. Yandiyinzizza okukozesa engeri endala yonna,

n'atuukiririzaamu okuteesa kwe olw'obulokozi bw'omuntu. Naye olw'okwagala kwe okutaggwawo yayagala okulonda ffe okukolera awamu naye, ne Kristo, era ne bamalayika, bwe tutyo naffe tulyoke tufune ku mikisa, n'essanyu, n'okukula kw'omwoyo, ebifunibwa olw ', okuweereza okw'obuteerowoozako.

Tugattibwa wamu ne Kristo olw'okutabagana naye mu kulumwa kwe. Buli kikolwa eky'okweganyisa kulw'obulungi bw'abalala, kinyweza omwoyo omugabi mu mutima gw'oyo aba akikoze, nga kyeyongera okumugattira ddala n'omununuzi w'ensi zona, oyo "Eyali omugagga, naye n'afuuka omwavu ku lwammwe, obwavubwe bulyoke bubagaggawaze" Kale bwe tutuukiriza bwe tutyo Katonda kye yagenderera okutonda, olwo obulamu lwe bubeera omukisa gyetuli.

Bw'okola omulimu ogwo Kristo gwe yatekeratekera buli muyigirizwa we yenna okukola, n'omala oleeta omuntu yenna gy'ali owulira nga weetaaga nnyo okweyongera okumanya ebya Katonda, era olirumwa enjala n'ennyonta olw'obutukirivu. Onyikira nnyo okusaba Katonda, era okukkiriza kwo kweyongera okufuna amaanyi, obulamu bwo ne bweyongera nnyo okunywa mu luzzi olw'obulokozi. Obuzibu era n'ebikemo by'osisinkana ebyo bi-
[88] nakwongeranga bwongezi okukenneenya Ekiga- mbo kya Katonda n'okunyikirira ennyo okusaba. Olyeyongera okukula mu kisa ne mu kumanya Kristo, era obulamu bwo obw'obukristayo bulyeyongera nnyo amaanyi.

Omwoyo ogw'engeri eno ogw'okukolera abalala awatali kwerowoozaako, kunyweza nnyo Omukristayo, era kulongosa empisa ze okufaanana nga eza Kristo era kumuletera essanyu n'emirembe. Yeeyongera nnyo okuyaayanira ebya Katonda. Olwo obugayaavu n'okwerowoozako biba tebikyalina kafo mu mutima gwe. Abo abakozesa mu ngeri eno emikisa gya Katonda tebalema kukula n'okweyongera ennyo amaanyi okumukolera. Bawebwa nnyo okutegeera eby'omwoyo, okukkiriza kwabwe kuba kunywevu era okweyongera okukula, era beeyongera nnyo amaanyi mu kusaba. Omwoyo wa Katonda ng'akola ku bulamu bwabwe, abuleetera okutabagana ne Katonda, nga bye bivudde mu kukola kw'omukono gwa Katonda. Abo abeewayo bwe batyo okukola ku lw'obulungi bw'abalala, awatali kwerowoozako bokka, be basingira ddala okutuukiriza obulokozi bwabwe.

Ekkubo erituusa omuntu ku kukula mu kisa, liri limu lyokka, kwe kwewerayo ddala obuteerekera, okukola omulimu Kristo gwe yatukwasa, kwe kwewaayo nga bwe tuyinza, okuyamba abo abetaaga obuyambi bwaffe. Amaanyi gava mu kukola; buli kintu kyonna ekiramu kyateekerwawo kukola. Abo abageezaako okuba n'obulamu obw'Obukristayo awatali kye bakola, nga bakkiriza emikisa gye bafuna olw'ekisa kya Kristo, naye bo nga tebaliiko ke bamukolera, abo bali ng'omuntu agezaako mu bulamu bwe okulyanga [89]
obuli awatali kukola. Omuntu oyo ayinza okubeerawo? Kale nga bwe kiri mu bulamu obwaffe obwa bulijjo, era bwe kityo bwe kiri ne mu bulamu obw'omwoyo, kino bulijjo kireeta kufaafaagana na kukendeera. Omuntu bw'abeera awo nga takozesa bitundu bya mubiri gwe, ekiseera bwe kigenda nga kyetoolola binafuwa ebimu ne bikakanyarirayo, n'ekivamu, nga tebikyayinza kukola newakubadde ng'oluvanyuma yandyagadde okubikozesa. Bwe kityo n'Omukristayo atakozesa maanyi ge Katonda g'amuwa, takoma ku kulemwa butakula mu Kristo kyokka, naye era afiirwa n'amaanyi ago g'abadde afunye.

Ekkanisa ya Kristo ye mubaka wa Katonda gwe yateekawo olw'obulokozi bw'abantu. Omulimu gwayo kwe kutwala enjiri mu nsi zonna. Era buli muntu wa kukola ng'ettalanta ze bwe ziri Katonda z'amuwa. Bwe tumala okubikulirwa okwagala kwa Kristo, tuwulira mu mitima gyaffe ng'abantu bonna abatannaba ku mumanya batubanja. Katonda yatuwa omusana, si ku lwaffe fekka, naye era tugutwale n'eri abo abatannaba kugufuna.

Singa buli mugoberezi wa Kristo agolokose n'akwata omulimu, mu kifo ky'omuntu omu singa waliwo nkumi na nkumi ababulira enjiri mu nsi ezitannaba kugiwulirako. Era abo abatasobola kugendera ddala bo bennyini okubuulira, era nabo ng'abagoberezi abatambulira mu bigere bya Kristo tebandiremye kwegatta ku mulimu gwe olw'okuguyamba n'ebintu byabwe era n'okusaba. Bwe kityo singa waliwo Abakristayo bangi nnyo ddala abeewaayo okukola n'obunyikivu. [90]

Okukolera Kristo, si kwe kugenda eri abakafiiri kwokka, naye bwe kirabika nga mu maka gaffe mulimu gwe tuyinza okumukolera, ka tumukolere n'ogwo, omulimu gwe tuyinza okugukolera mu maka gaffe, mu kkanisa, mu baliraanwa baffe, ne mu abo be tuba tukola nabo emirimu gyaffe egya bulijjo.

Ekitundu ekisinga obunene eky'obulamu bw'omulokozi waffe ku nsi kuno yakimala mu kufuba ng'akola n'amaanyi mu kkolero ly'omubazzi ow'e Nazalesi. Bamalayika ba Katonda baakuumanga Mukama w'obulamu bwe yabanga atambulira wamu n'abakopi, n'abapakasi, n'abantu aba wansi ddala abatalina kitibwa era abatasibwako bantu mwoyo. Era ne mu mulimu guno ogonyomebwa, yatuukirizanga n'obwesigwa omulimu gwe, nga bwe yagutuukirizanga mu kuwonya abalwadde oba ng'atambulira ku mayengo g'ennyanja y'e Galiraya. Bwe kityo mu bulamu bwaffe, tuyinza okutambula ne Yesu, newakubadde nga tuli mu bifo ebya wansi oba mu mirimu eginyomebwa.

Omutume yagamba nti Okuyitibwa buli muntu kwe yayitirwamu, abeerenga mwokwo wamu ne Katonda." I Kol. 7:24. Omusuubuzi ayinza okukola omulimu gwe ogw'obusuubuzi mu ngeri egulumizisa Mukama we, olw'obwesigwa bwe. Bw'aba nga ye mugoberezi wa Kristo, mu buli kintu kyonna ky'akola talema kulagiramu ddiini ye, n'okulaga abantu omwoyo gwa Kristo. Makanika, olw'obunyikivu n'obwesigwa bwe ayinza okulaga obulungi bw'oyo eyakoleranga mu nsozi z'e Gaiiraya mu bulamu obw'okunyomebwa. Buli muntu
[91] yenna ayitibwa erinya ly'omugoberezi wa Kristo ayinza okukola mu ngeri eyinzisa bonna abamulaba okugulumiza Kristo Omutonzi era Omununuzi we.

Bangi beewolereza olw'obutakozesa talanta zaabwe mu mulimu gwa Katonda, nga bagamba nti kubanga waliwo abalala abaweebwa ettalanta ezisinga ezaabwe. Abasinga obungi balowooza nti abo Katonda be yawa ebirabo ebisinga obunene be bokka abateekwa okwewaayo okumukolera. Nti Katonda alonda abantu b'asinga okwagala abo b'awa ettalanta, era be yetaaga n'okumukolera, era be bokufuna empeera. Naye tekiri bwe kityo mu lugero lwa Mukama waffe olw'ettalanta. Mukama w'ennyumba bwe yayita abaddu be yawa buli muntu *ngobuyinza bwe* bwe bwali Laba Mat. 25:15,30.

Newakubadde omulimu ogusingira ddala okuba ogwa wansi ennyo, tuyinza okugukola n'omwoyo ogujjudde okwagala, "nga kubwa Mukama waffe." Bak. 3:23. Okwagala kwa Katonda bwe kuba mu mutima gw'omuntu, tekulema kweragira mu bulamu bwe. Bwe tuba nga tujjudde obulungi bwa Ycsu, tebulema kusitula abo abatulaba era n'okubaleetera emikisa.

Toli wa kulindirira nti onomala kufuna bbanga ddene ery'eddembe oba okumala okuweebwa amaanyi agatali ga bulijjo olyoke okolere Katonda. Tolowooza nti "Abantu banandowooza batya?" Obulamu bwo obwa bulijjo obanga bulaga amazima n'obulongofu bw'enzikiriza yo' era ng'abantu bayinza okutegeera nti oyagala kubayamba, okukola kwo n'okufuba kwo tebigenda kuba bya bwerere. [92]

Oyo asingira ddala okulabika ng'anyomebwa ku bayigirizwa ba Yesu, ayinza okuleetera abantu emikisa egiva eri Katonda. Ye ayinza obutategeera ng'aliko ekirungi kyonna ky'akola, naye mu ngeri ye gy'atamanyi, ayinza okukoleeza omuliro ogunaagenda nga gweyongerayongera okvvaka, ayinza obutalaba na ku birungi ebivaamu, okutuusa lw'alibiragibwa Yesu ku lunaku ng'amuwa empeera. Tayinza kulowooza wadde okutegeera nti alina ekintu ekikulu ky'akola. Tagambibwa kulowooza ku birivaamu wadde okubyeralikiriirira. Kimusaanira okugenda n'obuwombefu ng'akola omulimu gwonna gw'alaba nga Mukama gw'amuwadde, okukola kwonna kw'akola, n'amaanyi ge gonna g'awaayo, tebigenda kuba bya bwerere. Obulamu bwe ye bujja kugenda nga bweyongerayongera okukulila mu kifaananyi ky'obwa Yesu; olw'okukolera awamu ne Katonda mu bulamu buno, bwe batyo basaanyizibwa omulimu ogw'ekitibwa n'essanyu eritalina kisiikirize mu bulamu obugenda okujja.

Katonda onsembeze Kumpi naawe;
Ne bwendikwatibwa Obuyinike
Ncyongerenga era Okusemberera
Okusemberera Okumpi naawe.

[93]

Esuula 10—Okutegeera Katonda

KATONDA alina empenda nnyingi z'ayagala okweragiramu gye tuli n'okututuusa mu kutabagana naye. Ebitonde bye byonna byogera naff e obutamala (Laba Zab. 19:1,4; Bal. 1:20). Omuntu bw'aggulawo omutima gwe ayinza okutegeera okwagala kwa Katonda n'ekitibwa kye nga bwe bibikkulirwa mu mirimu gy'engalo ze. Omuntu bw'atega amatu ge ag'omwoyo ayinza okuwulira n'okutegeera ebigambo bya Katonda ng'ayogerera mu bitonde bye. Essubi, emiti, ebimuli, ebire, enkuba, emigga, eby'ekitibwa byonna ebiri mu ggulu, ebyo byonna byogera naffe, era bituyita tutegeere Katonda Omutonzi waffe, era eyatonda ebyo byonna. Okuyigiriza kw'Omulokozi waffe yakuleeteranga mu bitundu eby'obuwangwa.

Yakozesanga ebintu ebya bulijjo ng'emiti, enyonyi, ebimuli, ensozi, ennyanja, eggulu, era n'ebintu ebirala ebibaawo mu bulamu bwaffe obwa buli lunaku, ebyo byonna yabikozesanga ng'ayigiriza ebigambo eby'amazima; kubanga yayagala abantu bayinzenga oku-
[94] jjukira ebigambo bye bulijjo, ne- wakubadde nga babadde bali mu bulamu obw'okweralikirira n'okutegana.

Katonda ayagala ffe abaana be tusanyukire emirimu gye, era tusiime ebintu ebyo ebitonotono bye yateeka mu maka gaffe wano mu nsi okugawoomya. Kitaffe oyo ayagala nnyo ebintu ebirongofu, ate okusingira ddala ayagala nnyo nnyini obulongofu obw'omu mutima ze mpisa ennongofu entukuvu. Ayagala tukulire mu bulongofu n'amazima, ng'ekimuli ekirungi, newakubadde tekigamba muntu nti "Ndi mulungi," oba "Laba bwe ndi omulungi," naye buli ayitawo ayinza okulaba era n'okusanyukira obulungi bwakyo.

Singa tussizzayo omwoyo eri ebitonde kye bigamba byandiyigiriza eby'okuyiga eby'ekitalo ku buwulize n'okwesiga. Okuva ku mmunyenye ezitambulira mu bbanga awatali kkubo ddime oba eddambe, naye ne zitawaba emirembe n'emirembe, okutuuka ku kantu akasirikitu ennyo; ebitonde byonna bigondera Omutonzi by'ayagala. Era Katonda akuuma buli kitonde kye kyonna era akijjanjaba. Oyo akuuma era awanirira eby'omu ggulu n'eby'omu nsi byonna, era

n'enkazaluggya emu teyeerabirwa mu maaso ge. Abantu bwe baba ku mirimu gy'abwe egya bulijjo, oba bwe baba nga basaba; bwe baba nga beebase, oba bwe bazuukuka mu makya; omugagga bw'aba ng'alya emmere ye mu nju ye ey'ekitibwa, oba akasajja akanaku bwekaku"nganyiza abaana baako ku kamere kaako, bonna Kitaffe ow'omu ggulu abatunuulira n'ekisa. Tewali zziga eritonnya Katonda ly'atalaba. Tewali kumwenya kw'ateetegereza. Singa tukkiriza ddala [95] ekintu kino, okweralikirira kwonna okutaliimu tekwandibadde na kafo mu mitima gyaffe. Tewandibadde na kusaalirwa mu bulamu bwaffe nga bwe kiri kakano; kubanga buli kintu kyonna, oba kinene oba kitono, kyandirekeddwa mu mikono gya Katonda, atayinza kulemwa wadde okuzitowererwa ebintu ebiri ng'ebyo newakubadde nga bingi bitya oba bizibu bitya. Twandifunye mu bulamu bwaffe okuwummula abalala kwe batalina.

Bw'olabanga ebintu ebirungi eby'ensi eno ebyegombebwa oba ekikusanyusa lowoozanga ku nsi egenda okujja, omutagenda kuba bbala lyonna ery'ekibi, omutali kufa; omutagenda kuba kintu kyonna ekiriko akabonero k'ekikolimo. Lowooza ku maka Katonda g'atekeddetekedde abaana be, tegeera galiba ga kitibwa wala, wala nnyo okusinga bw'oyinza okulowooza. Akatundu k'ekitibwa kya Katonda ke tulabira mu birabo bino by'atuwa mu nsi eno, tulaba akatundu akasingira ddala obutono, akasirikitu ddala, akataliiko na we kenkana. Ekyawandiikibwa kitutegeeza nti "Eriiso byeritalabangako, n'okutu byekutawuliranga, n'ebitayingiranga mu mutima gwa muntu, byonna Katonda bye yategekera abamwagala." I Kol. 2:9.

Bannaffe bakagezi munnyo balina bingi nnyo bye bayinza okututegeeza ku bitonde, naye Omukristayo ye asinga okusanyukira ennyo obulungi bw'ensi, anti yeetegererezamu omulimu gwa Kitaawe, n'alabira okwagala kwe mu bimuli, mu middo, ne mu miti. Tewali muntu asanyukira ennyo ensozi n'ebiwonvu, emigga n'ennyanja, [96] wabula oyo abitunuulira ng'ategeerera ddala nti bye bitegeeza okwagala kwa Katonda eri omuntu.

Katonda ayogerera naffe mu ebyo by'atukolera, ne mu Mwoyo we Omutukuvu ng'ayogerera mu mitima gyaffe. Mu bintu ebitubaako n'ebyo ebitwetolodde, mu bukyufu obubaawo bulijjo ku bintu ebitwetolodde, ebyo byonna bituwa eby'okuyiga ebirungi ennyo; singa tussayo emitima gyaffe okubyetegereza. Owa Zabuli bwe yali ng'annyonnyola ku mirimu gya Katonda yagamba nti

"Ensi ejjudde ekisa kya Mukama." Zab. 33:5. "Buli alina amagezi analowoozanga ebyo, era banafumitirizanga okusaasira kwa Mukama." Zab. 107:43.

Katonda ayogerera naffe mu Kigambo kye. Muno mwe tulabira empisa ze nga zitubikkulirwa obulungi ddala, nga bw'akolagana n'omuntu, omulimu gwe omukulu ogw'okununula omuntu. Muno ebyafaayo bya bajajja ab'edda ne banabbi era n'abantu abatukuvu mwe tubyetegerereza. Abo bonna baali bantu "abaakwatibwa byonna nga ffe." Yak. 5:17. (Era laba Bik. 14:15). Tulaba mu lutalo lwabwe nga bwe bayitanga mu bintu bingi ebibake'ngentereza era nga ffe, nga bwe bagwanga mu bikemo nga ffe bwe tugwa, ate ne baddamu amaanyi buggya ne bawangula olw'ekisa kya Katonda: kale bwe tutunuulira abo naffe tuddamu amaanyi mu lutalo lwaffe lwetulwana n'omubi. Bwe tusoma ebintu byonna ebirungi Katonda bye yabayisamu, okukulembera okulungi kwe yabakulembera, okwagala kwe okw'ekitalo bye yabakozesa olw'obulungi bwe,
[97] omwoyo ogwali mu bo gukuma mu mitima gyaffe omuliro ogwegomba okubafaanana, oguyaayanira okugoberera empisa zaabwe, ez'okutambulira awamu ne Katonda.

Yesu yayogera ku Byawandiikibwa eby'omu Ndagaano Enkadde (era kisinga nnyo okutuuka ne ku Mpya) nti "Bye bitegeza ebyange." Yok. 5:39. Bitegeeza ku Mununuzi waffe, oyo omuli essuubi lyaffe lyonna ery'obulamu obutaggwawo. Wewawo ddala, Baibuli yonna eyogera ku Kristo. Okuva ku kigambo ekyogera ku butonzi, (kubanga "awatali ye tewaakolebwa kintu na kimu ekyakolebwa," Yok. 1:3) okutuuka ku kusuubiza okufundikira, kugamba nti "Laba, njija mangu," tusoma ku bikolwa bye era tuwulira eddobozi lye. Obanga oyagala okutegerera ddala Omulokozi, somanga Baibuli n'obwegendereza.

Omutima gwo gwonna gujjuze ebigambo bya Katonda. Ebyo ge mazzi ag'obulamu, agayinza okuwonya enyonta yo ey'omwoyo. Era ye mmere ennamu eva mu ggulu. Yesu agamba nti "Bwemutalya mubiri gwa Mwana wa muntu ne munywa omusayi gwe, temulina bulamu mu mmwe." Awo n'alyoka yennyonnyolako nti "Ebigambo bye mbagambye gwe mwoyo, bwe bulamu." Yok. 6:53,63. Omubiri gwaffe guzimbibwa okuva mw'ebyo bye tulya ne bye tunywa; era nga bwe kiri mu by'omubiri ne mu by'omwoyo bwe kiri: bye

tufumiitirizako bulijjo, bye bireta obulamu n'amaanyi mu bulamu bwaffe obw'omwoyo, oba bye bibwonoona.

Ekigambo ky'okununulibwa kw'omuntu kye kintu bamalayika kye begomba okutunulira; era kye kinaabeeranga eky'okuyiga era oluyimba eri abanunule emirembe gyonna. Kale tekisaanidde okukirowoozako ennyo n'obwegendereza mu mirembe gya kakano? Okwagala kwa Yesu n ekisa kye ekitakoma, saddaka gye yatuweerayo, ebyo byonna byetaaga okufumiitirizanga ko ennyo n'obwegendereza. Tuteekwa okufumiitirizanga buli kaseera konna ku mpisa z'Omununuzi era Omuwolereza waffe. Tuteekwa okufumiitirizanga ku mulimu gw'oyo eyajja okulokola abantu be mu bibi byabwe. Olw'okuteeka emitima gyaffe gyonna ku bintu ebyo eby'omu ggulu, okukkiriza kwaffe n'okwagala kwaffe biryeyongera okukula, n'okusaba kwaffe kulyeyongerayongera okusiimibwa eri Katonda, kubanga kuneeyongerayongeranga okutabulwamu okukkiriza n'okwagala. Era olw'okwetaaga kwe tulina mu mitima gyaffe tunasabanga n'omutima gwaffe gwonna n'okutegeera kwaffe kwonna. Era tuneeyongeranga okwesigira ddala Yesu mu buli kantu konna mu bulamu bwaffe obwa bulijjo, era naye buli lunaku anaalagiranga mu bulamu bwaffe amaanyi ge ag'ekitalo agalokolera ddala bonna abajja eri Katonda ku bubwe. [98]

Emitima gyaffe gyonna bwe gibeerera ddala ku bulongofu n'obutuukirivu bw'Omulokozi, tetulema kwetaaga okukyusibwa ddala ffenna n'okuzibwa obuggya mu kifaananyi ky'obulongofu bwe. Emitima gyaffe giryettanira nnyo nnyini okufaanana oyo omwagalwa waffe. Gye tukoma okuteeka ebirowoozo byaffe ku Kristo, era gye tukoma okumwogerako eri abalala, n'okumulaga eri ensi.

Baibuli teyawandiikirwa bagezi oba bayigirize bokka; mu butufu ddala, yawandiikirwa bantu aba bulijjo. Amazima amakulu ageetaagibwa olw'obulokozi, gaateekerwa ddala mu musana; omuntu yenna w'atayinziza kuwubwa obutagategeera wadde okubulwa ekkubo, wabula abo bokka abagoberera ebirowoozo byabwe bo mu kifo ky'okugoberera Katonda by'ayagala ebyabikkulibwa. [99]

Tekitusaanira kugoberera kutegeeza kwa bantu okutulaga Ebyawandiikibwa kye bituyigiriza, naye kitusaanira okwesomera ffekka ebigambo bya Katonda. Bwe tukkiriza abalala okutulowooleza, amaanyi gaffe era n'amagezi gaffe eri Ekigambo kya

Katonda gagenda kukendeera era gakyame. Ebirowoozo byaffe ebirungi bigenda kunafuwa olw'obutabirowoozesa bintu ebyo ebikulu ebibisaanidde okufumitirizaako ennyo, n'okuyinza bibeere nga tebikyayinza kutegeera makulu ga bigambo bya Katonda. Ebirowoozo by'omuntu biyinza okugaziwa singa nga biweebwayo okufumitiriza ku bigambo bya Baibuli, ng'agerageranya ekyawandiikibwa n'ekyawandiikibwa, eby'omwoyo n'eby'omwoyo.

Mu bintu byonna ebibalibwa okukuza ebirowoozo, tewali kyenkana kuyiga Byawandiikibwa Ebitukuvu. Tewali kitabo kilala kyonna ekirina amaanyi agasitula ebirowoozo, n'okubireetera amaanyi ng'amazima ga Baibuli bwe gakola. Singa Ekigambo kya Katonda kisomeddwa nnyo n'obwegendereza, era kinyikirirwa nga bwe kyetaagibwa, abantu bandibadde n'ebirowoozo ebigazi era eby'amaanyi, empisa zaabwe zandibadde nnungi nnyo, okusinga
[100] ezirabika mu bantu abaliwo mu biro bino.

Naye omugaso mutono ddala nnyo ogufunibwa mu kumala gasoma Baibuli ng'oyanguyiriza. Omuntu ayinza okusoma Baibuli yonna n'agimalako, naye n'atayinza kulaba bintu ebirungi eby'ekitalo ebiramu oba okutegeera amakulu gaayo amakweke ag'ebuziba. Bw'osoma ekitundu ekitono n'okiddi'ngana okutuusa lw'otegeera ddala amakulu gaakyo bwe gali, era n'omanya ne kyekitegeeza ku nteekateka Katonda gye yatekateka okutulokola; ekyo okifunamu omugaso munene nnyo ddala okusinga oli amala gasoma essuula enkumu awatali kintu kyonna kikulu ky'agenderedde mu kusoma kwe okwo, so era tabeera na kintu kyonna kikulu ky'ayigamu. Beera ne Baibuli yo. Buli lw'olaba akaseera gisome; fumiitiriza nnyo ekyawandiikibwa ekyo ky'osomye okutuusa lwe kinanywerera mu mutima gwo, ng'oyinza n'okuddamu mu mutwe ensonga ze kyogedde. Ne bw'oba ng'otambula mu luguudo ng'omwo, oyinza okusomayo akanyiriri, n'okalowoozako nnyo; mu ngeri eno ne kanywerera ddala mu birowoozo byo, na ko n'okatereka mu nsawo yo ey'obujjukizi, awamuteka y'obulokozi.

Tetuyinza kufuna magezi gonna okuva mu Baibuli singa tugisoma olukwakwayo, wabula nga tugitaddeko nnyo omutima gwaffe gwonna, ng'omuntu aliko ky'anoonya, era nga tusaba nnyo Omwoyo Omutukuvu okugitubikkulira (Laba I Kol. 2:11; Zab. 119:18). Ebitundu ebimu mu Baibuli byangu
[101] ddala era bitegeerekeka; naye waliwo ebi- rala ebirina amakulu

ag'omunda agatavumbulikika mangu ago. Kikugwanira kugerageranya ekyawandiikibwa n'ekyawandiikibwa. (I Kol. 2: 17). Kikusaanira okunoonya n'obwegendereza era nga bw'osaba Katonda okukuyamba. Kale bw'osoma Baibuli mu ngeri eyo Mukama talema kukuwa by'onoonya. Ng'omusimi w'eby'obugagga bw'avumbula amayinja ag'omuwendo omungi agaakwekebwa eyo mu ttaka ewala ennyo, bw'atyo n'omuntu anyikira ennyo okunoonya Ekigambo kya Katonda nga bwe yandinoonyezza eky'obugagga ekyakisibwa, bw'alivumbula amazima ag'omuwendo omungi, abasoma n'obugayaavu ge batayinza kulaba. Ebigambo ebyo Omwoyo Omutukuvu bye yawaandiisa bw'obitereka mu mutima gwo, n'obirowoozangako, biriba ng'emigga egy'amazzi egikulukuta nga giva mu nsulo ey'obulamu.

Tosomanga Baibuli nga tososse kusaba. Ng'ogenda okubikkula sooka osabe Omwoyo Omutukuvu okukubikkulira amakulu g'ebyo by'onoosoma, era oliweebwa. Nasanaeri bwe yatuuka awali Yesu, Omulokozi yagamba nti "Laba Omuisiraeri wawu, ataliimu bukusa." Nasanaeri yagamba nti "Wantegerera wa?" Yesu n'addamu nti "Firipo bw'abadde tanakuyita, bw'obadde mu mutini, ne nkulaba." Yok. 1:47, 48. Era naffe Yesu wakutulaba nga tusaba mu bifo eby'ekyama, nga tumunoonya okutumulisiza Ekigambo kye, tutegeere eky'amazima nga bwe kiri. Bamalayika abomusana banabanga wamu n'abo abanoonya okulu'ngamya kwa Katonda n'omutima omuwombefu.

Omwoyo Omutukuvu agulumiza Omulokozi. Omulimu gwe kwe [102]
kulaga Kristo eri abantu, obulungi bw'obutukirivu bwe, n'obulokozi obw'ekita-lo bwe tulina mu ye. Yesu agamba nti "Anatolanga ku byange nabulira mmwe." Yok. 15:14. Omwoyo Owamazima ye Muyigiriza w'amazima ga Katonda omutuufu. O, Katonda nga yayagala nnyo olulyo lw'omuntu, yawaayo Omwana we okufa ku lw'omuntu, n'alagira Omwoyo we okubeeranga Omuyigiriza era omulu'ngamya we! [103]

Esuula 11—Omukisa gw'Okusaba

KATONDA ayogera naffe ng'ayita mu bitonde, mu Kigambo kye, mu bintu ebitubaako, ne mu Mwoyo we Omutukuvu. Naye ebyo tebimala; naye naffe twetaaga okufuka omutima gwaffe mu maaso ge. Kitusaanira okubeera n'okubagana okutuufu ne Kitaffe ow'omu ggulu, tulyoke tufune obulamu era n'amaanyi ag'omwoyo. Kitusaanira okuwaayo omutima gwaffe gy'ali, okulowooza ku mirimu gye, nakwo kusaana, ku kisa kye, ne ku mikisa gy'atuwa; naye mu butuufu ddala, okwo si kwe kwogera naye. Okwogera ne Katonda, tuteekwa naffe okubaako kye tumutegeeza ekifa ku bulamu bwaffe bwennyini.

Okusaba kwe kubikkulira Katonda omutima gwaffe nga bwe twandigubikkudde eri mukwano gwaffe. Kino si kwe kugamba nti tuba tutegeeza Katonda nga bwe tuli, wabula kyo kituyinzisa ffe okumusembeza mu mitima gyaffe. Okusaba si kwe kuleeta Katonda gyetuli, wabula kusitula ffe okututwala gy'ali.

Yesu bwe yali ku nsi kuno yayigiriza abayigirizwa be okusaba. Yabayigiriza buli lunaku okutwalanga okwetaaga kwabwe eri Ka-
[104] tonda, n'okutee- kanga ku ye okweralikilira kwabwe kwonna. Era okusuubiza kwe yasuubiza nti okusaba kwabwe kunawulirwanga, obwo bwe bwesige bwaffe.

Yesu yennyini ng'akyali wano, yanyikiranga nnyo mu kusaba. Omulokozi waffe yeegattira ddala naffe mu kwetaaga kwaffe ne mu bunafu bwaffe, n'olw'ensonga eyo yanyikiranga nnyo okusaba n'okwegayirira, ng'anoonya amaanyi agava eri Kitaawe aganamusoboza okwolekera ebikemo n'omulimu gwe agwamuleeta. Ye kye ky'okulabirako kyaffe mu byonna. Ye muganda waffe mu bunafu bwraffe bwonna, "eyakemebwa mu byonna nga ffe;" kyokka obulamu bwe tebwalimu kibi, era yakyebalamira ddala. Olw'okuba nga yali mu mubiri gw'omuntu, obuntu bwe bwamwetaazanga okusaba era nga kumusanyusa nnyo. Yafunanga essanyu n'amaanyi olw'okwogeranga ne Kitaawe. Kale obanga Omulokozi Omwana

wa Katonda, yeetaaganga bw'atyo okusaba, naye ffe abanafu, aboonoonyi era abafa, tukwetaaga kyenkana wa?

Kitaffe ow'omu ggulu alindiridde okutuwa emikisa gye gyonna. Bwe kityo emikisa egyo giteekeddwa mu maaso gaffe, okunywa ku nsulo eyo ey'okwagala kwa Katonda okutaggwaw ', o. Naye laba eky'ekitalo, era ekisaanidde okwewunyizibwa ennyo, nti tusaba katono nnyo! Ye Katonda mweteefuteefu era ayagala nnyo okuwulira okusaba okw'amazima okuva mu kamwa ka buli mwana we, newakubadde asingira ddala obunaku, naye laba ku luuyi lwaffe bwe tweraga nga tetwagala kutwalira Katonda kwetaaga kwaffe. Abaffe, bamalayika batulowoozaako batya, ffe basempala [105]

abatayinza kweyamba, abawangulibwa bulijjo ebikemo, bwe balaba nga Katonda mu kwagala kwe okwekitalo yetesetese okutuwa okusinga bwe tusaba oba bye tulowooza, naye ate nga ffe okusaba kwaffe kutono, n'okukkiriza kwaffe mpa we kuzira? Bamalayika baagala nnyo okuvuunama mu maaso ga Katonda, bettanira nnyo okubeera okumpi naye. Okwogera ne Katonda bakubala nga lye ssanyu lyabwe erisingira ddala; naye laba ffe abaana b'enfuufu, abatayinza kweyamba wabula Katonda yekka nga y' atuyambye, ne tulabika nga tusanyuka nnyini okutambulira awo awatali kulu'ngamya kwa Mwoyo Mutukuvu, Omukulembeze ava gy'ali.

Ekizikiza ky'omubi kibikka kw'abo abalagajjalira okusaba. Ebikemo omulabe by'ayogerera mu mitima gyabwe akaama ne bibatwala mu kwonoona, ekyo lwa nsonga, kubanga ebiseera byabwe tebabikozesa mu kusaba nga Katonda bwe yateesa okubikosesanga. Naye lwaki abaana ba Katonda tebaagala kusaba, songa okusaba kye kisumuluzo mu mikono egy'okukkiriza ekisumulula amawanika ag'omu ggulu, omuli emikisa n'amaanyi ebiva eri Oyo ayinza byonna? Bwe tuteekuuma nnyo n'okunyikira mu kusaba, tuli mu kabi ak'okufuuka abagayaavu n'okukyamizibwa omubi okutuggya mu kkubo etterevu. Omulabe waffe ye ky'afubirira kwe kutuzibira ekkubo elituuka eri entebe ey'okusaasira (kwe kusaba n'okukkiriza) awo alyoke atufirize emikisa n'amaanyi bye twandifunye okuwangula ebikemo bye.

Waliwo engeri Katonda mw'awulirira okusa- ba kwaffe [106] n'okutuddamu. Ku ngeri ezo, esooka ye eno; kwe kuwulira mu mutima gwaffe nga twetaaga obuyambi obuva gy'ali. Okusuu-

biza kwe kugamba nti "Ndifuka amazzi kwoyo alumiddwa enyonta n'emigga ku ttaka ekkalu." Is. 44:3. Abo abalumwa enjala n'enyonta olw'obutuukirivu, abayaayanira ennyo Katonda bategeerere ddala nti tebalirema kukkusibwa. Omuntu kimusaanira okuggulirawo omwoyo omutukuvu omutima gwe, bwe kitaba bwe kityo tayinza kufuna mikisa gya Katonda.

Katonda bw'alaba okwetaaga okunene mu mitima gyaffe, atukwatirwa ekisa ekitayogerekeka. Naye era ayagala tumusabe alyoke atuwe ebyo bye twetaaga. Yagamba nti "Musabe, muliweebwa." Mat. 7:7. "Ataagana Mwana we ye, naye n'amuwaayo ku lwaffe ffena, era talitugabira bintu byonna wamu naye?" Bal. 8:32.

Ensonga ey'okubiri: singa tulowooza obutali butuukirivu mu mutima gwaffe, singa tuguguba n'ekibi nga tukimanyi, Mukama tasaayo mwoyo eri okusaba kwaffe; naye bulijjo akkiriza okusaba kw'omuntu eyeenenya, era alina omutima ogubooneredde. Bwe tuggyawo buli kibi kyonna kye tumanyi, kale tukkiriza nti Katonda ajja kudda mu kusaba kwaffe. Ffe tetulina bulungi obutusiimisa mu maaso ga Katonda; wabula bulungi bwa Yesu bwe bw'okutulokola, omusayi gwe gwokka gwe gututukuza; naye naffe yatuwa kye tuteekwa okukola, kwe kutuukiriza engeri oba ensonga ezo ezogeddwako.

[107] Engeri endala eyeetaagibwa mu kusaba kwe ku- kkiriza. "Kubanga ajja eri Katonda kimugwanira okukkiriza nga waali, era nga ye mugabi w'empeera eri abo abamunoonya." Beb. 11:6. Yesu yagamba abayigirizwa be nti "Ebigambo byonna byemusaba n'okwegayirira, mukkirize nga mubiwereddwa, era mulibifuna." Mak. 11:24. Kale tukkiriza Katonda ng'ekigambo kye bwe kiri?

Okusuubiza kwe okwo kugazi, era kwa bantu bonna, era oyo eyasuubiza mwesigwa. Bwe tutaweebwa kintu kyennyini kye tusabye, oba okukiweerwa mu kiseera kyennyini kye tukyetaagiramu, era tuba tukyamwesiga Kitaffe nti atuwulidde, era nti ajja kuddamu mu kusaba kwaffe. Emirundi mingi ffe tusobya olw'okubanga ebirowoozo byaffe biraba kumpi kye tuva tusaba ebitayinza kutugasa, era Kitaffe ow'omu ggulu olw'okwagala kwe n'atuwa ebisingira ddala obulungi. era naffe bennyini bye twandyegombye singa nga Katonda abadde atubikkulidde ebintu ebyo ne twetegereza enkomerero yaabyo nga bw'eri, oba ekinaavaamu. Bwe kirabika ng'okusaba kwaffe kuli ng'okutaddiddwamu era tuli bakunywer-

era ku kusuubiza kwe; kubanga ekiseera kye bwe kituuka talema kutuddamu, n'atuwa omukisa ogusingira ddala obulungi. Naye okulowooza nti okusaba kwaffe kwa kuddirwamu ddala mu ngeri yennyini oba nti tuli bakuweebwa ekintu kyennyini kye twetaaga, ekyo kiba kya kwerimba. Katonda wamagezi nnyo tayinza kusobya, era mulungi bulala tayinza kumma kintu kirungi eri abo abatambulira mu bulongofu. Kale totya naye mwesige, newakubadde nga takuzzeemu mangu ago nga ggwe bw'obadde oyagala. Gwe weesige [108] okusuubiza kwe kwe yasuubiza nti "Musabe, muliweebwa" Mat.7:7.

Mu bigambo byonna ebitukalubirira oba ebitubusisabuusisa, singa tugezaako okubyemalira ffeka n'emitima gyaffe gino egibusabuusa era egitalina kukkiriza obuzibu bwaffe bugendakweyongera bweyongezi. Naye singa tugenda eri Katonda, nga tutegeera bwe tuli abanafu era abataliiko kye tuyinza kwekolera, ne tumutegeza okulemwa era n'okwetaaga kwaffe. Oyo alina amagezi gonna, era ategeera byonna okuva ku luberyeberye, era afuga ebintu byonna n'ekigambo kye ng'okwagala kwe bwe kuli, ayinza okuwulira okukaaba kwaffe era akussaako nnyo omwoyo, n'atuwa omusana gwe mu mitima gyaffe, ne gutulaga ebyo byonna ebibadde bitubusisabuusisa. Okusaba okwo okw'amazima kufuuka ng'essimu etugatta ne Katonda. Tuyinza obutaba na kabonero konna akalabika mu kaseera ako akatutegeeza ng'amaaso g'Omulokozi waffe gatutunulidde n'okwagala era n'okusaasira okutayogerekeka; naye ddala bwe kiri. Tuyinza obutalaba bw'atukwatako, naye kya mazima omukono gwe guba ku ffe n'okusaasira okusukkirivu.

Bwe tugenda eri Katonda okumusaba emikisa era n'okutusaasira, era naffe kitusaanira tube nga tulina mu mitima gyaffe okwagala era n'okusonyiwa. Kale tuyinza tutya okusaba nti "Otusonyiwe amabanja gaffe, nga *ffe* bwe tusonyiwa abatwewolako," Mat. 6:12. ate nga tukyagugubye n'omwoyo ogutasonyiwa mu mitima gyaffe? Obanga twagala Katonda okuwulira okusaba kwaffe, tuteekwa bu- [109] teekwa okusonyiwa abalala mu ngeri yennyini nga ffe gye twetaaga okusonyiyibwamu, era emirundi gye nnyini nga ffe gye twetaaga okusonyiyibwa.

Katonda yatulagira okunyikira okusaba tulyoke tuweebwe. Kale obanga twagala Obukristayo bwaffe n'okukkiriza kwaffe okukula, kitugwanira okusabanga bulijjo. Tuli "bakunyikiranga mu kusaba. " Bal. 12:12, era nate tulabulwa nti "Munyikirenga mu kusaba, nga

mutunulanga mu kusaba mu kwebazanga." Bak. 4:2. Petero atukubiriza nti "Mwegenderezenga mutamirukukenga olw'okusaba." I Pet. 4:7. Paulo atuyigiriza nti "Mu kigambo kyonna mu kusabanga n'okwegayiriranga awamu n'okwebazanga byemwagala bitegezebwenga eri Katonda." Baf. 4:6. Yuda agamba nti "Abagalwa .... nga musaba mu Mwoyo omutukuvu, mwekumenga mu kwagala kwa Katonda. Yud. 20, 21. Omuntu asaba buli kaseera ye wuuyo eyegatta ne Katonda buli kaseera, bwe butyo obulamu obuva mu Katonda ne bukka mu bulamu bwe; kale obulamu bwe ne bulabika mu maaso ga Katonda nga bulongofu era nga butukuvu.

Ddala obunyikivu mu kusaba bwetagibwa nnyo, toganyanga kintu kyonna kukuziyiza butasaba. Kino kisseko nnyo omwoyo mu bulamu bwo, ekkubo lyo erikugatta ne Kristo bulijjo libeerenga liggule, toganyanga kantu konna konna kuliyimiriramu. Funanga akaseera konna nga bw'oyinza obutasubwa buli luku'ngana lwa kusaba. Awo bonna abeetaaga ennyo okutabagana ne Katonda,
[110] balabikira ku mpisa ya butabula ku buli luku'nga- ana lwa kusaba, babeera besigwa ku buli mulimu gwe baweebwa, era basanyuka nyo okugukola, mu buli kuku'ngana tebabeerawo bubeezi, naye bassayo nnyo omwoyo era beeweerayo ddala okufuna buli mugaso gwonna gwe bayinza okufuna, oba mu kuwulira oba mu kusaba. Era baba beetefutefu okufuna buli mukisa gwonna Katonda gw'anaagaba mu kuku'ngana okwo.

Tuteekwa okusaba mu kusaba okw'omu maka gaffe okwa bulijjo; naye okusinga ennyo tekitusaanira kugayaalira kusaba okw'ekyama (buli muntu ng'ali yekka); kubanga kino bwe bulamu obw'omwoyo. Tekiyinzika obulamu obw'omwoyo okukula n'okufuna amaanyi okusaba bwe kugayaalirirwa. Okusaba okw'omu maka oba okw'omu kibiina kwokka tekumala. Beera mu kyama wekka, obikkulire omutima gwo gwonna mu maaso ga Katonda akebera byonna. Okusaba kuno okw'ekyama, kwa kuwulirwa Katonda yekka awulira okusaba. Okwegayirira okufaanana bwe kuti tekusaana kuwulirwa kutu kwa muntu yenna. Mu kusaba okw'ekyama nga kuno omuntu yeeyawulira ddala ku bintu byonna ebiyinza okumutabula oba okukyusa ebirowoozo bye. Abeera yekka nga yeewombeese mu maaso ga Katonda n'afuka mu maaso ge obuzibu bwe bwonna. Omuntu asaba mu ngeri eno talema kuweebwa essanyu n'amaanyi amangi nga gava eri oyo alaba mu kyama, era

alina amatu ageetesetese okuwulira okusaba nga kuva mu mutima ogw'amazima. Mu ngeri eno ey'okwewombeeka mu maaso ga Katonda, omuntu mw'atabaganira ne Katonda era n'ayogera naye, era [111] olw'okukkiriza ne yeeku'nganyiza buli musana gwonna oguva eri Katonda, okumuwa amaanyi n'obugumu mu lutalo lw'alwana ne Setani. Katonda kye kigo omuli amaanyi gaffe.

Sabanga nga weyawudde wekka bw'omu mu kusaba okw'engeri eno okw'ekyama; era bw'obeeranga ku mirimu gyo egya bulijjo, fubanga okuyimusa omutima gwo eri Katonda. Eno ye ngeri Enoka gye yatambuliramu ne Katonda. Okusaba okwo okw'ekyama kulinnya ng'obubani obulungi okutuuka mu maaso g'entebe ey'ekisa. Omutima gw'omuntu bwe gubeera ne Katonda bwe gutyo Setani tayinza kumuwangula.

Tewali kifo oba ekiseera ekitali kituufu kuwerayo kusaba kwaffe eri Katonda. Tewali kintu kyonna ekiyinza okutuziyiza okuyimusa emitima gyaffe eri Katonda mu kusaba okw'amazima. Bwe tuba mu nguudo mu bibiina by'abantu, bwe tuba ku mirimu gyaffe tuyinza okuwaayo okusaba kwaffe eri Katonda, nga tumusaba okutulu'ngamya, nga Nekemiya bwe yakola bwe yali ng'asaba kabaka Alutagizerugizi okumukkiriza agende e Yerusalemi. Ekisenge eky'okwogereramu ne Katonda kiyinza okusangibwa buli we tuba tuli wonna. Si kisenge busenge kya nju kyokka kye kigambibwa. Kitusaanira buli kaseera konna okuggulawo oluggi lw'omutima gwaffe, ne tusaba Yesu ajje abeere mu mwoyo gwaffe ng'omugenyi waffe omwagalwa.

Newakubadde nga mu nsi mwe tuli twetoloddwa ebintu ebibi, naye tetubisaako mwoyo; tuyinza okuyimusa emitima gyaffe ne tugissa ku birungi biri ebiri mu ggulu. Olw'okuyimusa emitima [112] gyaffe ne tugitwala mu maaso ga Katonda, mu kusaba, tuyinza okuziyiza buli kufumitiriza kwonna okubi n'ebirowoozo ebitasaana. Abo bonna abaggulawo emitima gyabwe okufuna emikisa egiva eri Katonda, banajjuzanga emitima gyabwe ebintu ebitukuvu ennyo okusinga eby'omu nsi muno, era buli kaseera banatabagananga ne Katonda.

Twetaagira ddala okulaba Yesu mu ngeri ey'enjawulo, n'okutegeerera ddala mu mitima gyaffe obulungi bw'ebintu byonna by'atuterekedde. Obulungi bw'obutukuvu busaanidde bujjuze emitima gy'abaana ba Katonda; naye okufuna ekintu kino,

kitusaanira okusaba Katonda atubikkulire ebintu ebyo eby'omu ggulu.

Emitima leka tugiyimusenga buli kaseera eri Katonda, alyoke agijjuze ebirungi eby'omu ggulu. Ka twemanyizenga okubeera awamu ne Katonda, kale mu bikemo ebinaatujjiranga nga tetumanyiridde, emitima gyaffe gibeere nga gyamanyira dda okukyukira eri Katonda ng'ekimuli bwe kikyukira eri enjuba.

Okwetaaga kwo kwonna, essanyu lyo, ennaku zo, okweralikirira kwo, era n'okutya kwo, byonna biweeyo eri Katonda. Toyinza kumuzitoowerera; so toyinza kumukooyesa. Oyo abala enviiri ez'oku mutwe gwo, tanyoma kwetaaga kwa baana be. "Mukama wakisa kingi n'okusaasira." Yak. 5:11. Olw'okwagala kwe alumwa nnyo bwe tuba mu nnaku, oba bwe tuzoogerako mu kusaba. Mutwalire buli kintu kyonna ekikulema. Tewali kimuzitoowerera, anti
[113] awanirira ensi zonna, y'afuga eby'omu ggulu n'eby'omu nsi byonna. Tewali kintu kyonna ekituleetera eddembe eddungi ky'atassako nnyo mwoyo. Ebitubaako byonna tewali kimukisibwa; tewali buzibu bwonna bw'atasobola kulongosa. Tewali kabi akagwa ku mwana we yenna, oba kweralikirira, oba ssanyu; tewali kusaba okw'amazima okuva mu kamwa k'omu ku baana be. Kitaffe ow'omu ggulu kw'agayalirira. "Awonya abalina emitima egimenyese, era asiba ebiwundu byabwe." Zab. 147:3. Katonda assaako nnyo omwoyo buli omu ku baana be, nga kifaanana nga oyo yekka gwe yaweerayo Omwana we omwagalwa Yesu.

Yesu yagamba nti "Mulisaba mu linnya lyange: so sibagamba nti ndibasabira eri Kitange; kubanga Kitange ye nyini abagala." Yok. 16:26,27. "Nze nabalonda mmwe, . . . kyonna kyemunasabanga Kitange mu linya lyange, akibawenga." Yok. 15: 16. Naye okusaba mu linya lya Yesu, si kwogera obwogezi ku linya lye ku ntandikwa ne ku nkomerero y'okusaba kwaffe. Naye kwe kusaba ng'ebirowoozo byo n'omwoyo gwo biri nga ebya Yesu ng'okkiriza okusuubiza kwe, nga weesiga ekisa kye, era nga weetaaga nnyo okukola nga bwe yakolanga.

Katonda bw'atugamba okwawukana n'ensi tatugamba kusulanga mu mpuku oba mu malungu ng'abamonaki, nedda, naye ky'agamba kye kino: ayagala obulamu bwaffe bufanane ng'obwa Yesu. Ku nsozi ne mu bibiina by'abantu; obulamu obubeera mu bantu, naye obwebalama empisa zaabwe. Oyo ataliiko ky'akola

wabula okusaba kwokka, alwa ddaaki n'akoowa ne yeerekerayo, [114]
oluusi okusaba kwe kufuuka 'ngombo bugombo. Abantu bwe beeyawula, ne bava ku mulimu ogw'Omukristayo n'okwetikka omusalaba, bwe baleka okukolera Mukama waabwe n'obwesigwa, oyo eyabakolera n'obwesigwa, baba basudde ekintu ekikulu mu kusaba, nga tebakyalina nsonga ebasindika kwewaayo eri Katonda. Awo nga okusaba kwabwe kufuuse kwa kweyagala na kukola ku bo bokka. Okusaba kwabwe tebasaba lwa kwetaaga kwa lulyo lw'omuntu lwonna, so tebasaba olw'okugaziya obwakabaka bwa Kristo tebasaba Katonda kubawa maanyi ag'okukozesa olw'omulimu gwe.

Bwe tulagajjalira omukisa ogw'okwegatta awamu okuzimbagana n'okuyambagana olw'omulimu gwa Mukama waffe. Amazima g'Ekigambo kye gaba gaweddemu amaanyi gaago, era nga tegaliiko kye gakoze mu mitima gyaffe. Olwo emitima gyaffe ne gikwatibwako ekizikiza n'omulimu gw'Omwoyo Omutukuvu ne gugwamu, amaanyi ga ffe ag'omwoyo ne gakendeera. Mu nku'ngaana zaffe ez'Obukristayo, tufiirwa bingi nnyo olw'obutatabagana. Oyo eyeerowoozaako yekka aba nga tajjuzizza kifo kye Katonda kye yamuteekerawo mu nsi. Bwe twemanyiza empisa ennungi mu bantu, ekyo kituleetera okutabagana nabo, era kituleetera okukula n'okuba ab'amaanyi mu mulimu gwa Katonda.

Singa nga abakristayo baagala okubeera awamu, nga boogeragana ku kwagala kwa Katonda, ku mazima amalungi ennyo ag'okununulwa kwaffe, emitima gyabwe gyandizzeemu nnyo amaanyi, era buli omu yandizzizzamu munne amaanyi. Buli lu- [115]
naku tuyinza okuba nga tweyongera okuyiga ku Kitaffe ow'omu ggulu, nga tweyongerayongeranga okuweebwa ekisa kye; kale tuneegombanga nnyo okwogera ku kwagala kwe; bwe tukola bwe tutyo, emitima gyaffe gisanyuka ne giddamu amaanyi. Singa tulowoozezza nnyo ku Yesu era nga gwe tunyumyako, ffe ne twerowoozaako katono ddala, yandyeyongedde nnyo okubeera naffe.

Singa tulowooza ku Katonda buli kaseera, era nga bwe tulina ddala obubonero obutulaga nga bw'atukuuma, twandibadde naye mu birowoozo byaffe era twandisanyusenga okumwogerako n'okumutendereza. Twogera ku bintu eby'ensi ebiggwawo kubanga bitusanyusa.

Tunyumya ku mikwano gyaffe kubanga tubaagala; essanyu lyaffe n'ennaku zaffe biri nabo. Naye ddala, tulina ensonga enkulu etusaanyiza okwagala Katonda okusinga mikwano gyaffe ab'omu nsi; era kye kyandibadde ekituufu okumufuula ow'oluberyeberye mu birowoozo byaffe okusinga ebintu byonna ebiri mu nsi, okwogera ku bulungi bwe n'okutegeeza ku buyinza bwe. Ebirabo ebirungi byonna bye yatuwa teyatuwa bya kutwala birowoozo byaffe na mitima gyaffe kugiggya ku Katonda, n'okubula ne tubulako ke tumuddiza; ye kye yagenderera, bibeerenga bya kutujjukiza bulijjo, era n'okutugatta n'Omugabi waffe n'ekisiba eky'okwagala n'okwebaza. Tukka nnyo wansi mu by'ensi eno. Ka tuyimuse amaaso gaffe mu yekaalu ey'omu ggulu, tulabe oluggi oluggule,
[116] omusana ogw'ekitibwa kya Katonda nga gumasamasa mu bwenyi bwa Yesu, "Ayinza okulokolera ddala abajja eri Katonda ku bubwe." Beb. 7:25.

Twetaaga nnyo okutendereza Katonda olw'obulungi bwe, n'olw'ebyamagero bye eri abaana babantu." Zab. 107:8. Ekiseera kyaffe kyonna kye tuwaayo eri Katonda leka kiremenga okuba oky'okusaba n'okuwebwa kwokka. Leka tulemenga bulijjo okulowooza ku kwetaaga kwaffe kwokka, ne twerabira ebyo bye tuweebwa. Si kugamba nti tuyitiriza nnyo okusaba, naye era twerabira nnyo okwebaza. Emikisa gya Katonda tugiweebwa butamala, naye okwebaza, tekujjukirwa, n'okutendereza kwe tumutendereza olw'ebirungi by'atukolera kwa bbalirirwe.

Edda Mukama yagamba Abaisiraeri, ku bye'enku'ngaana zaabwe ez'okumusinza nti "Munaliranga eyo mu maaso ga Mukama wammwe, era munasanyukiranga ebyo byonna byemunassangako emikono gyammwe, mmwe n'abomunyumba zammwe, Mukama Katonda wo mweyakuweera omukisa." Ma.l2:7. Ekintu kyonna ekikolebwa olw'ekitibwa kya Katonda kisaana kikolebwe n'essanyu, n'ennyimba ez'okutendereza n'okwebaza, si na nnaku wadde okwennyamira.

Katonda waffe ye Katonda ow'ekisa, Kitaffe ajjudde okusaasira. Kale okumuweereza tekugwana kulabikanga nga okw'ennaku oba okw'obuyinike. Kyandibadde kintu kya ssanyu okusinza Katonda oba okufuna akatundu ku mulimu gwe. Katonda teyandyagadde, abaana be be yawa obulokozi obukulu bwe butyo, bayise
[117] ng'abamulowoo- za nti mufuzi mukakanyavu era omukambwe.

Ye Mukwano gwabwe asingira ddala; ne mu kumusinza asuubira okubeera nabo, okubasanyusa n'okubawa omukisa, ajjuze emitima gyabwe essanyu n'okwagala. Mukama yeetaaga abaana be bafune essanyu mu kumusinza n'okumuweereza kubasanyusenga so si kubakaluubiriranga. Yeetaaga abo abaku'ngana okumusinza baddeyo nga baweereddwa ebirowoozo ebirungi eby'okukuuma n'okwagala kwe, eby'okubasanyusanga mu bulamu bwabwe obwa buli lunaku, balyoke bafune ekisa kya Katonda ekinabayinzisanga okukola n'obwesigwa mu bitundu byonna bye bakola.

Kitusaanira okulowooza ennyo ku musalaba. Kristo era oyo eyakomererwa abeerenga ekintu ekikulu mu birowoozo byaffe, ne mu mboozi zaffe, era essanyu erisinga ennyo. Buli kintu kyonna Katonda ky'atuwa tulemenga okukyerabira, bwe tutegeera okwagala kwe okw'ekitalo, naffe kujja kutuleetera okumalirira okuteeka byonna mu mikono egyo egyakomererwa ku lwaffe.

Obulamu bwaffe buyinza okusembera okumpi n'eggulu, nga bugendera ku biwaawatiro eby'okutendereza. Eri mu ggulu Katonda bamusinza n'ennyimba, n'ennanga, kale naffe bwe tuba tumwebaza mu ngeri eyo, tuba tugoberera okusinza okw'eggye ery'omu ggulu. "Buli awaayo saddaka ey'okwebaza agulumiza Katonda." Zab. 50:23. Leka tujjenga mu maaso g'Omutonzi waffe n'essanyu n'obuwombefu, "n'okwebaza, neddobozi ery'okuyimba." Is. 51:3. [118]

Ggwe omunafu azitowereddwa, Tegeeza Yesu, tegeza Yesu,
Gw'omunaku sanyuka kakano Yesu akwagala nnyo.

Tegeeza Yesu, tegeeza Yesu, ye Mukwano gwo ddala
Tewali mulala amusinga, Genda eri Yesu kakano, totya.

Anasangula amazima go, Genda eri Yesu, genda eri Yesu,
Ebibi byo byonna bitwale gy'ali, Genda eri Yesu mangu.

Toyinza kulaba olw'ekikome, Genda eri Yesu, genda eri
Weralikiridde olw'okujja kwe, Genda kakano gy'ali

Obanga oyagala emirembe, Genda eri Yesu, genda eri Yesu
Olyoke osanyuke lw'alijja, Genda kakano tolwa [119]

Esuula 12—Okumalawo Okubuusabuusa

BANGI olusi bateganyizibwa n'ebigambo by'abatakkiriza, okusingira ddala abo abakyali abato mu bulamu bw'Obukristayo. Mu Baibuli mulimu ebintu bingi byebatasobola kunnyonnyola, era bye batamanyi, awo Setani n'akozesa ebigambo ebyo ekunyenya okukkiriza kwe bakkiriza Baibuli okuba Ekigambo kya Katonda. Ne batandika okwebuuza nti "Nnaategeera ntya ekkubo ettufu? Obanga ddala Baibuli Kigambo kya Katonda, nnyinza ntya okugyibwa mu buzibu bw'okubusabuusa kuno?

Katonda tatulagira kukkiriza kintu kyonna nga tatuwadde bukakafu ku kyo, kwe tunaanywereza okukkiriza kwaffe. Okubeerawo kwe, empisa ze amazima g'Ekigambo kye, ebyo byonna birina obukakafu obubinyweza mu mitima gyaffe, era obukakafu obwo bwa ngeri nnyingi. Naye ebintu ebibusisabuusisa Katonda teyabigyawo. Okukkiriza kwaffe kuteekwa kunywerera ku bukakafu so si ku kunnyolannyola. Abo abaagala okubusabuusa ebbanga weriri; naye eri abo abagala okutegeera amazima, balina obukakafu bungi
[120] obuyinza okunyweza okukkiriza kwabwe.

Mu birowoozo byaffe bino ebimpi, tekiyinzika kutegeerera ddala mpisa za Katonda oba ebikolwa bye byonna. Eri omuntu asingira ddala amagezi, oba omuyigirize ennyo kayingo, era ebya Katonda biri mu kyama wala gy'atasobola kubituukako. "Oyinza okulaba Katonda olw'okunoonya?

Omutume Paulo yewunya, nti "Obuziba bw'obugagga obwamagezi n'obwokumanya kwa Katonda (tomanyi) bwe buli! Newankubadde nga "ebire n'ekizikiza bimwetolola," naye "obutuukivu n'omusango bye binyweza entebe ye." Zab. 97:2. Bwe tutyo tuyinza okutegeera enkolagana ye naffe, n'ebirowoozo by'alina eri ffe, tulyoke tuyinze okutegeerera ddala okwagala n'okusaasira okw'ekitalo by'alina wamu n'obuyinza bwe. Era tulina ekitundu kye yatuwa okutegerako ku kuteesa kwe nga bwe yalaba ekitusaanira; kale okuggyako ekyo, ebirala kitusaanira okwesiga

omukono gw'oyo ayinza byonna, alina amutima ogujjudde okwagala.

Ekigambo kya Katonda, era kiri ng'empisa ze bwe ziri, kirimu ebintu eby'ekyama omuntu obuntu by'atayinza kutegeerera ddala. Ekibi nga bwe kyayingira mu nsi, Kristo okufuuka omuntu, okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri, okuzuukira, era n'ebigambo ebirala bingi ebiragibwa mu Baibuli, bya buziba nnyo, omuntu tayinza kubinnyonnyola wadde okubitegeera obulungi. Naye newakubadde nga tetuyinza kutegeera byama bya Katonda n'okuteesa kwe kwonna, tewali nsonga etugaana kukkiriza kigambo kye. Mu nsi muno mujjudde ebintu eby'ekyama bye tutayinza kutegeera. Akawuka akatono ennyo akatalowoozebwako na kulowoozebwa, [121] naye mu bulamu bwako mulimu ebintu ebizibu ddala omuyizi kayingo by'atasobola kunnyonnyola. Kale awo tuyinza okwewunya bwe tulaba bye tutayinza kutegeera? Ensonga okuva obuzibu obwo ye eno: ebirowoozo byaffe bitono nnyo era binafu ddala, ng'ogerera ku bya Katonda. Mu byawandiikibwa, Katonda yatuwa obukakafu obumala okututegeeza nga byava eri ye era tekitusaanira kubusabuusa Kigambo kye olw'okubanga tetuyinza kutegeera byama bye byonna n'okuteesa kwe ebiri omwo.

Omutume Petero agamba nti mu Byawandiikibwa mulimu "ebimu ebizibu okutegeera, abatamanyi n'abatali banywevu bye banyola, ... olw'okuzikirira kwabwe bo." 2 Pet. 3:16. Abatakkiriza batwala obuzibu bw'Ebyawandiikibwa nga babweyambisa okuwakanya Baibuli obutaba Kigambo kya Katonda. Singa Baibuli terimu bigambo ng'ebyo ebitegeerwa Katonda yekka, naye nga ebigambo byayo bitegeerekeka mangu; singa obukulu bwa Katonda n'ekitibwa kye nga biyinza okutegeerwa ebirowoozo by'omuntu, awo Baibuli yandibadde nga terina kabonero konna akagiraga nga yava eri Katonda. Ebigambo ebyo byennyini ebikulu eby'ekyama ebiri mu yo, bisaana biyimuse mu ffe omwoyo ogw'okukkiriza nga kye kigambo kya Katonda. Baibuli ebikkula amazima mu ngeri ddala ennungi era ennyangu Katonda bye yatekateka olw'okwetaaga kw'omutima gw'omuntu, era engeri eyo yeewuunyisa omuntu omuyigirize ennyo era egimwagaza, ate mu kiseera kye kimu, es- [122] oboza omuntu yenna atayigangako okulaba ekkubo ery'obulokozi. Naye amazima ago agalagibwa Baibuli mu ngeri eyo ennyangu ddala, mwe muli ebigambo ebya waggulu ennyo, ebigendera ddala

ewala, era ebisukkira ddala okutegeera kw'omuntu, ne tubikkiriza bukkiriza olw'okwesiga nga Katonda y'abyogedde. Enteekateka y'okununulibwa kwaffe bw'etulagibwa bw'etyo, buli muntu yenna alyoke ayinze okulaba ekkubo ly'anakwata okwenenya okudda eri Katonda, n'okukkiriza Mukama waffe Yesu Kristo, alyoke atuuke ku bulokozi ng'ayita mu kkubo Katonda lye yateekawo; naye mu mazima ago agategeerekeka amangu gatyo, omwo mwe muli eby'ekyama ebyakwekebwa ebiraga ekitibwa kye, eby'ekyama ebisukka okutegeera kw'omuntu kwonna we kukoma, naye eri oyo anoonya n'omutima ogw'amazima ng'ayagala okumanya ekituufu, bimuletera okukkiriza n'okussamu Katonda ekitibwa. Gy'akoma okwekenneenya mu Baibuli, omutima gwe gye gukoma okugikkiriza nga kye Kigambo kya Katonda omulamu, amagezi g'obuntu ne gakkakanyizibwa mu maaso g'Ekigambo kya Katonda.

Bwe tukkiriza nti tetuyinza kutegeerera ddala amazima ago ag'ekitibwa agali mu Baibuli, okwo kwe kukakasa nti okulowooza kw'omuntu tekuyinza kutegeera bya Katonda; kwe kugamba nti omuntu, mu kutegeera kwe okwo okutono okw'obuntu, tayinza kutegeerera ddala kuteesa kw'oyo nannyini magezi gonna.

Abatakkiriza n'abakafiiri olw'okubanga tebayinza kutegeera
[123] byama bya Katonda byonna ebiri mu Baibuli, tebagikkiriza nga Kigambo kya Katonda; so era n'abamu ku abo abeegamba okukkiriza Baibuli bakwasibwa mu kyambika kino. Olw'ensonga eyo, omutume ky'ava atulabula nti "Mwekume, aboluganda, wozi omutima omubi ogw'obutakkiriza gulemenga okuba mu muntu yenna ku mmwe, olw'okuva ku Katonda amulamu." Beb. 3:12. Kituufu ddala okukebera n'obwegendereza okuyiga ebyo Baibuli by'etuyigiriza, n'okwekenenya ennyo ebintu ebyo "ebitategeerekeka ebya Katonda," I Kol. 2:10, bwe biba nga bitulagibwa mu Byawandiikibwa. Naye "ebyekyama biba bya Mukama Katonda." "ebibikulibwa biba byaffe." Ma. 29:29. Naye Setani ky'afubirira ennyo, kwe kuziyiza ebirowoozo byaffe, tuleme okutegeera Ekigambo kya Katonda. Ky'ava ateeka amalala mu mitima gyaffe nga tuyiga Ekigambo kya Katonda, abantu n'okuyinza netutayinza kugumiikiriza singa tusanze ekitundu mu Baibuli kye tutayinza kunnyonnyola bulungi nga bwe tusiima, era tukiraba nga eky'obuswavu. Kirabika nga kyansonyi okukkiriza nti tebategera bigambo ebyo Omwoyo wa Mukama bye yawandiisa. Tcbaagala kugumiikiriza okulindirira oku-

tuusa Katonda lw'alaba nga ekitundu ekyo kituuse okubabikkulirwa. (Laba Is. 28:10). Balowooza ng'amagezi gaabwe gokka gabasoboza okutegeera Ekyawandiikibwa, kale bwe balaba nga balemeddwa, ne baganira ddala oyo eyakiwandiisa. Kya mazima ddala enjigiriza nnyingi abantu ze basanyukira, n'okulowooza nti zaava mu Baibuli songa tezirina musingi mu njigiriza yaayo, era ziwakanaganira ddala n'o- [124]
musingi gw'Ebyawandiikibwa gwonna. Ebintu ebyo bye bireeta obuzibu n'okubuusabuusa mu mitima gy'abangi. Anti ebyo tebikwata ku Kigambo kya Katonda naye bivunaanibwa muntu oyo eyanyola Ekigambo kya Katonda.

Singa omuntu ekitonde obutonde nga yayinza okutuuka ku kutegeerera ddala Katonda n'ebikolwa bye, kale bwe yandituuse ku ddaala lino, tewandibadde mazima malala ge yeeyongera kuvumbula, tewandibadde kukula kwa kutegeera kwe, ebirowoozo n'omutima gwe tebyandyeyongedde kukula. Katonda nga takyali wa kitibwa; era omuntu bwe yandibaddenga amazeyo amagezi ago bw'atyo; yandikomye bukomi, nga takyaliko we yeeyongera. Leka twebaze Katonda olw'obutaba bwe kityo. Katonda wa waggulu nnyo mu kitibwa kye tetuyinza na kumanya we kikoma; mu ye mwe "muli obugagga bwonna obw'amagezi n'obwokutegeera." Bak. 2:3. Era okutuusa emirembe gyonna abantu bakuyiga, era n'okukenneenyanga amagezi ge, n'obuyinza bwe, n'obulungi bwe; naye tebagenda kubikomekkereza.

Era ne mu bulamu buno Katonda yayagala abantu be bagende nga beeyongerayongera okubikkulirwa amazima ge. Okutegeera kuno kufunirwa mu ngeri emu yokka. Ekigambo kya Katonda tukitegeera lwa kulu'ngamya kwa Mwoyo Mutukuvu yekka Eyakiwandiisa. "Ebya Katonda siwali abitegeera wabula Omwoyo gwa Katonda;" "kubanga Omwoyo anoonya byonna era nebitategerekeka ebya Katonda." I Kol. 2:11,10. Era Omulokozi yasuubiza abagoberezi be nti "Bw'alijja oyo Omwoyo ow'amazima, [125]
anabalung'amyanga mu mazima gonna. . . kubanga anatolanga ku byange nabulira mmwe." Yok. 16,13,14.

Katonda yeetaaga abaana be bakozese ebirowoozo byabwe; era okuyiga Baibuli kvva kukuza ebirowoozo byabwe n'okubigaziya, okusinga eky'okuyiga ekirala kyonna. Naye tuteekwa okwegendereza ennyo, ebirowoozo byaffe ebinafu eby'obuntu tuleme okubi-

fuula Katonda. Obanga twagala Ebyawandiikibwa biremenga okutukalubirira ennyo, n'okulemwa okutegeeranga n'amazima agatali ga buziba nnyo, tuteekwa okubeera n'okukkiriza okutaliimu bunanfuusi, okufaanana ng'okw'omwana omuto, nga twetesetese okuyiga ekinatubikkulirwa kyonna, era nga twegayirira Omwoyo Omutukuvu okutubeera. Bwe tutegeera nga Katonda alina obuyinza n'amagezi gonna, era nga tutegeera nga ffe tuli banafu abatasobola kutegeera bukulu bwe, kitusaanira okwewombeeka, era nga tubikkula Ekigambo kye, katubeera ng'ababikkudde oluggi olugenda mu kisenge ye yennyini mw'atudde, nga tujjudde obuwombefu olw'okumussaamu ekitibwa. Bwe tutuuka mu Baibuli, okutegeera kwaffe kwonna kuteekwa kukkirize oyo ow'obuyinza obusukkirira ennyo, emitima gyaffe n'amagezi gaffe bisaana bivuname mu maaso g'ekitibwa kya NDI.

Eri abo bonna abasemberera Ekigambo kya Katonda mu mwoyo ogw'engeri eno, nga banoonya okutegeera amazima, Katonda ajja kubabikkulira ebintu bingi ebirabika ng'ebizibu ebibalema
[126] okutegeera. Naye awatali kukulemberwa Mwoyo Mu- tukuvu tetulema kunyola Byawandiikibwa oba okubikyamya. Waliwo bangi abanyikira ennyo okusoma Ebyawandiikibwa, naye ne batabaako kaganyulo ke bafunamu, wabula okwerumya obwerumya. Ekigambo kya Katonda bwe kibikkulwa awatali buwombefu na kusaba; omuntu okwagala kwe n'ebirowoozo bye bwe bitanywerera ku Katonda, oba bwe bitatabagana na kwagala kwa Katonda, omutima gwe bwe guba nga gujjudde okubusabuusa; mu kusoma okwo kwenyini kw'asoma Baibuli mwe muva okunywerera mu butakkiriza Omulabe agenda n'afuga ebirowoozo bye, n'amunnyonnyola amakulu agatali matuufu. Abantu bwe baba nga tebanoonya kutabagana ne Katonda mu bikolwa ne mu bigambo byabwe, olwo ne bwe baba bayizi batya, tebalema kukyama mu kuteegera Ebyawandiikibwa, era tekiba kirungi okwesiga okunnyonnyola kwabwe. Abo abakebera mu Baibuli nga bagenderera kuginoonyamu nsobi, obulamu bwabwe tebunnayakirwa. Olw'ebirowoozo byabwe ebyo ebikyamu tebalema kusangamu bingi ebibabusisabuusisa n'okubatuusiza ddala ku kuwakanya ebintu ebyangu era eby'olwatu ddala.

Obutakkiriza newakubadde nga buyita mu makubo agatali gamu, naye ekikolo kyabwo ddala businga kuva mu kwagala kibi. Obuyinza bw'Ekigambo kya Katonda n'enjigiriza zaako, tezaaniriz-

ibwa mutima gwa malala ogwagala ekibi, era abo abatayagala kugondera bye kiyigiriza, bulijjo baba betefuteefu okuwakanya obuyinza bwakyo. Obanga twagala okutuuka ku mazima, tuteekwa okuba [127]
n'omutima ogwetaagira ddala amazima,era ogwagala okugagondera. Era abo bonna abasoma Baibuli n'omutima ogufaanana bwe guti, bavumbula ebintu bingi ebibawa okukkiririza ddala nga Baibuli Kigambo kya Katonda, era baweebwa amagezi ag'okuteegera amazima agalimu agayinza okubageziwaza mu kutuuka ku bulokozi.

Kristo yagamba nti "Omuntu bw'ayagala okukola oli by'ayagala, alitegeera okuyigiriza kuno." Yok. 7:17. Mu kifo ky'okuwakanya ekigambo ky'otategeera oba okukizanyisa, gondera kiri ky'omaze okutegeera, era olibikkulirwa n'ebirala ebisingawo. Olw'ekisa kya Kristo tuukiriza buli kintu kyonna ky'omaze okuweebwa n'okutegeera nti Katonda akikwagaliza, era oliweebwa amaanyi okutegeera n'okutuukiriza ebirala by'obadde tonategeera bulungi.

Waliwo obukakafu obubikkulirwa abantu bonna, (omuyigirize owa waggulu n'oyo ataliiko k'amanyi), obukakafu obw'ebyo ebiba mu bulamu bwaffe obwa buli lunaku. Katonda atukowoola okwekemera ffe bennyini amazima g'Ekigambo kye, amazima g'okusuubiza kwe.

Atulagira nti "Mulege mutegeere Mukama nga mulungi." Zab. 34:8. Mu kifo ky'okwesiga ekigambo ky'omuntu omulala, tugambibwa twetegeere ffekka. Agamba nti "Musabe, muliwebwa." Yok. 16:24. Okusuubiza kwe okwo kwakutuukirira. Tekuyinza butatuukirira. Era bwe tusemberera Yesu, ne tusanyukira mu bungi bw'okwagala kwe, ekizikiza kyaffe kyonna n'okubusabuusa biggwawo olw'omusana gwe. [128]

Omutume Paulo agamba nti "Yatulokola mu buyinza obw'ekizikiza, n'atutwala mu bwakabaka obw'omwana we omwagalwa." Bak.l: 13. Era bu-li muntu yenna amaze okuva mu kufa okutuuka mu bulamu ayinza okutekako "akabonero ke nti Katonda wa mazima." Yok. 3:33. Ayinza n'okutegeeza nti "Nali netaaga obuyambi, ne mbufuna mu Yesu. Era yamponya buli kwetaaga kwonna, nali nnumwa enjala mu mwoyo eyo nayo yaggwawo; era kakano Baibuli yanfuukira okubikkulirwa kwa Yesu Kristo. Oyagala okutegeera kye nva nzikiriza Yesu? Kubanga oyo ye Katonda Omulokozi wange. Era oyagala okumanya ensonga enzikkirizisa Baibuli? Kubanga netegereza nga Baibuli eyo lye ddoboozi lya Ka-

tonda eri obulamu bwange." Obujulirwa obwo buyinza okulabikira mu bulamu bwaffe nga bulaga nti Baibuli ya mazima, era nti Kristo Mwana wa Katonda ddala ddala. Tumanyi nga tetwagoberera ngero ezagunjibwa n'amagezi g'abantu.

Petero alabula baganda be nti "Mukulire mu kisa ne mu kutegeera Mukama waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo." 2Pet.3:18. Abantu ba Katonda bwe baba nga bakulira mu kisa, baba nga beeyongerayongera bulijjo okubikkulirwa Ekigambo kye. Beeyongera okuweebwa omusana omuggya, era n'okulaba obulungi bw'amazima gaakyo amatukuvu. Ebiro byonna kino kirabise nga kyamazima mu byafaayo by'ekkanisa ya Katonda, era kya kubeera bwe kityo okutuusa enkomerero.

"Ekkubo ly'abatukirivu liri ng'anga omusana ogwakayakana,
[129] ogweyongerayongera okwaka oku- tuusa obudde lwe bulitukirira." Nge. 4:18.

Olw'okukkiriza tuyinza okulengera ebiri mu maaso, n'okunywerera ku kusuubiza Katonda kwe yatusuubiza nti okutegeera kwaffe kunagendanga kweyongerayongera okukula, ebitundu by'omuntu bwe byegatta ne Katonda, era obulamu bwe bwonna bwe butabaganira ddala n'oyo omuva amagezi gonna. Tuyinza okusanyuka kubanga ebintu bya Katonda ebyatulemanga leero olwo nga tubiragibwa; ebyali ebizibu nga bitutegeezebwa; ebintu ebyatutabulatabulanga olw'ebirowoozo byaffe okuba ebitono, leero nga tubitegeera obuterevu. "Kakano tulabira mu ndabirwamu ebitalabika bulungi; naye mu biro biri tulitunulagana n'amaaso; kakano ntegeerako kitundu; naye mu biro biri nditegeerera ddala nga bwenategeererwa ddala." I Kol. 13:12.

Wansi w'emikono gye; we neekweka
Mu bikemo ne mu nnaku
Era nneesiganga okukuuma kwe
Yannunula era ndi mwana we.

Wansi w'emikono gye
Ani alimunzigyako?
Mu mikono gye mwe nnaabeeranga
N'eddembe emirembe gyonna

Bwe mbera mu nnaku gye nzirukira
Omutima gwange gumwetaaga
Mu nsi bwe mbulwa anansanyusanga
Mu Yesu mwokka mwe nsanyukira

[130]

Esuula 13—Okusanyukira mu Mukama Waffe

ABAANA ba Katonda bayitibwa babaka ba Kristo, nga balaga obulungi bwa Mukama waffe n'ekisa kye. Nga Yesu bwe yatubikkulira mu mazima empisa za Kitaawe, naffe bwe tutyo tuli ba kulaga Kristo eri ensi etamanyi kisa kye na kwagala kwe. Yesu yagamba Kitaawe nti "Nga bwewantuma mu nsi, nange bwembatuma mu nsi." "Nze mu bo, naawe mu nze,.... ensi etegeere nga gwe wantuma." Yok. 17:18, 23. Paulo omutume agamba abayigirizwa ba Yesu nti "Mulabisibwa okuba ebbaluwa ya Kristo." "abantu bonna gye bategeera gye basoma." 2 Kol. 3:2,3. Yesu aweereza ebbaluwa eri ensi ng'agiyisa mu buli mwana we. Obanga oli mugoberezi wa Kristo, aweereza mu ggwe ebbaluwa, era amaka mw'obeera, ekyalo, ne mu kkubo mw'oyita. Yesu ng'alimu ggwe ayagala eddoboozi lye liwulirwe emitima gy'abo bonna abatamanyi. Gamba tebamanyi kusoma oba tebasoma Baibuli, mpozzi tebalina mukisa okuwulira ago ababuulira ebigambo byamu; si na kindi tebaweereddwa ku-
[131] laba kwagala kwa Katonda nga bwe kweragira mu mirimu gye. Naye oba nga gwe oli mubaka wa Kristo mu mazima, oba oli awo bayinza okutegeerera mu ggwe obulungi bwe era nabo beegomba okumuweereza.

Abakristayo baatekebwawo nga be b'okumulisa ekkubo erigenda mu ggulu. Omusana gwa Kristo ogwakira mu bo bakugulaga eri ensi. Obulamu bwabwe n'ebikolwa byabwe bisaana bituuse abalala ku kutegeera Yesu, n'okumuweereza.

Obanga tulaga Kristo kitusaanira okulaga nga okumuweereza kwa ssanyu, so era bwe kuli ddala. Abakristayo bakizinzibadde abeetippa abatasalikako musale, abatuula mu kwemulugunya n'okwerumaluma, abo balaga abantu ekifaananyi ekitali kya mazima ku Katonda ne ku bulamu bw'Obukristayo. Baleetera abalala okulowooza nti Katonda tasiima baana be kuba na ssanyu, era ne mu kino bawa obujulirwa obw'obulimba ku Kitaffe ow'omu ggulu.

Setani asanyuka nnyo bw'alaba ng'atuusizza abaana ba Katonda ku ke'ngentererwa n'obutakkiriza. Yesiima bw'alaba nga

tetwesiga Katonda era nga tubusabuusa obuyinza bwe okutulokola. Ayagala nnyo tulowooze nti Katonda mu ebyo by'atukolera ayagala kutuleetako kabi. Ye Setani omulimu gwe kwe kutulaga nti Katonda talina kusaasira. Akyamyakyamya amazima agaba googera ku Katonda. Atulowoozesa ku Katonda ebikyamu; awo naffe mu kifo eky'okunywereza emitima gyaffe ku mazima agatutegeeza Kitaffe ow'omu ggulu, emirundi mingi tubeera ku bulimba obwo [132] Setani bw'aba aleese mu mitima gy'affe, n'ekivaamu kwe kunyoma Katonda olw'obutamwesiga era n'okumwemulugunyiza. Setani kyafubirira kwe kulabisa obulamu gw'Obukristayo ng'obwennaku. Ayagala tubulabe nga bulamu obuzibu era obw'okutegana; kale n'Omukristayo obulamu bwe buletera abantu ebirowoozo ebifaanana nga bino, era naye, mu butakkiriza bwe aba ng'akola omulimu gwe gumu ne Setani, ogw'obulimba.

Bangi mu kutambula kwabwe okw'obulamu buno bateeka emitima ku nsobi zaabwe n'okulemwa n'okusaalirwa, kwabwe, n'ekivaamu, emitima gyabwe gijjula ennaku n'okuke'ngentererwa. Bwe 'nali mu Bulaya, omu ku bannyinaffe eyakolanga ebiri nga bino, era eyali mu nnaku ennyingi n'ampandiikira ebbaluwa, ng'ansaba akagambo ak'okumuzzaamu amaanyi. Bwe nnamala okusoma ebbaluwa ye, ekiro ekyaddirira ne ndoota nga ndi mu nnimiro, era omuntu eyafaanana nga nannyini nnimiro eyo yali ng'ankulembedde ng'ampisa mu bukubo obuyita mu nnimiro omwo. Ne 'ngenda nga bwe nnoga ebimuli era nga binsanyusa olw'akawoowo kaabyo, awo mwannyinaffe oli, yali atambulira ku mabbali gange, n'a'ngamba ntunulire amaggwa agaali mu kkubo lye, ng'ali awo anakuwadde era ng'akaaba. Yali nga tagoberera mukulembeze okuyita mu bukubo buli, naye ng'atambulira mu maggwa amerere. N'agamba nti "O, si kya kusaalirwa ennimiro ennungi bw'eti okwonoonebwa amaggwa?" Omukulembeze n'amugamba nti "Amaggwa galeke, anti gajja kukuleetako ebi- wundu byerere. Gwe noga bimuli ebyo byokka." [133]

Mu bintu byonna ebyakubaddeko mu bulamu bwo temubangamu kirungi n'ekimu? Tewabangawo kiseera kyonna omwoyo gwo lwe gwali gusanyuse olw'okukola kw'Omwoyo gwa Katonda? Bw'otunula emabega mu bulamu bwo bwonna tolabayo kintu kyonna ekisanyusa? Okusuubiza kwa Katonda tekukusanyusa ng'ebimuli eby'akawoowo ebiri eruyi n'eruyi mu kkubo ly'oyitamu mu bulamu bwo? Essanyu lyakwo teriyinza kujjuza mutima gwo?

Amaggwa n'amatovu gakukufumita na kukulumya bulumya; singa oku'ngaanya ebintu ebyo byokka n'obiwa abalala; ng'oggyeko okwonoona obulungi bwa Katonda mu mwoyo gwo gwe, naye tolaba nti oziyiza abantu abalala okutambulira mu kkubo ery'obulamu?

Si kya magezi okukunganya enkuyanja y'ebintu ebibi ebyali mu bulamu bwaffe ebw'emabega, (obutali butukirivu n'obuzibu bwonna bwe twalina), akubinyumyako n'okutunakuwaza okutuusa lwe tuke'ngentererwa ne tuggwamu ddala n'amaanyi. Omuntu bw'ake'ngentererwa ajjula ekizikiza, omusana gwa Katonda agugoba mu bulamu bwe, era asuula ekisiikirize mu kkubo ly'abalala.

Katonda yebale olw'ebifaananyi ebirungi bye yatuwa. Leka tuku'ngaanye ebintu ebirungi ebikakasa okwagala kwe gye tuli, tutunuulirenga kw'ebyo buli kaseera. Omwana wa Katonda ng'aleka nnamulondo ya Kitaawe, ng'obwakatonda bwe abwambaza obuntu, alyoke alokole omuntu okuva mu buyinza bwa Setani; okuwan-
[134] gula kwe yawa- ngula ku lwaffe, okuggulirawo omuntu eggulu, n'amubikkulira ekisenge omuli entebe ya Katonda n'amulaga ekitibwa kye; omwonoonyi ng'ayimusibwa okuva mu kinnya ky'okufa, ekibi kye kyamusuulamu, ng'atabaganyizibwa ne Katonda, era ng'amaze okuyita mu kigezo kya Katonda olw'okukkiriza Omunnuzi, alyoke ayambazibwe obutuukirivu bwa Kristo, atuule wamu naye ku ntebe ye ey'obwakabaka. Ebyo bye bintu Katonda by'ayagala abaana be balowoozengako.

Bwe tuba nga tubusabuusa okwagala kwa Katonda, n'okusuubiza kwe ne tutakwesiga, mu ngeri eno tuba tetumussamu kitibwa, era tunakuwaza omwoyo we. Kale omuzadde yandirowoozezza atya singa ng'abaana be bamwemulugunyiza olutata, nti tabayisa bulungi, songa obulamu bwe bwonna abuwaayo okubakolera abasanyuse era babeere mirembe? Gamba singa babusabuusa okwagala kwe; ekyo tekyandiremye kumenya mutima gwe. Muzadde ki eyandyagadde abaana be okumuyisa bwe batyo? Kale Kitaffe ow'omu ggulu atulowooza atya bw'alaba nga tetwesiga kwagala kwe, okwamuweesayo Omwana we eyazalibwa omu yekka ffe tulyoke tubeere n'obulamu? Omutume yatuwandiikira ng'atubuuza nti "Ataagana Mwana we ye, naye n'amuwayo ku lwaffe fenna, era talitugabira bintu byonna wamu naye?" Bal. 8:32. Naye laba weebali bangi, newakubadde nga teboogera na lulimi, naye mu bikolwa byabwe

bagamba nti "Okusuubiza Mukama kwe yasuubiza abaana be nze teyanteekamu. Mpozzi ayagala balala, naye nze tanjagala." [135]

Ebyo byonna birumya obulamu bwo ggwe; kubanga buli lw'oyogera ekigambo (oba lw'okuuma mu mutima gwo ekirowoozo) eky'okubusabuusa weeyitira bikemo bya Setani; kinyweza mu ggwe omutima ogw'okubusabuusa, era kikugobako ba malayika abakuyamba. Setani ne bw'akuleetera ebikemo ebingi bitya, tokkiriza kwogera kagambo (wadde okuyingiza mu mutima gwo akalowoozo) konna ak'okubusabuusa oba ak'ekkiriza. Kasita okkiriza okugulirawo ebigambo bye oluggi olw'omutima gwo, omutima gwo gwonna ajja kugujjuzamu ebirowoozo ebijeemu eby'okubuusabuusa. Singa oyogera ebikuli mu mutima, buli kigambo eky'okubusabuusa ky'oyogera tekyonoona ggwe wekka, naye era kuffuka ensigo z'osiga ne zibala ebibala mu bulamu bw'abalala, era olusi tekiyinzika kulongosa ekyo ekyayonooneka olw'ebigambo byo. Gwe wennyini oyinza okuwona akabi ako, naye abalala be wasuula mu mutego ogwo olw'ebi-gambo byo, bayinza obuteeyambula kyambika ekyo eky'obutakkiriza kye wabasuulamu. Kigambo kikulu nnyo ddala, tuteekwa kwogera ebyo byokka ebiyinza okuleetera obulamu obw'omwoyo amaanyi.

Bamalayika bawuliriza ebigambo by'oyogera eri ensi ku Mukama wo ow'omu ggulu. Leka emboozi zammwe zibeerenga kw'oyo abeera omulamu okubawolerezanga mu maaso ga Kitaffe. Bw'okwata mukwano gwo mu ngalo, leka omutima gwo n'akamwa ko bijjule okugulumiza Katonda. Ebyo tebirema kusembeza mutima gwe okulowooza ku Yesu. [136]

Bonna balina obuzibu; okugumikiriza ennaku, okuziyiza ebikemo. Obucwano bwo leka kubutwalira muntu munno, naye munafu, naye buli kintu kyonna kitwale eri Katonda mu kusaba. Kino kifuule tteeka, mu bulamu bwo bwonna, obutayogeranga kigambo kya kuke'ngentererwa wadde eky'okubusabuusa. Oyinza okwakira obulamu bw'abantu abalala n'okubuzzaamu ennyo amaanyi, singa oyogeranga ebigambo ebirungi ebisanyusa, era ebireeta essuubi.

Waliwo abantu bangi abazira, naye nga bakemebwa nnyo kitalo, era nga mu lutalo lwe balwana n'omubiri n'amaanyi g'omubi babulako katono okuzirika. Leka kunafuya muntu ali mu kabi nga ako. Musanyuse busanyusa n'ebigambo ebireeta amaanyi n'essuubi ebinamwongera okutambula n'amaanyi. Omusana gwa Kristo gulyoke

gwakire mu ggwe bwe gutyo. “Kubanga tewali muntu muffe eyeberera omulamu ku bubwe yekka.” Bal. 14:7. Olw’ebyo bye tukola oba twogera tuyinza okuzzamu bangi amaanyi nga tetugenderedde, oba tuyinza okubanafuya ne tubagoba ku Kristo, ne baviira ddala mu mazima.

Waliwo bangi abalowooza obubi ku bulamu bwa Yesu n’empisa ze. Balowooza nti teyayagalanga kusanyuka, nti yabeeranga awo omusajja omukakanyavu, omukambwe, era ow’eggume. Obulamu obukristayo bangi babulowooza bwe batyo.

Emirundi mingi kigambibwa nti Yesu yakaaba, naye nga ky’atamanyi kwe kumwenyako. Kya mazima, Omulokozi waffe yali muntu ow’ennaku, era eyamanyira obuyinike, kubanga yakki-
[137] riza ennaku newakubadde ng’obulamu bwe bwali bwa kwegaanyisa, obuliko ekisiikirize eky’obulumi n’okweralikirira, omwoyo gwe tegwazirika. Amaaso ge tegaalaga kifaananyi kyonna kya kunakuwala, naye gaalinga mateefu era ag’eddembe. Omutima gwe gwali nsulo ya bulamu; buli we yagendanga wonna, yatwaliranga abantu emirembe n’okuwummula, essanyu n’okujaguza.

Omulokozi waffe teyamalanga gayogera bigambo eby’okusaagasaaga ebitalina nsonga; naye tewali mulundi gwonna lwe yaliko busungu oba ekkabyo. Era n’abo abaagala okumufaanana basaana kubeera ba mazima mu byonna; nga bategeerera ddala obuvunaanyi nga bwe buli. okusaagasaaga ebitasaana kwa kugyibwawo; bakwewala ebiduula oba embekulo, n’obuseko obutalimu, okuduula; naye eddiini ya Yesu enebaleeteranga eddembe lingi nga emigga. Teggyawo ssanyu; tewera muntu kusanyuka, so tegaana muntu kuba na maaso gaseka ag’essanyu. Kristo teyajja kuweerezebwa, wabula okuweereza; era okwagala kwe bwe kufuga emitima gyaffe, tetulema kugoberera kyakulabirako kye.

Singa tuteeka mu mitima gyaffe ebintu ebibi abalala bye batukola, tujja kwesanga nga tukalubirirwa nnyo okubaagala nga Yesu bwe yatwagala; naye singa emitima gyaffe gibeera ku kwagala okw’ekitalo n’okusaasira Kristo kwe yatusaasira, era omwoyo ogwo naffe gwe tugenda okulaga eri abalala. Kitugwanira okwagalana n’okussa’nganamu ekitibwa, newankubadde nga tunalabanga ensobi
[138] n’ebintu ebitali bituufu, anti tetuyinza ku- kyebeera. Tusaana okwemanyiza obuwombeefu n’obutessaako nnyo mwoyo era tugumiik-

irizenga n'ekisa ensobi z'abalala. Kino kiritumalamu okweyagala fekka kwonna, era kirituwa omutima ogw'ekisa ekitalimu bukuusa.

Owa Zabuli agamba nti "Wesigenga Mukama, okolenga obulungi; beranga munsi, ogobererenga obwesigwa." Zab. 37:3 (Baibuli ey'Olungereza yo egamba nti "Wesigenga Mukama, era okolenga obulungi; bw'otyo onobeeranga mu nsi, era mazima onooliisibwanga." *"King James Authorized Version").* "Weesigenga Mukama." Buli lunaku lulina emigugu gyalwo, obuzibu era n'okweralikirira kwalwo; era bwe tusisinkana ne bannaffe, tusinga kwogera ku buzibu n'ebikemo byaffe. Awo obucwano obwa munno ne buyingira mu gwe, naye natwala obubwo, okutya okuva mu mutima gwa munno nakwo ne kukola bwe kutyo, n'okukwo kutyo, ne tutuula okwogera ku kweralikirira ne kutuzitoowereza bwe kutyo, omuntu n'okulowooza n'atulowooza ng'abatalina Mulokozi alina ekisa n'okusaasira, eyetesetese okuwulira okusaba kwaffe kwonna n'okubeera gye tuli nga ye Mubeezi ddala atabula mu buli kiseera eky'okwetaaga.

Emirundi mingi abamu batya, nga beeretako obucwano obutannabatuukako. Buli lunaku balaba buli wantu obubonero bw'okwagala kwa Katonda; bulijjo Katonda abawa ebirabo bye; naye emikisa egyo gyonna tebagitunuulira. Buli kaseera emitima gyabwe giba ku bintu ebibi bye batya obuti nti oba oli awo ne bibatuukako; oba nti oba oli awo obuzibu obw'engeri gundi ne bubajjira, newankubadde ng'ebintu ebyo bye batya si binene nnyo, naye [139] biziba amaaso gaabwe eri ebintu ebingi bye bandisaanye okwebaza Katonda. Obuzibu bwe basisinkana, mu kifo ky'obutwala eri Katonda, ayinza yekka okubayamba, ate bubagoba bugobi ku Katonda, olw'okubanga bubaleetedde ennaku n'okweralikirira.

Kale tukola bulungi obutaba na kukkiriza? Lwaki tufuuka abateebaza era abateesiga Katonda? Yesu ye mukwano gwaffe; Eggulu lyonna litussaako nnyo omwoyo. Tetusaana kukkiriza bintu ebyo ebitujjira buli lunaku mu bulamu bwaffe okutweralikiriza, n'okutuzimbya ebisige. Kasita tunaakola bwe tutyo, bulijjo tugendanga kuba n'ebintu bingi ebitunakuwaza n'ebimenya emitima gyaffe. Tekitusaanira kwesembereza bintu ng'ebyo ebitaliiko kye bituyamba mu lutalo lwaffe, wabula okutulumya obulumya n'okumenya emitima gyaffe.

Mu mulimu gwo muyinza okubaamu ebikweralikiriza; ebintu biyinza okuba nga byeyongera kukugendera bubi, oyinza okulaba ng'ofiirwa; naye toggwamu maanyi; okweralikirira kwo kutwale eri Katonda, ggwe beera muteefu era omusanyufu. Saba Mukama okukuwa amagezi ag'okukwata ebintu byo n'obwegendereza, oleme okufuna akabi k'okufiirwa. Ggwe ku luyi lwo kola kyonna ky'oyinza okuziyiza okufiirwa okwo. Yesu yasuubiza okuyamba abantu be naye bo teyabagamba kutuula butuuzi. Ggwe bw ', omala okukola ky'oyinza kyonna, wesige omubeezi waffe era ebinaavamu byonna bikkirize n'essanyu.

[140] Katonda tayagala bantu be kubeera awo nga ba- zitowererwa n'okweralikirira kw'obulamu buno. Naye era tatuseemyaseemya. Tatugamba nti "Temutya; mu kkubo lyammwe hemuli kabi." Amanyi nga mulimu obubi era n'ebikemo, era naye ebyo abitutegeeza butereevu. Tagamba nti abantu be baleme okutuula mu nsi eno omuli ekibi n'ennaku, naye abagala eri ekiddukiro eky'amaanyi. Ng'asabira abayigirizwa be, yagamba nti "Sisaba ggwe kubaggya mu nsi, naye obakumenga mu bubi." Mu nsi mulina ennaku: naye mugume; nze mpangudde ensi." Yok. 17:15; 16:33.

Kristo mu kubuulira kwe okw'oku lusozi, yawa abayigirizwa be eby'okuyiga ebirungi ennyo, ebitegeeza okwesiga Katonda nga bwe kwetaagibwa ennyo, Ebigambo ebyatekebwatekebwa olw'okugumya abaana ba Katonda mu biro byonna; era mu biro byaffe bino, ebigambo ebyo birina okuyigiriza n'okugumya kungi. Omulokozi yalaga abagoberezi be ennyonyi ez'omu bbanga, nga ziri ku nnyimba zaazo ez'okutendereza; tezifaayo, tezirina kirowoozo kya kweralikirira; anti 'tezisiga, so tezikungula." Naye Kitaffe omukulu aziwa bye zeetaaga byonna. Awo omulokozi n'alyoka atubuuza nti "Mmwe temusinga nnyo ezo? Mat. 6:26. Omugabi oyo omukulu, agabira omuntu n'ensolo, ayanjuluza engalo ze n'awa buli kitonde kye bye kyetaaga. Ennyonyi zonna ez'omu bbanga azitunulira. Wewaawo tayasamya bumwa bwazo n'ateekamu mmere, naye aziteekerateekera bye zeetaaga. Zo ziteekwa okuku'nganya empeke ezo z'agenze azisaasanyiza. Ziteekwa okweretera obuntu era

[141] n'okuzimba ebisu byazo. Ziteekwa oku- lisa obwana bwazo. Zikola emirimu gyazo n'essanyu nga bwe ziyimba, kubanga "Kitammwe ali mu ggulu aziriisa." Kale "mmwe temusinga ezo?" Mmwe abalina okutegeera, era abasinza nga mutegeera mu myoyo gyammwe kye

mukola, temuli ba muwendo okusinga ennyonyi ez'omu bbanga? Oyo eyabateekawo akuuma obulamu bwammwe, oyo eyatutondera mu kifaananyi kye ye, talituwa byonna bye twetaaga, singa tumwesiga?

Ate Kristo, abayigirizwa be yabalaga ebimuli eby'omu ttale, nga bikula mu bisaaganda byabyo ebirungi biti, mu bulungi bwabyo obwo Kitaffe ow'omu ggulu bwe yabiwa, olw'okutegeeza omuntu okwagala kwe. N'agamba nti "Mutunulire amalanga ago mu ttale, bwe gamera." (Baibuli ey'Olungereza egamba nti "Mulowooze,"' mu kifo kya "Mutunulire." Leka tutwale ebigambo bino byombi: bwe tutunulira "amalanga" bwegakula" (ng'ey'Olungereza bw'ekiwa). Obulungi bw'ebimuli n'obutakyukakyuka bwabyo, businga wala ekitibwa kya Sulemani. Ekyambalo ekisingira ddala obulungi ekyakolebwa omukozi ow'amagezi, tekiyinza kwenkana n'obulungi oba obunyirivu Katonda bwe yawa ekimuli. Awo Yesu w'abuuliza nti Katonda bw'ayambaza atyo omuddo ogw'omu ttale, oguliwo leero, ne jjo bagusuula mu kyoto, talisinga nnyo (okwambaza) mmwe, abalina okukkiriza okutono?" Mat. 6:28,30. Omuddo oguggwawo mu lunaku olumu, obanga Katonda mu magezi ge aguwa ekyambalo ekinekaneka ekirimu erangi ezitali zimu, talisinga nnyo okulowooza abantu, be yeetondera ye yennyini, be yatonda mu kifaananyi kye? Ebigambo bya Kristo ebyo binenya [142] abantu abalina emitima egyeralikirira, egibusabuusa, era egitalina kukkiriza.

Katonda ayagala abaana be babeere basanyufu, nga balina emirembe, era nga bawulize. Yesu agamba nti "Emirembe gyange ngibawa: si ng'ensi bw'ewa, nze bwe mbawa. Omutima gwammwe tegweralikiriranga so tegutyanga." "Ebyo mbibagambye, essanyu lyange liberanga mu mmwe, era essanyu lyammwe litukirire." Yok. 14:27; 15:11.

Essanyu erinoonyezebwa olw'okugoberera okweyagala wekka, eritayita mu kukola, eryo si ttuufu, so teriterera; liggwawo, omwoyo ne gusigala mu kiwubaalo ne mu nnaku; naye essanyu liri mu kuweereza Katonda; Omukristayo talekebwa kutambulira mu kkubo ly'atategeera; talekebwa mu kunakuwala n'okusaalirwa. Bwe tutaba na ssanyu ery'omu bulamu buno, era tuba nga tukyasanyuka olw'okusuubira liri eriri mu buli obugenda oku-jja.

Naye era ne mu bulamu buno Abakristayo balina essanyu olw'okutabagana ne Kristo; bayinza okufuna omusana ogw'okwagala kwe, essanyu ery'olubeerera eriva mu ye. Buli kigere kye tutambula mu bulamu buno, kigwana kitusembeze ku Yesu, kitwongerenga okutegeera ennyo okwagala kwe, era kitwongere okutusembeza eri amaka gali ag'emirembe emyerere. Kale leka tulemenga okusuula obwesige bwaffe, naye tunywere nnyo, tunywerere ddala okusinga edda. "Okutuusa kakano Mukama atubede." I Sam. 7:12, era wakutubeera okutuusa ku nkomerero. Leka tu-
[143] tunuulirenga ku birabo bye ng'empagi ez'ekijjukizo, ezitujjukiza Mukama kye yatukolera okutusanyusa n'okutulokola okuva mu mikono gy'omuzikiriza. Leka tujjukire buggya ekisa kyonna Katonda kye yatulaga, amaziga ge yatusangula, okulumwa kwe yaggyawo, okweralikirira kwe yakomya entisa gye yagoba, okwetaaga kwe yamalawo, n'emikisa enkumu gy'atuwa; bwe tutyo tuddemu amaanyi aganatuyisa mu kitundu ekisigaddeyo eky'olugendo lwaffe.

Tetuyinza kutunuulira buzibu obuggya obuli mu lutalo olukyali mu maaso, naye tuyinza okulengera buli obuli emabega mu kiseera ekyayita ate n'obw'omu maaso; ne tugamba nti "Okutuusa kakano Mukama atubedde." "Ng'ennaku zo, amaanyi go bwe ganabanga bwe gatyo." Ma. 33:25. Ebikemo tebigenda kusinga maanyi ge tuliweebwa okubiyitamu. Kale leka tukwate omulimu gwaffe, wonna we tuba tugusanze, nga tukkiriza nti kale ekijja kijje, kasita tugenda kuweebwa amaanyi ag'okukiwangula.

Ekiseera si kinene enzigi ez'omu ggulu zigenda kuggulwawo, abaana ba Katonda bayingizibwe, bawulire eddoboozi eggwomerevu ennyo nga liva mu kamwa ka Kabaka ow'ekitibwa nga libagamba nti "Mujje, mmwe Kitange be yawa omukisa, musikire obwakabaka obwabateekerwateekerwa okuva ku kutonda ensi.' Mat. 25:34.

Awo abanunule ne bayanirizibwa mu maka ga-li Yesu g'abateekerateekera. Eyo baliranwa baabwe tebagenda kuba bantu babi ab'ensi eno, abalimba, abasinza ebifaananyi, abag-
[144] wagwa, aba- takkiriza; naye banabeeranga n'abo abaawangula Setani, era abaafuna empisa ez'obutuukirivu olw'ekisa kya Katonda. Buli kirowoozo ekibi, buli butali butuukirivu bwonna, obubabonyabonyeza wano, nga buggyiddwawo olw'omusayi gwa Kristo, obulungi obwakayakana obw'ekitibwa kya Yesu, obusinga ennyo okwakayakana kw'enjuba, nobutuukirivu bw'empisa ze, ne

bumasamasa ku bo, mu kitibwa ekisinga ekitibwa kyonna ekirabika. Nga tebaliiko musango mu maaso g'entebe ey'obwakabaka ennene enjeru, nga bagabana ku kitibwa ne ku ddembe lya bamalayika.

Kale bw'olowooza obusika obwo obw'ekitibwa ekitenkanika, "omuntu aliwaayo ki okununula obulamu bwe?" Mat. 16:26. Ayinza okuba nga mwavu, naye nga mu bulamu bwe alina obugagga n'ekitibwa, ensi ky'etayinza kugaba. Omuntu anunuliddwa era alongoosebbwa okuva mu kibi, n'aweereza Katonda mu maanyi ag'Omwoyo Omutukuvu, wa muwendo mungi nnyo nnyini mu maaso ga Katonda; era liba ssanyu mu ggulu, eri Katonda era n'eri bamalayika abatukuvu, olw'omuntu omu anunuliddwa, n'okuyimba bamalayika ne bayimba ennyimba entukuvu ez'okuwangula.

Omulokozi ndimulaba, Ssanyu liriba litya
Bwendirabagana n'oyo, Yesu eyanfirira.

Ndimulaba, ndimulaba, Bw'alijjira ku bire.
Ndimulaba mu kitibwa, Alirabika mangu.

Siyinza kumulaba nnyo Olw'enzikiza y'ensi;
Naye olunaku lujja, Lw'alirabika ennyo.